
"Suubira ebintu eby'amaanyi okuva ewa Katonda. Weŋŋange ebintu ebusukkulumu ku lwa Katonda"
William Carey



# Emitendera MU KWEZZA OBUGGYA

## Okujjula Mwoyo Mutukuvu

HELMUT HAUBEIL

**Eyakuba akatabo mu kyapa**
Origino: schrite zur personlichen erweckung"
Top life wegweiser –verlag Gmbh, wien
Austraria ublishing house
Verlag sarchivnummer: 040 415
ISBN: 978-3-3903002-14-2

**Obw'oluzungu –obwakubibwa mu kyapa mu:**
1/ march 2015 – Germany
2nd aril 2016 - sputh korea
3rd aril 2016 – USA
4th april 2016 – Germany
6th april 2017 – south korea
6th april 2017 – phillipines
8th aril 2017 – Zambia
9th may 2017 – Germany
10th November 2017 – sambia
11th December 2017 – Australia
12th December 2017 – USA
13th January 2018 – USA

**Omulamwa:** Simon Eitzenberger, www.desim.de
**Eyagattagatta:**Konrad Prit & medien, www.knorad-medien.de
**Okukwanaganya pulojekiti:**Christian Stroeck
**Ebifaananyi:**Henrey Stober
**Okuvvuunula okuva mu lu girimaani omutendera ogwomukaaga:** Holly Tarita

**Obuyungiro/ endagiriro n'okulagiriza mu nnimi engwira**
© Helmut Haubeil, Rosenheimer str.49
d-83043 Bad Aibling /oberbayen – Germany
E-mail: helmut@haubeil.net oor if returned
Helnut.haubeil@gmail.com
Phone: +49 (0)8061 4900 712

**Okuvvuunula**
Origino kiri mu Lugyamani, obuvunnuddwa webuli mu Amharic-Ethiopia, bahasa-Indonesia, Bulgarian, Croatian, Czech, Danish, English,Filipino-Tagalog, French, Hindi-India, Hungarian, Kinyarwanda-Rwanda, Kirundi-Burundi, Mizo-India, odiya-India, Polish, Portugeze,Romanian, Russian, Serbian, Slovene, Spanish, Swedish, Telugu-India, Thai, Urdu-Pakistan, Vietnamese.

Obuteekateekebwa mu: arabi, Bangla-Bengali, Burmese, Chinese-Mandrain, Dutch, Italian, Krio-Sierraleone, Lativa, Malaysia, Norwegian, Swahiri-East Africa, Tongan-Tonga Islands/Pacific. Okuvvuunula mu nnimi endala kwetaagibwa. Tukusaba okwatagane ne Helmut Haubeil, obuyambi busobole okwekennenyezebwa.

**Olutimba lwa yintaneeti**
www.steps-to-personal-revival.info ne www.shritte-zur-personlichen-erweckung.infor
waliwo era wajja kubaawo ennimi enzivuunule ez'okusoma, okukubisamu, okuwereza emikwano. Ensonnga eziri ku menu; omukulembeze, engeri obwagazi butondebwawo butya?, kagabane, enkulakulana ( obutabo Katonda yabukulakulanya mu ngeri ki? ), obujulizi (obusukka mu 100), enkwatagana. Waliwo n'akatobo akongerezako; Beera mu yesu .

**Okulagiriza**
ebisingawo, laba peegi eyokubiri

Okujjako nga kitegezeddwa mu ngeri endala, okulagiriza kwonna okw'ebyawandikibwa kufunibwa mu holy Bible , New King James , NKJV – ebyawandikibwa ebilambiddwa NIV bigibwa mu Holy Bible, New Internation version. Obwannanyini 1973,1978,1984 internatio bible society. Obuyinza bwonna tubwesigaliza mu nsi yonna. Okakozeza n'olukusa okuva mu internationall Bible society.

# EMITENDERA

# MU

# KWEZZA OBUGGYA

# O K U L A G I R I Z A

**USA Remnant Publications**
649 E. Chicago Rd
Coldwater MI, 49036
Phone 800-423-1319
or 517-279-13043
Web address for orders:
www.remnantpublications.com
Available at your Adventist Book Centers

**Canada**
Lucas Jurek
118 G First Avenue North
Williams Lake, BC
V2G 1Y8
Email:lucasjurek@gmail.com
Mobile number: 250 983 – 2650

**Australien**
Colin Hone
Booklets in English colin.hone@murrayhone.com.au

**Philippines Allan**
D. Faina
Email: allan@lightingtheworld.org
SDA church
Fidela Herrera Subd
Bgy. Santol, Tanza, Cavite-4108
Phones: (63) 926 054 1175

**Russia**
Source of Life Publishing House
Vostochanya St. 9, Zaoksky 301000
Tula Region, Russia
Tel. +78 73 42 01 01 www.lifesource.ru

**Uganda (East Africa)**
Nasere – Wakiso District, Advenstist Church
P.O. Box 11172, Kampala – Uganda
Tel: +256 773 365 577
Email: christophersseruwaggi65@gmail.com

**Europe - Russian-language literature**
Christa Medien GmbH
Pulverweg 6
D-21337 Lüneburg (Germany)
Tel. +49 (0)4131 9835-580
www.christa-medien.eu
und www.christa-shop.eu
E-Mail: info@christa-medien.eu

**Germany and abroad**
Wertvoll leben I
m Kiesel 3, D-73635 Rudersberg
www.wertvollleben.com
Email: info@wertvollleben.com
Phone: +49 (0)7183 - 3071332
Phone: +49 (0)7183 – 3099847

**Austria**
TOP Life Wegweiser-Verlag
Prager Str.287, A-1210 Wien/Vienna www.toplife-center.com
Email: info@wegweiser-verlag.at
Phone +43 (0)13199301-0

**Austria and Germany**
Adventist Book Center
Bogenhofen, A-4963 St.Peter/Hart
www.adventistbookcenter.at
Email: info@adventistbookcenter.at
Phone +43 (0)2294000

**Switzerland**
Advent-Verlag
Leissigenstr. 17, CH-3704 Krattigen
www.av-buchshop.ch
Email: info@adventverlag.ch
Phone +41336541065

# A B O O G E Z I B' E N S I S I N K A N O Y' E M I S O M O

**USA n'ensi nnyingi:** www.spiritbaptism.org – start page scroll down

**Ensi za Germany, Austria, Switzerland, European :**
www.steps-to-personal-revival.info - click German version – Kontakt page – scroll down

**Phillipines:** Allan D. Faina, Email: allan@lightingtheworld.org, SDA church: Fidela Herrera Subd, Bgy. Santol, Tanza, Cavite-4108, Phones: (63) 926 054 1175

# *Emitendera*

# MU KWEZZA OBUGGYA

*Okujjula*
*Omnvoyo Omutukuvu*

HELMUT HAUBEIL

EBIRI MU KATABO KANO


*ENNYANJULA* ........ *7*
*EMITENDERA MU KWEZZA OBUGGYA* ........ *7*
*Okujjula omwoyo mutukuvu* ........ *7*
*EBIGAMBO EBISOOKA ERI ABAKULEMBEZE N'ABAKULEMBEZE ABAJJA* ........ *9*
*OKUKUBISAAMU EBIBALA* ........ *9*
*ESSUULA 1* ........ *14*
*EKIRABO KYA YESU EKIKYASINZE OMUWENDO* ........ *14*
*YESU YASOMESA KI KU* ........ *14*
*MWOYO MUTUKUVU?* ........ *14*
*ESSUULA 2* ........ *23*
*ENKULUNGO Y'EBIZIBU* ........ *23*
*BYAFFE ERI KKI?* ........ *23*
*Waliwo ensibuko nga mwoyo ey'ebizibu byaffe?* ........ *23*
*Ensibuko eno kwekubulwa mwoyo mutukuvu?* ........ *23*
*ESSUULA 3* ........ *45*
*EBIZIBU BYAFFE BISOBOKA OKUKOLWAKO- BITYA?* ........ *45*
*Empenda za katonda ku bizibu byaffe ze ziriwa?* ........ *45*
*Tusobola tutya okukula okufuuka* ........ *45*
*abakkiriza abasanyufu era ab'amaanyi?* ........ *45*
*ESSUULA 4* ........ *60*
*NJAWULO KI GYETUBA TUSUUBIRA?* ........ *60*
*Muganyulo ki gwetufuna* ........ *60*
*mu bulamu obujjudde Mwoyo mutukuvu?* ........ *60*
*Tufiirwa ki bwetutasaba* ........ *60*
*kufuna mwoyo mutukuvu?* ........ *60*
*ESSUULA 5* ........ *79*
*EKISUMULUZO MU KUTEEKA MU NKOLA* ........ *79*
*Nsobola ntya okuteeka mu nkola n'okufuna* ........ *79*
*empenda za Katonda ku nze?* ........ *79*
*Nsabe ntya okukakasa nti nzijula omwoyo?* ........ *79*
*ESSUULA 6* ........ *92*

*BINTU KI BYETUGENDA OKUYITAMU EBITULI MU MAASO?* ............ *92*
*Byetufuna ng'abantu , wamu ne mu makkanisa,* ............ *92*
*mu lukuŋŋaana, mu mukago* ............ *92*
*ESSUULA 7* ............ *101*
*OKWAGALA N'OKUGABANA* ............ *101*
*Essanyu lyetuwa lituddira mu mitima gyaffe* ............ *101*
*(olugero lw'abagyamani)* ............ *101*
*Nsobola ntya okuyamba abalala okufuna* ............ *101*
*" obulamu mu bungi" (Yokaana 10,10)* ............ *101*
**EBIROWOOZO EBIFUNDIKIRA** ............ 110
**EBIFUNDIKIRA** ............ 111

# NGA TEMUDDIRIZZA,KA MUDDIŋŋANE OKWEJUZA OBUPPYA N'OMWOYO OMUTUKUVU

1 E.G. White,Entikko y'emikisa [Mount of Blessing], MB 20.3 (egwwritings.org)
2 Johannes Mager, Auf den Spuren des Heiligen Geistes (Lüneburg, 1999), Seite 101

ENNYANJULA

# EMITENDERA MU KWEZZA OBUGGYA

*Okujjula Omwoyo mutukuvu*

*Lwaki mu ngeri eyekibwatukira*
*era enyinyitivu natwalirizibwa e nsonga ya-*
*"obulamu mu mwoyo omutukuvu"*

Nga 14 , august, 2011, bwe nali mu Kindergrund mu bizinga bye Bernese mu Switzerland, obuyungiro obukulu bwaneyoleka bulungi. Nategeera ensibuko nga ya mwoyo lwaki tufirwa ekitundu eky'obuto bwaffe. Natya nnyo. Nalowooza ku baana bange n'abazzukulu. Okuva olwo mbadde mbutikiddwa nnyo ensonga eno.

**Kati nzikiriza nti ensibuko y'emu nga ya mwoyo yeeri emabega wa bingi ku bizibu byaffe; naddala ebizibu ebitukwatako mu buntu, mu makanisa gaffe agomubitundu ne kanisa y'ensi yonna. Bwe butaba na Mwoyo omutukuvu.**

Bweba nga eno ye nsibuko, mu bunnambiro tulina okugikolako. Bweba nga ensibuko eno esobola okusaanyizibwawo oba okukendeezebwa mu ngeri eyomuzinzi, ebizibu bingi bijja kufuuka biwewufu oba okugyibwawo.

**Abalala bye boogera ku buburwa buno:**

- **Emil Brunner**, omubuulizi w'enjiri, omusomi webyawandiikibwa eyakyuka, yawandiika nti omwoyo mutukuvu "lubeerera abaddenga mwana mwebolereze ow'essomo ly'ebyawandiikibwa"
- **D. Martin Lloyd- Jones**: " bwemba ndi wa kuwa endowooza yange ey'amazima , tewali mutwe ku kukkiriza kwa bayibuli ogutafiibwako mu biseera ebiyise oba kati nga omutwe gwa Mwoyo omutukuvu……nkakasa eno ye nsibuko y'obunafu bwokukkiriza kw'enjri."
- **Lroy E. Froom:** " matiziddwa nti obutaba na Mwoyo omutukuvu ky'ekizibu kyaffe ekisinga"
- **Dwight Nelson:** "Ekkanisa yaffe okutuuka kumpi okukoowa ezimbye enkola, pulaani ne pulogulaamu ezegombesa, naye bwetutakkiriza nti tetulina Mwoyo omutukuvu, ekintu ekiwambye bangi ku ffe abawereza n'abakulembeze, tetuliyinza kuva mu bukulisitaayo bwa kiwowongole"

Twagala mu kusooka okukozesebwa ekigambo kya Katonda n'okuzuula obungi bw'amakungula agatusobozesebwa.

Bwetumala ekyo, tutunuulire okukubiriza kwa mukama waffe Yesu kristo ku Mwoyo omutukuvu.

---

1 Johannes Mager, Auf den Spuren des Heiligen Geistes, (Lüneburg, 1999), Cover
2 D. Martin Lloyd-Jones, Vollmacht, Telos-Taschenbuch Nr. 385, Marburg 1984, p. 72
3 E.G. White, Okujja kw'omubeezi [The Coming of the Comforter] (Hagerstown, 1949), p. 94
4 Omuyooyoosi Helmut Haubeil, Missionsbrief Nr. 34 (Bad Aibling, 2011), Seite 3

# OKUKUBISAAMU EBIBALA

Omukulembeze omwagalwa,
Oyagala ekitundu kyo kikule mu mwoyo ne mu bungi? Naye ddala kisoboka olwa leero? Yee, kisobokera ddala. Kitya?

*"Ky'oluubirira, tojja kuwangula na maanyi*
*Ga maggye era ssi na maanyi ga buntu:*
***Nedda, omwoyo gwange gwegujja okukiteeka mu nkola!***
Nsubiza, Katonda ow'amaanyi"
(zakaliya 4: 6 Hfa)

Kino kiteekeddwa kubaawo kitya? Ndowooza fenna tukyalina okuyiga wano. Twagala era okuyigira ku balala byebayiseemu? Nze nkikiririzaamu. Tusabe Katonda atulage ekkubo lyonna nga ayita mu Mwoyo we omutukuvu.

Okugabana ebiyitiddwamu mu " Emitendera mu kwezza obuggya" biraga nti akatabo kano kasobola okubeera ak'obuyambi obw'omugaso. Naye okukula mu mwoyo ne mu bungi kisukka ku kwetaagisa okusoma akatabo n'okukasaasanya kyokka. Kyagala omutima gwo okukyenyigiramu. Kaŋŋambe: ekitundu kyo kijja kukoma woon'okoma okugenda. Tewali asobola kuluŋŋamya mulala, okujjako nga ekkubo eryo yaliyitamu ko. Obulamu bwaffe, essaaala zaffe, obujulizi bwaffe, embozi zaffe, obuyinza bwaffe ne byetubuulira bijja kukozesebwa Katonda. Mu butuufu, okusoma emirundi emingi kirabika okubeera ekisumuluzo: Okunoonyereza okw'okuyiga kulaze nti kyetaagisa okusoma emiko egyenkizo eri obulamu bwaffe wakati w'emirundi omukaaga n'ekkumi okusobola okubitegeera obulungi. Kigezeeko wakiri omulundi gumu. Byonogyamu bijja kukumatiza.

**Obujurizi bwa mirundi ebiri okuva ew'omusumba** era omukulembeze w'ettekerano ly'obwegassi eyawummula , USA:

1. Obujulizi -… Nasoma akatabo ke " Emitendera mu kwezza obuggya" emirundi esatu. Nali simanyi nti ndizuula obumanyi obupya ku kusaba. Essaala , esinzira ku bisuubizo bya Katonda nga bwe wanyonyola. Okuva olwo, **Katonda akoze obuwanguzi mu bulamu bwange bwe nnali sirowooza nti busoboka.**– bampise okubuulira enjiri mu nsisinkano ya kampu. Akatabo ko kampadde omulamwa. June 26, 2017 – FS. Kifunziddwa.
2. Obujulizi - …okuva lwe natandika okusoma akatabo ko (nkasomye emirundi mukaaga mukugoberera obuwabuzi bwo mu katabo) era n'okuyiga okusabira mu bisuubizo, obulamu bwange bwakyuka. … Mukama yannuŋŋamya okuteekateeka okubuulira mu lusisinkana lwa kampu ku bwetaavu obusinga, okunaazibwa okulongoosa okwa Mwoyo wa Katonda. **Mu myaka gino gyonna gyenawaayo eri obuweereza, siwulirangako maanyi ga Mwoyo omutukuvu nga ayita mu bantu nga bweyakola mw'abo 3,000 abaaliwo .**

- Mukyala wange yandabamu enkyukakyuka eyannamaddala. Nange neewunya nkyendi. July 25th, 2017 – F.S. kifunziddwa.

**Enkola ey'ennaku anna (40) – okuva ku ba memba 17 okutuuka ku 65**

Ekkanisa entono esangibwa e Cologne-Kalk, mu Germany, yalina ba memba abagyamani 17, aba Spanishi n'aba pootugo. Omusumba J. Lotze yabasaba batuukirize enkola ey'ennaku anna (40). Baasoma akatabo ak'ennaku anna mu bibinja ebyababiri babiri, buli omu yasabanga abantu abataano abatatuukiddwako buli lunaku era ne bateekawo empuliziganya nabo. Ku lunaku olwa anna baluteekawo sabiiti y'abagenyi okusaba era nga oluvannyuma lw'ekyo wabangawo ennaku kumi na nnya ez'okubuulira enjiri. Baasobola okubatiza abantu 13 mu kaseera akatono ddala. Baddiŋŋana enkola eyennaku anna emirundi egiwerako era bakuze okutuuka ku ba memba 65 mu myaka eena (4).

(laba obutabo ebw'ennaku anna ku lw'enkola ey'ennaku anna era ogende ku biyitiddwamu No.19 okuzuula ebisingawo ku byayitibwamu okuva e Cologne)

**Lugano, ekitundu ekyogera oluyitale mu Switzerland – abangi tebalina nzikiriza**

Pasita Mathias Maag yafuna ekiseera ekisuffu ng'omuminsani mu South Africa n'obutabo obw'ennaku anna obwa wandiikibwa Dennis Smith. Bweyadda e Switzerland, yatandikirawo n'e Enkola. Waaliwo okubatiza kwa bantu 15 mu mwaka ogwasooka. ( ekitali kya bulijjo mu bendobendo lino). Omukya omu yali mugenyi wa lulango mu kkanisa okumala emyaka 15. Mu nnaku anna yasalawo okubatizibwa.

**Abavubuka** – elinnya lyange nze Alina Van Rensburg era nga ndi omukulu akwanaganya ebyabavubuka mu South queensland conference [12,200 ba memba mu Australia]. Nafuna omuwala okugabana " Emitendera mu kwezza obuggya" nange ku ntandikwa y'omwaka guno eranga natengukira ddala. Kikwata ku mubala Katonda gweyateeka ku mitima gyaffe nze ne baze:

okuzuukukira Omwoyo mutukuvu mu bulamu bwaffe!! Nsobola okubanyumiza ebintu bingi, naye amakulu gali , tuganyuddwa era tufunye emikisa mingi nnyo nga tukozesa akatabo kano akatono! Greg pratt [ akulira obujulizi n'okukulakulana okw'Omwoyo. SOC] nalina obutabo 300 obw'ensunsuuba bwe nagabanya abakulembeze abakulu ababavubuka bonna mu lukuŋŋaana lw'obukulembeze ku ntandikwa y'omwaka guno era okwanukulwa kwetufunye tekulojjeka.

- N'olwekyo kati nandiyagadde okufunayo obusukka mu 150 okubuwa abakulembeze bange abakulu mu kampu ennene omwaka guno , okubusoma mu biseera by'okusoma mu bibiina ebiyiga ku bulamu.

**366 okubatiza + 35 mu kibiina ky'okubatiza**

Kalaani wa Burundi union, Paul Irakoze, [ba memba 130,000, 100,000 "Emitendera mu kwezza obuggya" mu lulimi olulundi], yagamba ekyo okutwaliza awamu.

**Abaali ba memba 320 baakomawo olw'obubaka obwabakwatako mu katabo** kano . Bakkirizibwa era ne babatizibwa bupya mu march, 2017.

**Bakiggala** baasoma akatabo emirundi esatu-olwamala, nebagabana byebaayitamu n'abantu abalala abariko obulemu mu kuwulira. Ebyavaamu: mu March, 2017, twabatiza bakiggala 25.

**Abasibe** – Twasaasanya akatabo mu ba memba baffe ab'ekkanisa mu komera e mpimba . Omwoyo omutukuvu yabawalaawala era nebatandika okugabana enzikiriza yabwe. Sabiiti eno esembyeyo, abasibe 21 baabatizibwa ne 35 bateekateeka okubatizibwa. Kino kye kibala eky'akatabo " Emitendera mu kwezza obuggya." Kifunziddwa.

**Ebiseera by'okusoma / sabiiti y'okusaba**

Burundi Union yateekawo sabiiti ey'okusaba eya ba memba baayo 130,000 mu November, 2017 nga bakozesa " Emitendera mu kwezza obuggya" nate. Okubbulira kwa kalaani waffe ku mutwe guno kwawerezebwanga ne ku Adv . ladiyo buli kawungeezi.

**Abayizi –** Pasita Dwight Nelso, Pasita omukulu owa Andrews University, yategeeza, nti akatabo kano" kankyusa munda wange. Njagala kabakolere ky'ekimu". Nga bbiri sept, 2017 yatandika the emiteeko gy'okubuulira gya mirundi esatu "mu kifo n'enkola empya: obatizibwa otya n'omwoyo mutukuvu?" yasomanga butereevu mu " Emitendera mu kwezza obuggya" era nakiragirira buli omu. Kino kyaleetera abantu abawera 4,000 okukiwanula okuva ku mutimbagano n'okutumya enkumi n'enkumi z'ebitabo. Yunga ku njiri eno ne ku kibanja kye eky'omutimbagano : https:/www.pmchurch.tv/sermons.

**Ekilowoozo ekisuffu –** okuva mu USA - nawulirizza obutambi bw' okubuulira kwa Dwight nelson jjo. Bwenaaba nnyanjula akatabo "emitandera mu kwezza obuggya" mu kanisa yange ssabiiti eno, nja kuzannya edakiika 5 ezisooka ku katambi nga nsuubira nti obujulizi bwe ku kitabo bujja kukoleeza okusikiriza [omugamba]. Oluvannyuma lwa Potluck, nga abasumba bange bampadde olukusa, tujja kulaga ekitundu ekisigadde eky'akatambi k'enjiri eno eri abo abanaaba balaze obwetaavu! DW.

**Okubuulira enjiri –**Dwight Nelson awandiika ku kibanja kye ku mutimbagano october11, 2017 (kifunziddwa era kirongoseddwamu)

"abagenyi" kyenda mu omu (nga bwe babayita) beetaba ne Zagreb Adventists mu pulogulaamu eya 'nightly ninety'……kye nekkanya kimu era nga kiri mu kusiima okw'essaala zamwe ez'obuyambi ,netaaga okuwa obujulizi **mu myaka gyonna gyenenyigidde mu kubuulira enjiri, sifunangako kubuulira kwa njiri mu lujjudde kufaanana nga kuno mu Zagreb.**Nga bwe nagambye abasumba wano ku Pioneer, ndi mukakafu nti kyali era kisigala kibala kya kutaasa okw'obutazikiza emisana n'ekiro okwa Mwoyo omutukuvu mu kibuga ekyo mukwanukula essaala ey'amaanyi. Mbajukiza, bangi kuffe twatandika mu September okunoonya Katonda okutubatiza buli lunaku ne Mwoyo omutukuvu ( nga Kristo Yesu bw'atugamba tukole mu lukka 11:13). Y'ensonga lwaki byonna bye nayitamu ne byenalaba mu Zagreb awatali kubuusabuusa mbiteeka butereevu ku mirimu gya Mwoyo omutukuvu. Byonna ebyo tebilina kakwate ku nze - naye binyonnyola byonna ebikwata ku busobozi bw'ekisuubizo kya Yesu – **"naye mujja kufuna amaaanyi Mwoyo omutukuvu bwanabakkako, era mujja kuba bajjulizi bange…."(**ebikolwa by'abatume 1:8). N'olwekyo kyonna kyetukola, tetulekera awo buli lunaku kunoonya Mwoyo wa mubiri gwa Katonda,oguwa amaanyi g'obubatiza buli ku makya.

**Okutabagana:** waliwo eby'okulabirako ebirungi eby'abantu ssekinoomu ne famire (laba ebyayitibwamu namba 2/17;3/31;3/,35;3/40;4/52;4/56). Ekkanisa ennamba byeyiseemu okuva ku bunkenke, okuyombagana, okweyawulayawula, ebisago, obutasonyiwa, okwekyanga n'obulumbaganyi ku ku kusonyiwa okw'eddembe n'okwagala n'okutabagana. (ebyayitibwamu namba 1/10;7;84).

**Ba maama abato – abaana –** USA mazima ddala, mpulira obuvunanyizibwa obukkulu mu kukuza obulenzi obusatu obuto. Essuubi lyokka lye nina era lye ndaba kwe kusaba Mwoyo omutukuvu anyambale buli lunaku. Okuva lwe nasoma akatabo ko, ndabye enjawulo gyekakoze mu neyisa y'abalenzi bange. Nina obuguminkiriza webutaali, nina omukwano n'obusaasizi mukifo awaali okwekyawa. Era emirundi egisinga baanukuza nomutima ogwewaddeyo. Mu bukakafu tukula, naye nga nesiimye olw'okutegeera amazima amangu aganyonyola butya yesu bw'ayinza okubeera mu nze .! D.W

**Obwetaavu bwokuyayaana bwongezebwa butya?** Wansi w'ensonga eno mu ziwereddwa ojja kusanga ebigambibwa bingi eby'omuwendo. Ekintu kimu, ate nga kyangu okutandika, kiri mu kusalawo kuteekawo "ensoma eya'kajegere". Ekisinga okusikiriza kiri mu kuteekawo "ensisinkano y'okusoma". Osobola okugiteekateeka gwe kennyini, oba n'ofuna omugenyi anaayogera ( oba kozesa vidiyo; ziriwo mu nnimi zimu na zimu.) Osobola okwongera omuzinzi mu bye mufunye mu nsisinkano ey'okusoma nga oteekawo okusoma okwa kajegere oluvannyuma oba nga temunenyigira mu nsisinkano eno.

**Kye nsaba:** kansabe nga ow'oluganda omukulu – okubalagirira okusaba n'okusoma akatabo kano emirundi egiwerako n'omuntu akuli okumpi. Kino kijja kukusobozesa okugenda mu maaso mu kibiina kyo,ekkanisa oba olukuŋŋaana.

**Omutendera oguddako** gwandibadde okugabana by'oyize ne by'oyiseemu n'abasumba bo, abakulu mu kanisa n'abalala ab'enkizo? Kyamugaso nnyo okutuuka, okukwata ku mititma gyabwe. Eyo y'engeri Ethiopia gye yatandikamu. Mu July 2017, abasumba 500 baafuna akatabo kano mu lulimi olu Amharic nga sabiiti y'okwezza obuggya egwaako. – mu mukago gwo mu mambuka ga phillippines akatabo kaawebwayo mu lukuŋŋaana lw'okusaba mu lulimi oluFilipino eri abakulu b'ekkanisa 1,500 mu june, 2017.

**Ebiyitiddwamu/ ebirabiddwa**

Onoogabana obujulizi ng'omuntu ne mu mpapula zaffe? Waliwo okukwatibwako okwamaanyi mu bwo. Bwekiba kyetaagisa, obujulizi busobola era okukozesebwa ku www.stes-to-personal-revival.infotestimonies.

Omukulembeze omwagalwa!

Leka tukule mu Mwoyo omutukuvu. Mukama yennyini awadde ekiragiro.[MB20.3:

**"lubeerera era nga tuddiŋŋana katujjuzibwe n'omwoyo".** (Abeefeeso.5:18)

Kristo ali muffe ne Mwoyo omutukuvu "tufuule b'amayengo amalungi" (isaaya 40:9). Tewerabira bigambo bya Yesu ebyasembayo ku nsi:

"**naye mujja kufuna Mwoyo omutukuvu era mubeere abajulizi bange mu maanyi ge**

[Obusobozi, okuwa, amaanyi agakira ag'obutonde]."( Ebikolwa by'abatume 1:8)

Muganda wamwe mu yesu kurisito

Helmut Haubeil

# EKIRABO KYA YESU EKIKYASINZE OMUWENDO

## YESU YASOMESA KI KU MWOYO MUTUKUVU?

*Onnyikidde n'obubaka*

*bwa yesu obukyasinze amaanyi?*

**Obujulizi bwa bantu obutonotono obumu kw'obwo obwasooka:**

**Tudde ku "mukwano gwaffe ogwasooka":** ow'oluganda omukyala yampandiikira: nze ne mukwano gwange tuli mu kusoma akatabo " ennaku 40" omulundi gwaffe ogwokusatu nga tuwanyisiganya mu nsoma n'akatabo "emitendendera mu kwezza obuggya". Nga tetunazuula butabo buno, obulamu bwaffe mu kukkiriza n'okusaba bwali tebubanga nga bwe bwali bubadde. **Twayaayaniranga okuzuula omukwano gwaffe ogwasooka nate**. Tuguzudde! Twebaza Katonda nemitima gyaffe gyonna. Kyewunyisa engeri Katonda waffe atwagala gya yanukula essaala era n'alaga butya mwoyo mutukuvu bwakola – ku ffe ne ku bantu betusabira . M.S.

**Yesu yayingira obulamu bwaffe:** omuntu omulala yawandiika ku butabo buno:… "bifuuse omukisa ogutenkanika gwenalindirira edda mu bulamu bwange. Nga ba memba abalala mu kanisa ne mwannyina ffe bwebaalaba, waliwo ekyali kibula mu bulamu mu kukkiriza era nga kati tuli ba mukisa

okuwulira engeri yesu jeyayingiramu obulamu bwaffe era atandise okutukyusa. Akyatukolako era mutendera ku mutendera ayongera okutusembeza kumpi naye."S.K

**Abajulizi ba Yesu bebuuza: yesu asobola atya okukozesa obuyinza obw'amaanyi bwebutyo?** Bwali bulina akakwate n'obulamu bwe obw'okusaba? Eyo ye nsonga lwaki baamusaba " mukama waffe tuyigirize okusaba" Yesu yayanukula okusaba kwabwe.

Essomo lye ku kusaba mu Lukka 11:1-13 lilina ebitundu bisatu: essaala ya mukama,olugero lw'omukwano ajja mumasekkati g'ekiro n'okugenda mumaaso nga tusaba okutuwa omwoyo mutukuvu nga entikko.

Mu lugero (esuula5-8) abagenyi baatuuka mu maka g'omusajja mu kawungeezi era nga **talina kantu konna**, k'asobola okubagabula. Kulw'obwetaavu bwe, agenderawo ewa mulirwana. Amunyonnyola nti **"talina kantu konna"** era nasaba bamuwe omugaati. Alemerako, agenda mu maaso n'osaba paka ngaagufunye. Kati alina omugaati – omugaati gw'obulamu- kululwe ye n'abagenyi be. Alina ekintu ekikye era nga kati alina obusobozi obugabana.

Kati Yesu ayunga olugero luno(ekizibu: sirina kantu konna) n'okusaba Omwoyo mutukuvu nga agamba "nange mbagamba nti musabe, muliwebwa". (lukka 11:9 NKJV) n'ekigoberera:

**Okusaba kwa Yesu okutongole: N'olwekyo musabe Mwoyo omutukuvu**

Waliwo olunnyiriri olw'essimba mu bayibuli nga mu lwo Yesu atufalaasira , atulagira tusabe mwoyo mutukuvu. Sirina lunyiriri lulala lwemanyi mu bayibuli, Yesu mumukwano watugambira tutwale ekintu ku mutima. Ennyiriri zino zisangibwa mu ssomo lye ku kusaba mu lukka 11. Yateeka essira ku emirundi gyetulina okusabiramu Mwoyo mutukuvu. Lukka 11:9-13 NKJV:

"Nange mbagamba mmwe nti musabe, muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo. Kubanga buli muntu yenna asaba aweebwa; n'anoonya alaba; n'eyeyanjula aliggulirwawo.Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we bw'alimusaba omugaati, alimuwa ejjinja? Oba ekyennyanja , n'amuwa omusota mu kifo ky'ekyennyanja? Oba bw'alisaba eggi, n'amuwa enjaba? Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa omwoyo omutukuvu abamusaba!"

Mu nnyiriri zino entono yesu yakozesa akagambo "okusaba" emirundi mukaaga; oluvannyuma nakyusa "okusaba" n'akiggumiza ne "noonya" emirundi ebiri – ekikolwa – n'emirundi emirala ebiri ne " konkona" – nga nakyo kigambo kya bikolwa.

Tatulaga bulungi nti tulina okubaako kyetukola okusobola okujjuzibwa mwoyo mutukuvu? Ekisembayo "saba" kikozesebwa mu biseera ebiriwo mumaaso mu luyonaani. Ekyo kitegeeza nti tetugenda kusaba mulundi gumu gwokka, wabula okugenda maaso n'okusaba. Wano yesu tafuula kusaba ekintu ekyetaagisa mu bwangu kyokka naye era atusuubira okugenda maaso nokukikola. Mazima ddala era ayagala okuzukusa okuyayaana kwaffe okwa Mwoyo omutukuvu nga tuyita mu kuyitibwa kwe. Okuyitibwa okw'amangu kuno kutulaga obukakafu bwa Yesu nti twandibadde tusubwa ekintu ekikulu, singa tetugenda mumaaso n'okusaba okweyoleka kwa Mwoyo omutukuvu. Mu ngeri eno  atwagaliza okugenda mu maaso n'okufuna emikisa migagga egya mwoyo mutukuvu.

Mu ssomo lya kulusito elyetengeredde kigamba nti; " Katonda tagamba nti, saba lumu, era ojja kuweebwa. Atukubirirza okusaba. Mubutakoowa lemerako mu ssaala. Okusaba obutaweera buleeta omusabi mu mbeera ey'obwetowaze , era kyongera obwetaavu bwe okufuna ebintu byasaba".[1]

Yesu yawa ebyokulabirako bisatu, ebiraga empisa ezitateeberezeka n'eri  bataata ab'okunsi abonoonyi. Yayagala okutulaga nti ate kisingawo  obutateeberezeka kittaffe owomu ggulu asobola okutuma mwoyo mutukuvu nga tumusabye. Yesu ayagala tubeere bakakafu nti tujja kufuna Mwoyo omutukuvu bwetunaasaba mu ngeri ennuŋŋamu. Nga tulina ekisuubizo kino n'ebirala tusobola okusaba mu kukkiriza nti era netumanya nti tufunye ebyo byetusabye . (1 Yokaana 5:14-15; ebisingawo mu suula 5)

Okuyitibwa kuno okw'enjawulo kutulaga nti okusinziira ku Yesu waliwo ekintu ekikulu ekibulawo, bwetutagenda mu maaso mu butaweera okusaba mwoyo mutukuvu. Akireeta mu bwanga bwaffe nti twetaagira ddala Mwoyo omutukuvu. Atwagaliza okugenda mu maaso n'okufuna emikisa egy'omuyiika egya Mwoyo omutukuvu.

Ekitundu kye essomo lino ku kusaba nkola ya njawulo. Omwoyo omutukuvu ky'ekirabo kya Katonda ekikyasinze – ekirabo ekijja n'ebirabo ebirala. Kino kye kyaali ekirabo ekyokuntikko yesu kye yawa abagoberezi be era obukakafu bw'omukwano gwe. Ndowooza nti ekirabo ekyomuwendo bekityo tekyandikakiddwa muntu. Kiweebwa abo bokka abalaga obwetaavu bwakyo era abakisiima.

Omwoyo omutukuvu ajja kuweebwa abo  abawaayo obulamu bwabwe eri Yesu; Ajja kuweebwa abo ababeera mu kumalirira okutakoma. (Yokaana 15:4-5) okumalirira kulagibwa nga:

1 E.G. White, Amasomo ga Kristo [Christ's Object Lessons] (1900), p. 145.3

- Okuyayaanira Katonda (“yenna alumwa ennyonta” Yokaana 7:37)
- Okwesiga Katonda (“akkiriza nze nga ekyawandiikibwa bwekigambye” Yokaana 7:38)
- Okwewaayo wenna nga wesize Katonda( “ teeka obulamu bwo bwonna mu mikono gya Katonda” Abaruumi 12:1)
- Okugoberera Katonda mu buli kimu (abo abamugondera” Ebikolwa by’abatume5:32)
- Okuleka amakubo gaabwe, nebagenda mu kubbo lya Katonda n’okukola okusinziira ku kwagala kwe (“mwenenye era mubatizibwe” Ebikolwa by’abatume 2:38)
- Obutateekateeka kintu kyonna ekikyaamu (“Bwe mba ndowooza obutali butuukirivu mu mutima gwange, Mukama taawulire” Zabbuli 66:18)
- Tumanye era tukkirize ekyetaagisa ekisinga (“ sirina kantu” Lukka 11:6)
- Saba Mwoyo omutukuvu lubeerera (Lukka 11:9-13)

Tosobola kulaba bulungi ebintu bino katonda byatusuubiramu, ekirabo kino omuwendo gwakyo? Bwolowooza ku bukwakkulizo obwetaagisa buno, oba oli awo ojja kuzuula obunafu bwo webuli.

Nkifudde muze buli lunaku okusaba okwagala Mwoyo omutukuvu mukukwatagana ne Yokaana 7:13 NKJV: “Omuntu bw’alumwa ennyonta, ajje gye ndi anywe”.[2]

**Tusobola okusaba**: “Mukama Yesu, nzikiriza bwonna obukwakkulizo obwetaagisa okufuna Mwoyo omutukuvu. Nkusaba mu bwesimbu kati nti- ku lwaleelo- butuukirize mu nze.” Katonda waffe ow’ebyewuunyo abeerawo kulwaffe mu kutuukiriza obukwakkulizo buno.

**Omwoyo mutukuvu ye nsibuko y’obulamu obujjuvu**

Okusinziira ku yesu, lwaki yajja ku nsi? Yagamba:

“nzize basobole okufuna obulamu, era babeere nabwo mu bungi”. (john 10:10 NKJV)

Yesu ayagala tufune obulamu buno obuppya kati era tugendere ddala mumaaso nabwo mu buwufu obwenjawulo ddala nga amaze okukomawo nga obulamu obutaggwawo mu bwakabaka bwa Katonda

Atulaga era nti ensibuko y’obulamu obujjuvu ye Mwoyo omutukuvu.

“ …Omuntu bwalumwa ennyonta , ajje gye ndi anywe. Akkiriza nze, ng’ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy’amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe. Ekyo yakyogera ku mwoyo..” (Yokaana 7:37-39 NKJV)

“Emigga gya amazzi amalamu”- ekyo ssi kyakugeranyizibwako kirungi eky’obulamu obujjuvu?

---

2 Kigwanidde okusabira mu bisuubizo. Bw’oba oyagala okumanya ebisingawo ku kino, soma essuula 4 ey’emitendera mu kwezza obuggya.

**Nga akyali mubulamu wano ku nsi ,Yesu yatuwaako eky'okulabirako mu buwufu obwo?**

Tumanyi nti bangi banyonnyoka yesu nga bayita mu mwoyo mutukuvu . (Matayo 1:18). Tukimanyi nti nga amaze okubatizibwa yasaba: "Omwoyo omutukuvu n'akka ku ye mu kifaananyi eky'omubiri .."(Lukka 3:22) mu mbeera eno kyali kyetaagisa era kyamugaso Yesu okufuna Mwoyo omutukuvu buli lunaku? Nkigye mu bya E.G. White:

*"Ku makya ne kumakya yawuliziganyanga ne kitaawe mu ggulu, namufunako buli lunaku okubatizibwa okupya okwa Mwoyo omutukuvu."* [3]

Waliwo statimenti mu Bikolwa bya batume: " eri omukozi eyewaddeyo waliwo ekigumya ekyamagero mu kumanya nti ne kulisito mu bulamu bwe ku nsi yasaabanga kitaawe buli lunaku amuwe ekisa kyeyetaaganga…".[4]

Yesu mu butuufu yali kyakulabirako gyetuli mu kino. Tulina okwebuuza: bwaba Yesu yali yetaaga okuzibwa obuggya mu mwoyo mutukuvu, kya mugaso kyenkana ki eri ggwe nange?

Omutume Pawulo yategeerera ddala ekigendererwa kya Yesu. Mu bbaluwa ye eri ekkanisa mu Ephesus, Pawulo akikakasa mu ssuula 1:13 nti baali batekeddwako akabonero k'Omwoyo omutukuvu bwebafuuka abakkirirza. Mu ssuula 3:16-17) abakuutira okunywezebwa n'amaanyi mu mwoyo gwe mu muntu ow'omunda era mu ssuula 5:18 (NKJV) Pawulo , nga omutume awereddwa obuyinza, akowoola Abaefeso na ffe oku "…okujjuzibwa n'omwoyo omutukuvu"[5] Tulaba nti nebwetuba twafuna mwoyo mutukuvu bwetwafuuka abalokole nga tubatiziddwa, nti twetaaga okumufuna buli lunaku. Kyamugaso eri obulamu bw'omwoyo n'okukula kw'omu kulisitayo/ omukkiriza okujjuzibwa Mwoyo omutukuvu buli lunaku.

Akatabo akaluŋŋamya essomero lyaffe elya sabiiti koogera bwekati mu Abaefeso 5:18: 'kitegeeza ki 'obubatizibwa' n'omwoyo mutukuvu? Jesu kennyini yanyonnyola kino ng'akozesa ekigambo ekyefaananyiriza. Omuntu bw'abatizibwa n'omwoyo mutukuvu (Ebikolwa by'abatume 1:5) omwoyo mutukuvu bweyabakkako (olunyiriri.8). okubatizibwa kitegeeza okunnyikibwa mu kintu-emirundi egisinga gaba mazzi. Kino kikolebwa ku muntu yenna. Okubatizibwa ne mwoyo mutukuvu kitegeeza okubeera nga onyikidde era nga obutikiddwa amaanyi ga Mwoyo omutukuvu – okujjuzibwa ye. Kino si kya mulundi gumu, naye ekintu ekirina okweyongera okudinganibwa, nga Pawulo bwakiraga mu Abaefeso 5:18b nga akozesa ebiseera eby'ekigambo eky'oluyonaani " okujjuzibwa'."

---

3 E.G. White,Obubonero bw'ebiseera [ Signs of the Times], November 21, 1895, par. 3

4 E.G. White, Ebikolwa by'Abatume [The Acts of the Apostles], (1911) p. 56.1

5 Johannes Mager, Auf den Spuren des Heiligen Geistes, (Lüneburg, 1999), Seite 101

**Ebigambo bya yesu eby'okusiibula ne mwoyo mutukuvu**

Mu bigambo bya yesu ebyasembayo, yabagaliza essanyu n'esuubi nga abagamba nti Omwoyo omutukuvu yali wakujja mu kifo kye. Yesu abayigirizwa be abagamba ekintu ekyewunyisa mu Yokaana 16:7:

"Naye nze mbagamba amazima ; kibasaanira mmwe nze okugenda; kubanga nze bwesigenda, omubeezi talibajjira; naye bwendigenda ndimutuma gyemuli."

**Empenda empya ey'omuganyulo.**

Yesu abayigirizwa be abagamba ekintu ekyewunyisa : "kibasaanira mmwe nze okugenda" Kino kitegeeza nti empenda empya , nti ali naffe nga ayita mu Mwoyo omutukuvu, era nga kitusaanira okusinga nga yesu waali mu buntu. Mu ngeri eno , Aba talina kimukugira, wabula aba asobola okubeera nabuli muntu, nga tafuddeyo oba ali wa mu kaseera ako.

**Obujulizi obuva ew'omusomesa n'omu ku bayizi be:**

Akatabo "emitenderera mu kwezza obuggya" okuva ewa H. Haubeil bwekaaweebwa ekkanisa yaffe omwaka gumu oguyise, nakasoma n'enkayitamu mu bwangu ddala. Nga nkyali na mukukasoma nayita bu bintu bingi ne Katonda okusinga bwekyali kibadde – kino kya mpuniikiriza era ne kimpa Amaanyi.

Mu buyungiro obw'enkomekerezo yakatabo kano, nasangayo bino wammanga:

Okunoonyereza ku kukusuwaza kulaze nti kyetaagisa okkusoma oba okuwuliriza emitwe egyenkizo emirundi mukaaga ku kkumi okutuusa nga tugitegedde bulungi."

Ebigambo bino ebizaamu amaanyi bya kwata obwanga bwange:

"Kigezeeko wakiri omulundi gumu . By'onogyamu bijja kukumatiza."

6 Endagiriro y'amasomo g'essomero lya ssabbiiti July 17, 2014

Nayagala nze kennyini okukiraba era omulundi ogwokusatu wenaguwereza nga kimaze okunkwata era nawulira omukwano eri omunuuzi waffe, gwenayayaaniranga obulamu bwange bwonna. Mu myezi ebiri nali maze okukayitamu emirundi mukaaga nga nkasoma era era byenajjamu byali bigwanidde.

Kyali nga nti nali ntegedde bwekyandibadde nga yesu atusemberedde era nga tusobola okutunula mu maaso ge amatuufu ag'ekisa era agajjudde okwagala. Okuva olwo saagala kubeerawo nga sirina ssanyu lino mu mununuzi waffe.

Bwenazukuka mu makya nali nayoyezza dda akaseera kange ak'okusinza ku makya nsobole okuwulira okubeerwa kwa Katonda era emisana nasabanga mu kasirise omwoyo omutukuvu anyambe ne ebirowoozo byange nga nyumya, nga mpa ebyokulabirako , nga nsomesa ne mu kuwuliziganya.

Omwana bweya yaayaniranga okufiibwako era akiraga, Katonda yampanga amaanyi n'amagezi okumukwasaganya.

Okuva olwo ennaku zange ezokukola zijjuziddwa okuberwa kw'Omutonzi. Annyamba mu bulamu bwange bwonna obwa bulijjo. Okuva olwo nsaba ku makya n'emu biseera ebiddirira mu massekkati Omwoyo omutukuvu yeyongere okunzikako. Kiwulikika nga aliraanidde eggulu era nga osobola n'okuloza ku bwekiriba eyo.

Bwennali nsoma akatabo kano, ekirowoozo kyanzijjira nti n'abaana be nsomesa balina okugabana ku kino. Nsomesa abaana abali mumakkati g'emyaka 10-15 mu ssomero lyaffe erya Adventist school Elijah erisangibwa mu Vorarlberg Austraria. N'olwekyo nasaba Katonda okumpa emikisa. Mangu ddala nalaba engeri mwoyo mutukuvu gyasobola okukolera mu mitima gya abaana abato.

**Omwana ow'embazuulu ow'emyaka 13 ne Mwoyo omutukuvu.**

Bino natandika okubiraba omwaka mulamba nga sinnasoma katabo ku mwoyo mutukuvu. Omuyizi omupya yajja kusomera lyaffe era nga wayise ennaku ntono ekifo kyaffe eky'eddembe kyali kimaze okufuulibwa ekye nsansagge. Omulenzi yalina emyaka 13 mu kaseera ako –yeyali asinga obunene mu baana bonna era nga bw'atyo n'amaanyi. Ebintu bingi ebyali bisomeddwa mu kuyita mu mwaka era nebireeta ebibala ebisuffu byalabika nga bisaanawo mu kaseera buseera.

Leka abyeyogerere: "bwe najja mu ssomero lye ndimu, nali simanyi kiki kinnindiridde. Kulunaku lwange olwokubiri nakkiriza okusomoozebwa, ne mbaluka era nentanula olutalo n'omu ku bayizi mu kibiina kyange. Namukuba newankubadde yali munafu ku nze, namugoya era nga nali saagala kuddamu kumulaba.

Oluvannyuma nazuula ensobi yange era ne neetonda, nga bwenakolanga emabega. Oluvannyuma lwo kwogera okwo n'omukulu w'essomero. Mu myezi egyaddako waliwo ekyatandika mu nze. Kyewuunyisa okuba nti kyali kyakantandika ng'ate nali mutabani wa musumba. Natandika okumala obudde obusinga ne Yesu."

Nalowooza nti omulenzi ono ajja kwetaaga okufiibwako okwenjawulo. Yali amanyi okulemererwa kwe, nga akwejjusa era naddamu okugezaako, naye teyalina buwanguzi bwa namaddala mu mubusobozi bwe. Mu kusooka n'olunaku terwayitanga nga teyetabye mu kulwanagana, naye oluvannyuma mpola mpola ne bitereera.

Nga wayise emyezi 6 yalowoooza nti essaala zaali zimusembezza kumpi ne Katonda. Mu biseeera ebyo yali atandise okusabira amaanyi ku makya. Akabanzi k'obusungu nokulwana byatandika okukendeera.

Emyezi 11 gyali gimaze okuyita okuva lweyajja eranga twali tusobola okulaba enjawulo . naye akasunguyira ke, okubaluka gwe'bigambo eby'esittaza n'okwesaza akajegere byali tebinafugibwa bulungi.

Kyali kya butonde – yagezaako okuwangula mu maanyi n'okutegeera kwe, ebyakolanga ebiseera ebimu ate mubirala nebitayinza. Esaala zaffe zaali zimaze okuleetawo enjawulo, naye embeera ze nga si ntuufu era nga amaanyi ga Mwoyo omutukuvu agazza obuggya gaali gabulawo.

Kikola ki, omuntu bwalaba ensobi ze, nagezaako okufuga obusungu bwe ate mu kaseera akaddako n'alemererwa nate? Mu kaseera we nakizuulira nga ntuuse ku kkomo ly'amagezi gange, nafuna akatabo akoogeddwako waggulu . kajjira mu kiseera ekituufu. Awo ne ndyoka ndaba ekyali kibulawo. Gaali maanyi ga Mwoyo omutukuvu . Twali n'okumusaba tetumusabye kutuyamba!

Olw'okuba nali nkwatiddwako obubaka bwa " emitendera mu kwezza obuggya", nafuna obuvumu obubuuza omulenzi oba yali asabyeko okufuna Mwoyo omutukuvu. Nedda – yali tamusabangako. Olwo ne ndyokya ngezaako okuyimusa obwagazi bwe mu katabo. Naye saakamuwa. Alina kumala kukyetaagira ddala. Era amangu ddala yasaba awebwe akatabo .

Mu bigambo bye nate " mu November wa 2012 omusomesa wange yampa akatabo ' emitendera mu kwezza obuggya'. Natadika okukasoma n'obwagazi. Mu kiseera ekyo nali sinnekakasa bulungi n'ebikorwa bya mwoyo mutukuvu."

Mu lunaku olwasooka yali amaze okukavvula essuula bbiri era awo n'ambuuza emirundi emeka gyenali nkisomye. Yatandika mbagirawo okuzisoma nate era nga ayagala okukola ekyo kyennyini akatabo kye kamugamba : okukasoma emirundi 6-10.

Okuva olwo bingi bikyuse. Okuva mu December wa 2012 tewaddamu kubaawo kulwana oba okuyombagana- nali sikikkiriza. Abalenzi beyasekulanga baafuuka mikwano gye era bakolagana bulungi mu ddembe.

Akyukidde ddala – wa ggonjebwa era muwulize era eddembe lijjiddewo ddala embeera ze ez'okutanula entalo. Bayizzi banne basobola okukakasa nti Katonda yakola. Ebibala osobola okubiraba buli lunaku. Ku lw'ettendo lya Katonda njagala okukyatula nti omulenzi yasalawo nabatizibwa mu June wa 2013. Oyo bwaba teyali Mwoyo Mutukuvu ….

Nalowoozanga nti nsobola okulabirira omwana era nemusobozesa okulaba kyalina okulaba ekisaana. Obuguminkiriza, okumusaako obwanga n'okwogerezeganya byali bisobola okukikola, naye tekyasobola kukola mu kiseera ekiwanvu/ nga wayi ekiseera. Katonda yalina okuyingirawo era n'ansomesa nti guba mwoyo gwe , ogufuula ekitasoboka okusoboka.

Olunaku olumu omulenzi ono bwaliba mu ggulu , awo ndimanya nti Katonda yaliba akireese . bwennali ku nkomerero y'amagezi gange era nga maze okukitegeera nti sisobola kumuluŋŋamya , awo wennyini mu ngeri ey'omuggundu Katonda n'atandika okumukolako. Kimpa amaanyi okulaba nti tewali mbeera etalina suubi ewa Katonda. C.P.

**Essaala:** Kitaffe ali mu ggulu, tukwebaza ku lwa yesu okuyita amangu Mwoyo omutukuvu. Nejjusa olwokufiirwa kwenfunye olw'obutaba na mwoyo mutukuvu. Netaaga obuyambi okuva gyoli yesu asobole okufuuka ow'amaanyi mu nze. Netaaga obuyambi bwe mu buli kifo mu bulamu bwange. Nkwebaza nti mwoyo mutukuvu asobola okukyuusa embeera zange era n'ankola okutuukirira ku lw'obwakabaka bwa katonda. Neweerayo ddala gy'ori nze nakyonna kyendi nabyonna bye nina. Webale kunzikiriza n'okumpa emikisa gyo. Nyamba okukula mu kumanya ku mwoyo mutukuvu. Amiina.

# ENKULUNGO Y'EBIZIBU BYAFFE ERI KKI?

*Walivo ensibuko nga mwoyo ey'ebizibu byaffe?*
*Ensibuko eno kwekubulwa mwoyo mutukuvu?*

**EKIVIRIDDEKO OBUBULWA**

Okwanukula kwa bayibuli kuli: "so nga temulina kubanga temusaba. Musaba nemutaweebwa, kubanga musaba bubi(okusinziira ku bwongo obulyakuzi, Abaruumi ,8:5-7), mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe." (Yakobo 4:2-3 NKJV)

Mukama waffe yesu mu butaweera n'omukwano omungi atuyita tusabe mwoyo mutukuvu (Lukka11:9-13). Tukitegeera nti tulina okukola kino obutaweera. Mu ssuula ey'okusatu, tujja ku kyekaliriza.

"bogera ku Yesu kristo ne Mwoyo omutukuvu , so nebataganyulwa. Tebawaayo mwoyo kuluŋŋamizibwa era n'okufugibwa ababaka ab'ewakatonda."

Tubadde tusabira okwezza obuggya okumala akaseera. Kino kyamuweendo nnyo. E.G.

White yagamba: "okubatitibwa kwa mwoyo mutukuvu amakanisa gakwetaaga olwa leero."

" lwaki tetufuna nnyonta na njala ya Kirabo kya myoyo, ate nga lino ly'ekkubbo eliyitibwamu okufuna amaanyi? Lwaki tetukyogerako, tetukisabira, tetubuulira ku kyo?"[9]

7 Ellen G. White, Okwagala okw'edda [The Desire of Ages], (1898), p. 672
8 E.G. White, ebiwandiiko ebifulumizibwa [Manuscript Releases] Vol. 7 p. 267

Kirungi nti tusabira okwezza obuggya, naye tetulina kusabira ekyo kyokka, wabula nga Mark Finley bw'agamba- kiri **"nga bwetuteeka mu nkola bayibuli by'egamba ku kwezza obuggya."**[10] Oba mbasabe okutwala emitendera mu kwezza obuggya? kuba kino kireeeta obulamu obw'amaanyi era obujjuvu.

Nga tutandika, twagala okwekennenya ekizibu. Twagala okukikola mu ngeri ematiza; bweppo waliwo akabi nti tuyinza okusalawo enkyukakyuka eteetagisa era etali yamugaso. Ekyo bwekiggwa twagala okulaba empenda za Katonda, ezituwa emikisa emiyitirivu ne ku nkolerero, tusobola tutya okuteeka bino mu nkola n'okubifuna.

Okubulwa mwoyo mutukuvu tekitegeeza nti buli kimu kyetukola kyabutaliimu. Waaliwo era waliwo enteekateeka ne pulogulaamu ennungi. Mukama mu butuufu awadde amaanyi gaffe ag'obuntu mu yye omukisa . Naye obungi bw'amakungula ne mbeera biyinza kwenkana bitya , singa tubeera kumpi oba wamu ne mwoyo mutukuvu – Katonda yekka y'amanyi.

Byandibadde bikwata oluwenda luno singa era byandigenze mu kkubo lino mu biseera eby'omumaaso nga Henry T. Blackaby bweyakiraga:

" Katonda asobola okukola ebisingawo mu myezi mukaaga n'abantu abamwemalidde, okusinga byetusobola okukola mu myaka mukaaga nga tetuli naye."[11]

Kusalawo oba ogenderawo wansi w'obukulembeze era n'ofuna obusobozi obusinga. Ekyo kyekibeerawo bwetujjuzibwa mwoyo mutukuvu.

Ekyokulabirako: omuntu abuulurira enjiri. Amalirizza okwogera – tugambe oba tewali, abatono , bangi oba bonna bakkirizza obubaka. Bwebaba bangi oba bonna nga bakkiriza obubaka bwe era nebabuteeka mu nkola, awo obwo bubeera bukozi bwamaanyi. Kino ky'ekintu mwoyo mutukuvu ky'agaba.

9 E.G. White, obujulizi obw'ekkanisa Vol. 8 (www.egwwritings.org), p. 22

10 Mark A. Finley, Tuzze buggya nate [Revive us again], p. 25

11 Henry T. Blackaby, Den Willen Gottes erkennen und tun (okufuna Katonda: okumanya n'okukola okwagala kwa Katonda), (Kassel, 2002), p. 31

## EBIKA BISATU EBY'ABANTU N'ENKOLAGANA YABWE EY'OBUNTU NE KATONDA.

Ekigambo kya Katonda kyawula mu makkati g'ebibinja ebisatu ku nkolagana yabwe ne Katonda. Mu bika bino mulimu emiteeko egyenjawulo mingi okusinziira ku kutendekebwa kw'abazadde, eneeyisa, okwetendeka , ewaka,obuwangwa, obuyigirize, n'ebirala. Newankubadde enjawulo weziri, waliwo enkolagana za mirundi esatu eri katonda:

- Enkolagana etaliiwo - bayibuli ono emuyita omuntu ow'omukka.
- Enkolagana enzijuvu eyannamaddala - bayibuli ono emuyita muntu ow'omwoyo.
- Enkolagana engabanyemu oba eya makweka nsamu – bayibuli kino ekinyonnyola nga omuntu **ow'omubiri oba ow'omukutu.**

Ebigambo "omukka", "mwoyo" mu kigambo Kya Katonda tebipimapima nga bwe bikozeseddwa wano. Binyonnyola bunyonnyozi enkolagana wakati w'omuntu ne Katonda.

Ebika bino ebisatu binonnyolwa mu 1 Bakkolinso 2:14-16 ne 1 Bakkolinso 3:1-4. Esaawa eno twagala kukoona ko katono ku mulamwa guno ogw'omuntu ow'omukka. Abeera mu nsi . Okutunula okw'amangu ku bika bino ebibiri mu kanisa kujja kutuyamba okulaba kika ki mwetugwa. Ekigezo kyaffe era kiyamba okwekebera. Twetaaga okwekenneenya obulamu bwaffe so ssi obulamu obwa balala.

### Kiki ekikozesebwa okulambika ekika ekimu oba ekirala?

Tujja kukkanya nti ebika byonna ebisatu bilambikibwa kusinziira ku nkolagana ey'obuntu jebalina ne mwoyo mutukuvu.

### Omuntu ow'omukka

"naye omuntu ow'omukka obukka takkiriza bya mwoyo gwa katonda, kubanga bya busirusiru gyali; era tayinza kubitegeera, kubanga bikeberwa na mwoyo". (1 Abakkolinso 2:14 NKJV)

Omuntu ow'omukka talina nkolagana yonna na mwoyo mutukuvu. Abeera mu nsi era tanoonyereza ku Katonda oba tatera kunoonyereza ku Katonda.

**Ow'omwoyo n'ow'omukutu(ow'omubiri) mwebali mu kanisa**.

Ebika bino ebibiri okusinga byanjulwa mu 1 Abakkolinso essuula 2 ne 3 wamu ne Baruumi 8:17 ne Baggalatiya 4 ne 6. Twetaaka okwekkanya nti **ekyawula ebika bino ebibiri mu nkolagana yabwe ne mwoyo omutukuvu** . Kino kiri bwekiti kubanga katonda yakirambika nti Mwoyo omutukuvu bwe buyungiro bwaffe bwokka n'eggulu. (okwagala kw'ebisiibo, p.322; Matayo 12:32) " omutima gulina okuggulwa gukozesebwe omwoyo, oba emikisa gya Katonda tegifunika."[12]

**Memba w'ekkanisa ow'omwoyo**

Katusome 1Abakkolinso 2:15-16:

"Naye **omuntu ow'omwoyo** akebera byonna, naye ye kennyini takeberwa muntu yenna . kubanga ani yali ategedde okulowooza kwa mukama waffe, alyoke amuyigirize? (Isaaya 40:13) **naye tulina entegeera ya kristo.**" (NKJV)

" omuntu alina omwoyo alamula byonna , naye omuntu oyo tasobola kulamulibwa okusinziira ku ntegeera yaffe ng'abantu, kuba ani amanyi endowooza ya mukama asobola okumuyigiriza ? **naye tulina entegeera ya kristo.**" (NIV)

Omuntu ow'omwoyo ye mu kulisitaayo omutuufu. Ayitibwa "ow'omwoyo", kubanga ajjuziddwa Mwoyo omutukuvu. Wano era, enkolagana eriwo wakati we ne Mwoyo omutukuvu y'emufuula omuntu ow'omwoyo. Alina enkolagana ennungi era ekula ne Mwoyo omutukuvu. Yesu ali "mumassekkati g'obulamu bwe"; era tugamba oluusi nti yesu ali ku ngule y'omutima gwaffe. Omuntu ow'omwoyo aba yemalidde yenna ku Yesu era nga etteeka ery'awamu kino kikakasibwa na kwewaayo buli lunaku eri Yesu buli kumakya nabuli kimu ky'ali era ky'alina. Mu bubaka bwa Lawodikiya ayitibwa "ayokya", mu lugero olukwata ku bawala e kkumi embeerera ayitibwa "omugezi". Abaruumi8:1-17 ne Baggalatiya 5 bimwogerako n'okusingawo. Obulamu abufuna mu "bungi obusingirira"(Yokaana10:10) oba nga Pawulo bw'akyogera:

" mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwona okwa katonda" (Abaefeso 3:19, Abakkolinso 2:9).

**Ow'omukutu(ow'omubiri)**

Omuntu asobola okubera memba okumala ekiseera ekitono oba emyaka emingi era n'asigala nga mukkiriza wa mubiri. Singa mu ngeri ey'ekyewuunyo wesanga nga oli mukkiriza wa mubiri mu kaseera kano, tokinyiigira, naye sanyuka, kubanga olina obusobozi obukikyusizaawo. Ojja kufuna essanyu ery'ensusso ne mwoyo mutukuvu. Nzikiriza nti abakkiriza ab'omubiri abasinga bali mu mbeera eno mu butamanya era balina obwetaavu okufuna ebisingawo mu kukkiriza kwabwe. Obutamanya bwabwe oluusi sii na nsobi yabwe. Salawo: ojja kufuna essanyu essukkulumu mu

12 E.G. White, Leuchtende Spuren (emitendera egikutuusa ku Kristo) (Hamburg, 1959), p. 69

bulamu ne yesu mu mutima gwo nga oyita mu mwoyo omutukuvu. (Yesu mu Yokaana 15:11: “ era essanyu lyammwe lituukirire.”) nga oyita mu nkyukakyuka eno oja mutendera ku mutendera kufuna obulamu mu bungi (Yesu mu Yokaana10:10 – ebisingawo ku kino oluvannyuma) era ojja kuba n’esuubi eririko obukakafu ery’obulamu obutaggwawo.

**Essaala: kutaffe ali muggulu, nyamba onsobozese okubeera omwetefutefu okwebuuza ebibuuzo bino. Bwemba mukkiriza wa mubiri, nyamba nkitegeererewo. Nzikirizisa okukkiriza buli kimu ky’oyagala. Nkusaba onkulembere mu bulamu obw’ekikulisitaayo – eri obulamu obusuubize mu bungi era eri obulamu obutaggwaawo. Nkwegayirira oze buggya omutima gwange. Webale olw’okwanukula essaala yange. Amiina.**

Katusome kiki omutume Pawulo kye yayogera ku ba memba b’ekkanisa abakkiriza ab’omubiri mu 1Bakkolinso 3:1-4(NKJV): “nange, ab’oluganda, saayinza kwogera nammwe ng’ab’omwoyo, naye ng’abomubiri, ngabaana abawere mu kristo. Nnabanywesa mata, so si mmere; kubanga mwali temunnagiyinza : naye era ne kaakano temunagiyinza ; kubanga mukyali ba mubiri: kubanga mu mmwe nga bwe mukyalimu obuggya n’okuyomba, temuli ba mubiri, era temutambula nga abantu obuntu?”

Osobola okukiraba obulungi nti ekiviirako okugwa mu kika kino y’enkolagana ey’obuntu ebeerawo ne mwoyo omutukuvu? Mu nnyiriri zino entono omutume Pawulo akyogera emirundi ena nti bantu bamubiri. Okubeera ow’omubiri kitegeeza ki? Kitegeeza: omuntu ono abeerawo ku maanyi ga mubiri , ago g’emaanyi aga bulijjo era obusobozi omuntu bwaba nabwo. Mu kwongerako, kitegeeza nti tajjuziddwa na mwoyo mutukuvu oba mungeri emala mu bujjuvu tafuna Mwoyo omutukuvu.

Abantu abamu balowooza nti ekika kino kye ky’abantu , ababeera mu kibi eky’enkukunala. Naye ako kamu ku buwayi obungi obuli mu kika kino. Njagala okukkaatiriza nate nti waliwo enjawulo nnyingi munda mu bika bino.

Pawulo abantu abomubiri yabayita “ab’oluganda abagalwa”. Kino kiraga bulazi nti yali akolagana na ba **memba ba Kkanisa**. Pawulo yali tayinza kwogera nabo nga “ abantu ab’omwoyo”. Kino kiraga nti tebannakula mu kukkiriza nga bwebalina okuba. Omuntu asobola okubeera n’obumanyi obw’amaanyi ku byawandiikibwa mu bayibuli naye nga nannakula mu by’omwoyo. Okukula mu mwoyo kiva ku kwemalira ku yesu n’obulamu lubeerera mu Mwoyo mutukuvu.

Abakkiriza bangi bawulira obutali bumativu, abayiliddwa, abatalina kigendererwaoba abali mu kulwana mu bulamu bwabwe obw’omwoyo.

Abakkiriza ab’omubiri abalala bamanyidde embeera eno oba bamativu n’embeera eno. Basobola okugamba: Anti tuli boononyi! Tetulina kya kukikolera!

Nate abakkiriza ab’omubiri bayinza okubeera abamalirivu ku mulamwa. Nga basanyufu nti bamanyi amazima ga bayibuli. Ba memba b’ekkanisa ab’omubiri basobola okubeera abasaale era nga balina n’ebifo eby’obukulembeze mu makanisa gaabwe mu bitundu byabwe ba ne mu bukulembeze mu kanisa. Basobola n’okukolera Katonda ebintu bingi.

**Matayo 7:22-23(NKJV):** “Bangi abaliŋŋamba ku lunaku luli nti mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu lunnya lyo, tetwakolanga bya mmagero bingi mu linnya lyo? Nendyoka mbaatulira nti sibamanyangako mmwe: muve wendi mmwena abakola eby’obujeemu.!”

Obuzibu bwali wa? Yesu yagamaba nti yali tabamanyi. Tebalina nkolagana ya ddala ne kristo, wabula eyamajweteke. Tewaliwo kumalirira kwa ddala oba bwekuba kwaliwo tekwakuumibwa. Yesu teyabeera mu mitima gyabwe nga ayita mu mwoyo omutuvu. Nabwekityo tebaalina nkolagana nga abantu ne kristo. “ n’olwekyo wayinza okubeerawo akakwate ne kristo…”[13]kristo ddi bwatabeera mu ffe? Nsoma ebigambo ebikangufu ku kino. Naye nga sinabyatula, njagala okunokolayo ensonga eno nti tusobola okwesumulula okuva ku kugoberera ebintu Mwoyo mutukuvu bw’abeera mu bulamu bwaffe.

“Mwoyo ogukontana ne ne mwoyo wa kristo guyinza okumulemesa, nebw’aba n’obukugu obwekika kyonna. Abantu basobola okugaana kulusitu nga bayita mu kwogera ebyitali bya butuukirivu, nga boogera eby’ekisiru, nga bakozesa ebigambo eby’obulimba oba ebyettima. Basobola okumugaana nga beewala ebizitoowereza obulamu, nga banoonya essanyu ery’ekibi. Basobola okumugaana nga

13 E.G. White, Okwagala okw’edda [The Desire of Ages], (1898), p. , S. 676

”

*Kyenvudde mbegayirira, ab’oluganda, olw’okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, saddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa katonda, kwe kuwereza kwammwe okw’amagezi*

“

batuukagana n’ensi, nga bayita mu neeyisa mu butali bugenderevu, nga baagala ebirowoozo byabwe, nga bekangabiriza, nga banyumirwa okubuusabuusa, okweretera emitawaana, n’okubeera mu nzikiza. **Mu ngeri zino zonna bakirangirira nti kristo tabaliimu.”**[14].

Kino mangu kisobola okukyuka kulw’ekisa kya Katonda. Tujja kukiddira mu muko ogwo’kusatu n’ogwokuna.

**Lwaki okuwaayo obulamu bwaffe n’okwemalira ku Katonda kyamugaso?**

Katonda agamba: “kyenvudde mbegayirira, ab’oluganda, olw’okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, saddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa katonda, kwe kuwereza kwammwe okw’amagezi.” Abaruumi 12:1 NKJV

“Katonda ayagala okutuwonya, okutusumulula [okuva mu bwannakyemalira bw’okwewanika n’amalala wamu n’omutango gw’ekibi]. Naye olw’okuba kino kyetaagisa okukyuusamu, okuzza obuggya embeera zaffe, tulina okwewaayo mu bulambalamba eri ye.”[15] ekitiibwa kyetwetwaliramu kiba kiyisiddwa bubi, obuggya, akasunguyira, obukyayi n’ebirala. Katonda ayagala okutusumulula okuva mu mbeera ezo.

“Atuyita [Katonda] tumwewe, akole okwagala kwe mu ffe. Kiri jetuli okusalawo oba tusumululwa ku mutango ogw’ekibi, tugabane emirembe egy’ettendo egy’abaana ba Katonda.”[16]

Katonda ayanukula okumalirira kwaffe okutandikirwako n’okuzalibwa omulundi ogw’okubiri (Yokaana3:1-21) ekyo bwekiggwa , ekiddirira kusigala nga weewaddeyo(Yokaana 15:17). Tujja kuyogerako okusingawo mu muko ogw’okusatu.

14 E.G.White, Okwagala okw’edda [The Desire of Ages], (1898) p.357.2 - Das Leben Jesu, 349 [357]
15 E.G. White, Emitendera egikutuusa ku Kristo [Steps to Christ] (1892), p. 43.2
16 E.G. White, Emitendera egikutuusa ku Kristo [Steps to Christ] (1892) p. 43.4

Morris Venden ayogera ebigambo bino ku kuwaaayo obulamu bwaffe ewa Katonda:

"okwewaayo okwekitundu tekiriiyo. Tekisoboka kwewaayo kwa kitundu nga bwekitasoboka kubeera lubuto lwakitundu . oteekwa ku bibiri okuba oba obutaba. Tewali kifo kya mu makkati."[17]

Ellen White yayogera bwati ku kwewaayo okwa buli lunaku:

"abo bokka abanafuuka abakozi ne kristo, abo bokka abanaagamba, kyonna kyendi na byonna byenina bibyo, beebanakkirizibwa nga batabani ne bawala ba Katonda." [18]

N'olwekyo omuntu asobola okubeera mu kanisa naye nga yabula. Nga Kyamutawaana ( olugero ku mbeerera 10 n'obubaka eri ekkanisa e Lawo nabyo biraga kino.)

## LWAKI OBUKKIRIZA OBW'OMUBIRI BUZIBU OKWAWULA?

Olw'okuba obulamu bw'omuntu buba bujjudde "ediini", emirundi egisinga takiraba nti alina ekintu ekikulu ky'abulako: enkolagana ne Katonda eyannamaddala etaasa . Yesu bwatakkirizibwa kufuga obulamu bwaffe bwonna, awo aba ayimiridde mu maaso g'olujji akonkona ( (Okubikkulirwa 3:20). Era agamba: kino bwekitakyuuka, ŋenda kukuwandula wabweeru.

Era waliwo ekintu ekirala ekikolako ekitundu ku nsoga eyo. Nga tuyita mu musinji gw'enzikiriza omunywevu ogwesigamye ku bayibuli, tubeera banywevu mu byetukkiriza. ( mu kiseera kyekimu tusigala twetaaga okusigala nga twaniriza obumanyi obusingawo.) Tulina obukakafu nti tukkiriza amazima; kitusanyusa. Tulina amagezi amalungi mangi. Twogera ebigambo ebituufu. Ekyo kyekikifuula ekizibu okwawula obuzibu bw'obukkiriza obw'omubiri. Kirina kyekikola bwemba nali mbaddeko ne mwoyo mutukuvu mu bulamu bwange? Bwekiba tekirina, awo nsobola n'okulaba enjawulo?

Omusumba omu yawandiika: "nfunye essimu okuva ewa mwannyina ffe, eyetabye mu kiseera eky'ennaku 40 eky'okusaba.( ebikwata ku budde obwokusaba okw'ennaku ana kuli mu suula 5) yagamba nti kyakyuusa obulamu bwe. Yewunyanga Obulamu bwe bwonna kiki ekyali kibula mu bulamu bwe obwomwoyo era kati yakimanya – Mwoyo omutukuvu. Singa wewulirira ku bujulizi bwe. Yagamba nti omulundi ogusookedde ddala mu bulamu bwe yalaba nga alina enkolagana ne Katonda… Abalala nabo balabye enkyukakyuka mu bulamu bwe."[19]

Tukilaba nti omuntu asobola okutegeera nti waliwo ekibulawo, naye nga tamanyi kiki. Bangi balina obwetaavu bw'ebisingawo era nga tebamanyi kye kki oba okifuna otya.

---

17 Morris Venden, 95 Theses on Righteousness by Faith (Pacific Press, 1987), p. 63
18 E.G. White, Desire of Ages, p. 523
19 Email an H. Haubeil – received on February 15, 2012

Nsimye nti 1 Bakkolinso 3:1-4 bakozesa ekigambo “okyaali” . “ kubanga mukyali ba mubiri”. Kino kitulaga nti kisoboka omuntu ow’omubiri okufuuka ow’omwoyo. Tewali alina kusigala nga wa mubiri. Olw’okuba ali mu kanisa, alina omukisa omulungi okukizuula era n’akikyuusa. Oluvannyuma tujja kwogera ku ngeri ey’okufuuka ow’omwoyo.

Ekintu ekirala eky’okutunulira bwe buggya n’obusambattuko oba nga NIV bw’egamba: “waliwo obuggya n’okuyombagana mu mmwe” .  eneeyisa eno ekakasa Pawulo nti ba memba b’ekkanisa ab’omubiri tebalina mwoyo wa katonda  mu bulamu bwabwe,  wabula bakolera mu maanyi ga mubiri – nga abantu abalala. Bakola nga abantu babulijjo; yadde nga bambaziddwa eddiini. Kino kitegeeza nti obunkenke mu kanisa  okusinga busibuka ku ba memba b’ekkanisa bano ab’omubiri?(laba Yuda olunyiriri 19).Mu biseera bya Yesu abafalisaayo n’abasaddusee baali tebeewalana? Kinno kitegeeza nti okuva ebiseera ebyo waaliwo obunkenke wakati wa b’endowooza abataagala nkukakyuka n’abendowooza etambula ne nkyukakyuka . Ekibinja ekimu kyali kikalubo ku kye kiremeddeko n’ekirala nga kigoonvu ku bintu. Naye buli omu yali akkiriza nti eneeyisa n’enzivunula ye eya bayibuli yeyali entuufu. Naye yesu yatulaga nti ebibinja byombi byali bya mubiri,   ekitegeeza nti baali tebajuziddwa mwoyo mutukuvu. Ekintu ky’ekimu kisoboka leero.  Abakkiriza ab’endowooza etayaniriza bipya  basobola era okubeera abakkiriza ab’omubiri.

Eky’omukisa omubi, abantu ennaku zino balabira mu birawuli bya “ abaagala bisigale nga bwebiri oba eb’endowooza eyaniriza ebipya”. Eky’enkizo, omulabi asigala ali bulungi. Naye ate  nga bwetutegedde ekika ky’abakkiriza ab’omubiri  bayibuli by’eyogerako  tusomosozebwa okwekeneenya obulamu bwaffe obw’omwoyo. Tulina okukikola kulw’obulungi bwaffe.  Wetegereze kiki Katonda kyatugamba mu  Baggalatiya 6:7-8 NKJV:

“…kubanga omuntu kyonna kyasiga era ky’alikungula.Kubanga asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri gwe okuvunda ; naye asigira omwoyo, alikungula mu  Mwoyo obulamu obutaggwawo.”

Omuntu w’omubiri ayagala okugoberera  Yesu era n’okumusanyusa, naye nga tanawaayo bulamu bwe bwonna  eri yesu, awo aba azze emabega . (Abaggalatiya.3:3; Okubikkulirwa 2:4-5). Ekyo kitegeeza nti  ayinza okuba mu mubutamanya nga ayagala obulamu okubutambuliza ku kwagala kwa Katonda ne ku byayagala **mu kiseera kyekimu**. Naye ekyo tekikola. Mubuli ngeri aba obulamu bwe abutwalira mu ngalo ze. Nga bwebalugera, mulimu emyoyo ebiri egiri mu kifuba kye. Katonda asobola okusindika Mwoyo omutukuvu mu mbeera eyo? Yakobo 4:3 NKJV  ayanukula bw’ati: “Musaba  ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi.” Ntuuse ku nzikiriza nti ekyo kitegeeza  kusaba nga tulina endowooza ey’omubiri. Singa essaala eyo ewulirwa teyongera mu kwemanya kwaffe?   Ebiddirira, memba w’ekkanisa ono abeera mu bulamu nga ali ku maanyi n’obusobozi bwe nga omuntu. Mu Kubikkulirwa 3:16 kino kiyitibwa >> ekibuguumirize<< ne mu Matayo 25 “obusiru”.

**LWAKI YESU AYITA EKKANISA EY'OMUBIRI EY'EKIBUGUUMIRIZE?**

Lwaki abakkiriza bangi tebafunangako bulamu ne mwoyo omutukuvu? Bwetuba ba kwanukula kibuuzo kino, tulina kusooka netutunuulira ku bya Lawodikiya. Lwaki yesu yayita abakkiriza mu kanisa ye Lawodikiya yabayita ba kibuguumirize? Yatuwa akabonero akategereekeka "laba, nyimiridde ku lujji, nkonkona." (Okubikkulirwa 3:20) Yesu teyali mu makkati g'obulamu bwa bakkiriza, naye yali wabweru. Yali ayimiridde wabweru mu maaso g'olujji. Lwaki teyayingira? Kubanga yali tayitiddwa. Tatwekakaako kuba awa ekitiibwa okusalawo kwaffe awatali kutusindiikiriza.

Lwaki abakkiriza baleka yesu wabweru mumaaso g'olujji? Waliwo ensibuko n'ensonga ezenjawulo eziviirako kino. Abamu batambulira mu magezi n'okulowooza kwabwe mu bulamu bwabwe obw'omwoyo, nga nikodemu , era tebategeera obulamu obwabakkiriza kyebuli. (geraageranya ne Yokaana 3:1-10). Ku balala "omuwendo" ogw'obugoberezi guli waggulu nnyo, balina okwerekereza ebintu bingi ekiyittiridde, nga "omufuzi omuto omugagga". (geraageranya ne Matayo 3:1-10). Okugoberera Yesu kyetaagisa okwelumya n'okubeera omweteefuteefu okukyuusa obulamu (geraageranya ne Matayo 16:24-25). Era ne weweerayo ddala eri Katonda ( Abaruumi12:1). Okuleka Yesu wabweru kisoboka okuva mu bulagajjavu – obutateeka budde bumala ng'omuntu mu kutambula ne yesu mu butuukirivu.

Eky'okulabirako, omusajja asobola okuteeka amaanyi manji ku mulimu gwe ate nalagajjarira mukazi we mu kadde ako. Yemalidde ku mulimu gwe, naye wa kibuguumirize mu nkolagana ey'obufumbo. Omuntu asobola n'okubeera memba w'ekkanisa omukukuutivu, omukulembeze w'ekkanisa ey'ekeneenya oba omusumba oba pulesidenti era n'abeera wa kibuguumirize mu nkolagana ye ne kristo. **Ekibuguumirize kino Yesu kyayagala kigyibwewo**. Kya naku nti omuntu asobola okwemalira ku mirimu gya Katonda ( mu miririmu gy'ekkanisa oba mu buminsani) ate nalagajjarira Katonda ow'emirimu egyo.

**OLUGERO LW'ABAWALA EKKUMI EMBEERERA**.

Olugero lwa Yesu olw'abawala ekkumi embeerera lutulaga kki ku ba memba ab'omwoyo n'abomubiri?

- Bonna ekkumi baali mbeerera
- Bonna baalina okukkiriza kwa bayibuli okutuufu
- Bonna baalina etabaaza
- Bonna baalina bayibuli
- Bonna baagenda okusisinkana omugole omusajja
- Bonna baalindirira okujja okw'okubiri
- Bonna baagenda okwebaka
- Bonna baawulila okuyita era nebazuukuka
- Bonna baateekateeka etabaaza zabwe
- Etabaaza zonna zaali zaaka
- Ekitundu ku bbo bebaalaba nga etabaaza zabwe zigenda kuzikira

Bonna baateekateeka etabaaza zabwe era **etabaaza zonna zaali zaaka; naye etabaaaza okwaka yetaaga amafuta. Amaanyi gaakozesebwa.** Nga wayise akaseera katono, bataano ku bbo baalaba nga **etabaaza zaabwe zigenda kuzikira**. Etabaaza z'abawala embeerera abasiru ezaayakira akaseera akatono nezizikira kitulaga nti balinako omwoyo omutukuvu. naye nga ssi mu bungi obumala. Amafuta gaali matono nnyo. **Eyo yeyali enjawulo yokka.**

Abataano bwebajja nga basaba bakkirizibwe okuyingira munda, Yesu yaddamu: **" sibamanyi".** Balwaawo nnyo okukola ku mafuta , omwoyo mutukuvu. Olujji lwasigala luggale.

Ebigambo bya yesu bitulaga nti enkolagana yaffe naye ey'obuntu erina akakwaate ne Mwoyo omutukuvu. Oyo yenna atakkiriza kukulemberwa Mwoyo omutukuvu talimanyibwa yesu. Mu baruumi 8:8-9 kigamba: "n'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa katonda….naye omuntu bw'ataba na Mwoyo gwa kristo, oyo si wuwe."

Ekyamazima tubeera n'enkolagana ne Yesu okuyita mu mwoyo mutukuvu yekka. 1 Yokaana 3:24 kigamba "era **kino kwetutegeerera** ng'abeera (Yesu) mu ffe, **olwo'Omwoyo gwe yatuwa.** Kino kitegeeza nti obukakafu bwenina nti nzijudde Mwoyo omutukuvu era bwe bukakafu nti ndi mu Yesu era naye mu nze.

Kino kyennyini mwanyinaffe eyenyigira mu kadde k'okusaba ak'ennaku anna kyeyayitamu. Nga yeyambisa okuberawo kwa Mwoyo omutukuvu mu bulamu bwe yafuna enkolagana ne Katonda mu ngeri eyenjawulo ddala era n'abalala nebalaba enkyukakyuka mu bulamu bwe.

Mwannyina ffe okuva mu maserengeta ga German yawandiika bino oluvannyuma lw'okusoma akatabo : "akatabo 'ennaku 40'- okusaba n'okusinza mu kwetegekera okujja okw'okubiri' ekya Dennis Smith n'akatabo kano bifuuse omukisa ogw'ensusso gwenali nali nalindirira edda mu bulamu bwange. Nga era ba memba b'ekkanisa abalala bangi ne mwannyina ffe okuva mu kkanisa bwebaalaba, waaliwo ekibulako mu bulamu bwaffe obw'okukkiriza era kati tulina omukisa okuwulira engeri Yesu gyeyayingiramu obulamu bwaffe n'okutandika okutukyuusa. Akyatukolako era mutendera ku mutendera atusembeza kumpi naye."[20]

Ow'oluganda yawandiika bino: Akatabo Emitendera mu kwezza obuggya kankwatako nnyo. Essuula ku mbeerera ekkumi era naddala mu Baruumi 8:9b: 'Naye omuntu bwataba na mwoyo gwa Kristo, oyo si wuwe' kyantyemula nnyo. Amangu ago, nali seekakasa oba nalina Mwoyo omutukuvu era oba yali akola mu nze, kubanga mu bulumi mbuliddwa ebibala ebimutambulirako mu bulamu bwange. Mu tuntu lya sabiiti eno namaliriza okusoma akatabo era nembutikirwa obunyikaavu. Awo ne nsoma essaala ku lupapula olwa 108 era nenfuna obwetaavu obw'amaanyi okufuna Mwoyo omutukuvu, omutima gwange gusobole okukyusibwa era nti Katonda Kitaffe ankyuuse okusinziira ku kwagala kwe….Webale olw'akatabo n'ebigambo ebya nkwatako." A.P

Akabaate akakyasinze eri omukkiriza ow'omubiri kwekubeera nti tajja kufuna obulamu obutaggwaawo singa embeera ye tekyuka. Abaruumi 8.9 b: " Naye omuntu bw'ataba a Mwoyo gwa kristo , oyo si wuwe."

Kati mu kuwumbawumba: enjawulo ennene mu makkati ga memba w'ekkanisa ow'omwoyo n'ow'omubiri eri ku Mwoyo omutukuvu. Ow'omubiri tali era tajjude kimala n'Omwoyo omutukuvu.

Senga okizuula nti oli mukkiriza wa mubiri, tonyiiga. Katonda akuwa ekikuyamba: Mwoyo Omutukuvu.

Mu mpya ezimu Mwoyo omutukuvu afalasirwa; ate ku ludda olulala, mu mpya ezimu alagajjarirwa. Mukama atukulembere ku kubbo eritutuusa mu masekkati ga bayibuli.

---

20 Email okuva mu March 31, 2013

## OKUGERAGERANYA: EKKANISA EYASOOKA N'EKKANISA MU BISEERA EBY'ENKOMERERO

Bwe tugerageranya ekkanisa eyasooka n'eyaleero, tulaba nga ekkanisa eyasooka okusinga yalimu bantu ba Mwoyo. Ekitabo ky'Ebikolwa by'abatume kitulaga nti eno yensonga lwaki beeyongera era nebakula mu bwangu. Tebaalina buyambi bulala. Naye baalina mwoyo mutukuvu. Tulina obuyambi obulungi mu bungi. Naye tulina obubulwa bwa Mwoyo omutukuvu.

Jjukira W. Tozer yagamba: " singa Mwoyo omutukuvu agyibwa mu kanisa olwaleelo, ebitundu kyenda mu bitaano ku kikumi 95% ku bye tukola bisobola okugenda mu maaso era tewali asobola kulaba njawulo. Singa omwoyo mutukuvu yali agyiddwa mu kanisa eyasooka, awo ebitundu kyenda mu bitaano 95% ( kino kitegeeza kumpi buli kimu ) ku byebaali bakola bya ndiyimiridde era buli omu yandirabye enjawulo." [21]

**Tuyize okubeerawo nga tetulina mwoyo mutukuvu ?Ekkanisa okusinga erimu bakkiriza bamubiri?**

Nga ebiddirira, emirundi mingi tetulina maanyi era emirundi egisinga tetulina buwanguzi?

Endowooza ey'omubiri erina omukono ku kiriwo nti tulina amakkanisa amanafu agameruse mu bitundu ebingi? Ebizibu eby'amaanyi ebingi mu bitundu ebiwerako biva ku ndowooza ey'omubiri eno? Tujja kulaba neera nti nga abantu ekizibu kyaffe ekyannamaddala bwe butaba na Mwoyo omutukuvu. Mu bitundu eby'obuntu tusobola mu bwangu okukyuusa kino nga tuyambibwako Katonda.

Ebigambo bino ebyayogerwa abawereza bikwata ku buli omu.

Johannes Mager agamba: "Pawulo ayawula mu makkati g'abakkiriza ab'omwoyo n'ab'omubiri, mu makkati g'abo abajuziddwa Mwoyo omutukuvu n'abo abatalina kasenge mu bbo aka Mwoyo omutukuvu mu bulamu bwabwe: baabatizibwa mu mwoyo mutukuvu, naye tebajudde mwoyo mutukuvu.

Eri omuwereza kino kitegeeza: nsobola okubeera n'obutendeke mu by'ediini, nga ndi mumanyi mu nnimi za bayibuli ez'enkizo era n'obukugu nga nginyonnyola; nsobola okuba nga nafuna amazima aga bayibuli mu ngeri yobuyigirize era nga mbitegeera era nga n'ekkansa n'okunyonnyola okw'ebyaasa ebyenjawulo ; nga nsobola okukenkuka mu bitukwatako era nembuulira ebisaanidde ebikola mu bulamu bwaffe obwabulijjo – era newaankubadde nga nina amagezi n'ebitone bino ne sijjuzibwa Mwoyo omutukuvu. Ebitabo, obuyigirize

21 Dr. S. Joseph Kidder, Anleitung zum geistlichen Leben (Andrews University), PPP Folie 2

Ebikozesebwa ebyekikugu, n’obukalaba kalaba tebisobola kujjuza kifo ky’obulamu obw’omwoyo.

Okubuulira, okusaba ku ngulu, okuteekateeka obulamu bw’ekkanisa, okuteekateeka pulogulaamu y’enjiri, okuwa okuluŋŋamya kw’obusumba – bino byona bisobola okuyigibwa era n’okuteekebwa mu nkola awatali mwoyo omutukuvu. Ellen G. White annyonyola ekisoboka eky’akabenje bw’ati: “Ensonga lwaki waliwo Mwoyo omutukuvu ow’ekekkwa alabwako, eri nti abaweereza baayiga okukola nga tebamulina.”. ( E.G White, obujulizi eri ekkanisa, Volume 1, (1868), p. 383.1)

Johannes Mager yali musumba, mubuurizi era pulofeesa ow’ebyawandiikibwa ebyenkola okumala emyaka mingi. Yasembayo kukola nga kalaani mu teeko ly’obuwereza elya Euro-African Division ( kati: Inter-European Division) mu Bern, Switzerland. Kati yawummula era abeera Friedensau, mu Germany.[22]

Okufunza: okubeera ow’omubiri kitegeeza okubeera mu bulamu nga omuntu owabulijjo nobusobozi awatali mwoyo omutukuvu oba nga tomulina mu bungi bumala.

**EKIJIINJI EKISINGA MU BUKULISITAAYO OBW’OMUBIRI**

Empisa eyabayibuli esinga – kwagala mulabe wo, kusonyiwa bantu ku lwa buri kimu, okuvvuunuka ekibi, n’ebirala.- bisoboka okutuukibwako na Mwoyo omutukuvu yekka, si ku busobozi obw’obuntu. Kino kitulaga nti ekizibu ekinene mu bukkiriza obw’omubiri kiri nti bwesigamye ku maanyi ga buntu. Tetusobola kukola kwagala kwa Katonda  fekka mu maanyi gaffe. Katusome enyiriri za bayibuli entonotono  ku mulamwa guno:

Isaaya 64:6 NKJV: “ era obutuukirivu bwaffe bulinga ebiziina ebiwunya”.

Yeremiya13:23 NKJV: “ omuwesiyopiya  ayinza okuwaanyisa omubirigwe,oba engo amabala gaayo? Kale na mmwe musobola okukola obulungi abaamanyiira okukola obubi.”.

Ezeekyeri 36:26-27 NKJV: “ era ndibawa n’omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya  munda mu mmwe……..era nditeeka omwoyo gwange omuggya munda mu mmwe ne mbatambuliza mu mateeka gange era mulikwata emisango gyange ne mugikola .”

22 Johannes Mager, Auf den Spuren des Heiligen Geistes (okugoberera emitendera gy’OMwoyo omutukuvu), (Lüneberg, 1999), pages 102-103.

**Abaruumi 8:7NKJV:** “kubanga okulowooza kw’omubiri bwe bulabe eri Katonda, kubanga tekufugibwa mateeka ga Katonda., **kubanga n’okuyinzsa tegakuyinza**.” NIV” “endowooza efugibwa omubiri tekwatagana na katonda; tegondera mateeka ge, **kubanga tesobola na kukikola**.”

Ellen white yayogera bulungi ate mu butuufu:

“oyo yenna agezaako okutuuka mu ggulu nga akozesa ebikolwa bye mu kukuuma amateeka , agezaako kukola kitasoboka. Omuntu tasobola kutaasibwa awatali buwulize, **naye ebikolwa bye tebirina kubeera ku lulwe; kristo alina okukolera mu ye okumusobozesa era okukola by’ayagala,”** [23]

Ndowooza ebinokoddwayo bino biraga bulungi nti tetusobola kukola kwagala kwa Katonda nga tewali Mwoyo mutukuvu. Ekituukwatako ekikulu kiri nti tulina lubeerera okusalawo mu kwagala kwa Katonda era era Katonda atuwa obuvumu okusobola okukituukiriza. Entegeera eno ey’ekiragiro kino ku butuukirivu mu kukkiriza kya mugaso nnyo era kinunula. Naye tetusobola mu bugazi kukikubagannyako bilowoozo wano.

## KIKI EKIYINZA OKUBAAWO, OMUNTU BW’AGEZAAKO OKUKOLA EKINTU EKISUKKA KU BUSOBOZI BWABWE?

Ekitera okubaawo bwe nkizuula: nti sisobola kukikola! Kati nemereddwa nate! Ndowooza waliwo ekitundu mu bulamu bwaffe nga tuwulira tuyiiriddwa.

Ndowooza ekizibu kisinga kweyolekera mu mijiji emito okusinga mu bakadde. Abantu abakadde baba baamanyira obuvunaanyizibwa obw’amaanyi, obuwulize mu famile, mumasomero ne mu mirimu. Na bwekityo si bangu ba kunyiiga nga babayiye nga abatto/ abavubuka bwebali. Naye nga ekizibu mu ngeri y’emu weekiri mu bakadde n’abavubuka. Lwakuba nti abavubuka bakiraba nnyo. Okusenvula olugendo lw’obukkiriza nga bakozesa amaanyi gabwe y’ensobi ey’abuli mukkiriza ow’omubiri, oba agimanyi oba nedda.

Tugezaako tutya okugonjoola ekizibu kino? Omuntu omu asobola okusaba ennyo obuyambi bwa Katonda era n’asalawo okwongeramu amaanyi. Omulala ayinza okulowooza nti tetulina kubeera ba ndowooza ntono. Kati n’atandika ebintu okubikwata n’obwegendereza era nawulira nga alina ku ddembe. Era nomulala asalawo n’asuulira ddala enzikiriza ye era ayinza n’okuwulira obulungi ko. Ekizibu kyokka kiri nti ebyo ekikoleddwa okugonjoola embeera eno bya bulimba, kubanga ebiddirira ebivaamu bijja kujja amangu ddala oba oluvannyu mu buli ngeri. Ekkubo etuufu kwe kugoberera amateeka ga Katonda , kubanga gaweebwa mu kwagala era kulwobulungi bwaffe. Wabula, twetaaga

---

23 E.G. White, Review and Herald,July 1, 1890

amaanyi ga Katonda okukola kino. Ekkubo etuufu kwe kubeera mu maanyi ga mwoyo omutukuvu agajja ne ssanyu eryeyongera, obunywevu, obuvumu, okubala ebibala n'obuwanguzi.

## EKIZIBU KI KANAALUZAALA

Ndowooza tukizudde nti kino okusinga kirina akakwate ku bukulisitaayo obw'omubiri. Tekigenda nga kyelambika bulungi lwaki yesu tayagala bagoberezi bonna ab'ekibuguumirize? Tebalina bulamu mu bungi nga Katonda bw'ayagala okutuwa era bakola eky'okulabirako ekibi newankubadde bangi ku bbo nokukimanya tebakimanyi. Ekizibu kya maanyi n'okusinga bwetulowooza. "Abakkiriza ab'ekitundu babi okusinga abatalina kukkiriza; kuba ebigambo byabwe n'obutewaayo bwabuza bangi."[24]

Mu katabo kristo obutuukirivu bwaffe akawandiikibwa ArthurG.Daniells tusoma bino wammanga "Okuwa ekifaananyi kuba kulimba kwennyi era kisanyaawo. Lwe lwazi, lwotateebereza, olwekwese, okuyita mu byaasa olusenkenyezza ne luyenjebula ekkanisa elabwako obulungi. Pawulo atulabula ku 'neeyisa eyobwakatonda eno', awatali maanyi ga Katonda ejja kuleeta okusaanawo mu naku ez'enkomerero, era atukubiriza tukyuke okuva mukintu eky'obulimba, eky'obulogo."[25]

## Ebisoboka okuviirako obukkiriza obw'omubiri.

Ebintu bino wammanga oba ensonga, by'ebintu ebisobola okuleetawo obukkiriza obw'omubiri:

1. **Obutamanya** – Tetwemalide kimala ku mulamwa gwa >>Obulamu ne Mwoyo omutukuvu<< oba tetunazuula kasumuluzo ak'okiteeka mu nkola.
2. **Obuttakkiriza oba okubeera n'okukkriza okutono** – okujjuzibwa n'omwoyo mutukuvu kirina akakwakkulizo akokuweerayo ddala obulamu bwaffe eri Yesu Kristo. Kino nakyo kisobola okubaawo kulwobutamanya, oba kiyinza okuba kubanga tutya nti mukama asobola okututwala mu ngeri ey'enjawulo gye tutayagala. Kino kitegeeza nti tetwesiga mukwano na magezi ga Katonda ekimala.

24 EGW Letter 44, 1903, kyagyibwa mu byayogerwa mu bayibuli y'abadiventi, Vol.7, p.963 ku okubikkulirwa . 3: 15-16

25 Arthur G. Daniells, Kristo obutuukirivu bwaffe [Christ our Righteousness], p. 30, - Christus unsere Gerechtigkeit (Hamburg 1962), S.20

3. **Ebirowoozo ebisobu** – omuntu asobola okulowooza nti mwoyo mutukuvu amujjudde, yaddenga nga mu butuufu si bwekiri oba nga ssi mu bungi obumala. Kino kye kitera okubeera ekizibu emirundi egisinga.

4. **Obutabeera na kadde** – abantu beetissse obuzito bungi nnyo ne balowooza nti tebalina budde bwonna oba tebumala okubeezaawo enkolagana ne Kristo. Oba batwaala obudde , naye nebatasobola kweyunga na maanyi ga Katonda.

5. **Ebibi ebikusike**, kirabika okubulawo okuddaabiriza - kino kiringa amasannyalaze agegasse, nga kitegeeza nti tewali buyungiro na Maanyi ga Katonda.

6. **Emirundi egisinga, okukola nga bwe twewulira.** Ekigambo kya Katonda kigamba: “abatuukirivu babeerawo ku kukkiriza”. Nkola okusalawo nga nesize Katonda oba okusinziira ku bwempulira? Ebigambo bino ebya Roger Morneau bya nkwatako: “ emyoyo gyasendasendanga abantu okuwuluriza ebyabwe mu kifo ky’ekigambo kya Kristo n’abalanzi be. Ye ngeri etabuusabuusibwa emyoyo gyegyafunamu obuyiza mu bulamu bwa bantu nga nabo bennyini tebategedde kiki ekigenda mu maaso.”[26]

**Lwaki nina okusaba Mwoyo omutukuvu, yadde nga maze okujjula Mwoyo omutukuvu?**

Ku ludda olumu, mwoyo omutukuvu yatuweebwa asobole okutusigalamu. Ku ludda olulala, tulina okweyongera okusaba mu kukkiriza okufuna mwoyo omutukuvu. Twaŋŋanga tutya okukontagana kuno?

Ku ludda olumu:

Yesu yagamba mu Yokaana 14:17 NKJV” “kubanga abeera[mwoyo omutukuvu] gye muli, era anaabanga mu mmwe.” Ebikolwa by’abatume 2:38 NKJV wagamba: “Menenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe ……munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo mutukuvu.”

Ku ludda olulala:

Yesu bweyayogera ku ssaala, yagamba mu Lukka 11:9-13 (NKJV): “..Musabe, muliweebwa;..talisinga nnyo kitammwe ali mu ggulu okuwa omwoyo omutukuvu abamusaba!” Abaefeso 5:18 wagamba: “..naye mujjulenga omwoyo.”

Mu byombi okuva mu buwandiike obwasooka mu luyonaani, okusaba okwo ssi kwa mulundi gumu naye kugenda mu maaso.

---

26 Roger Morneau, A Trip into the Supernatural, Review and Herald 1982, p. 43

Empeenda:

E.G White agamba: “ ate nga ebikolwa by’omwoyo tebyawukana na kigambo kiwandiike mu bayibuli. Nga mu butonde , bwekiri ne mu nsi ey’omwoyo. Obulamu obw’obutonde bukuumibwa kaseera ku kaseera amaanyi ag’obwakatonda; yadde nga tebubeezebwawo kyamagero butereevu, naye okuyita mu mikisa egiteekebwa wetusobola okutuuka. N’olwekyo obulamu obw’omwoyo buwanirirwa na kukozesa ebyo ebyatuweebwa obugabirizi. Singa omugoberezi wa kristo akula okutuuka “ okutuuka lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky’obukulu obw’okutuukirira kwa Kristo.”(Abaefeso4:13), ateekwa okulya ku mugaati gw’obulamu n’okunywa amazzi g’okununulwa. Alina okwetegereza nokusaba n’okukola, mu buli kintu nga muwulize eri ebiragiro bya Katonda mu kigambo kye.”[27]

Twafuna obulamu bwaffe mu kuzaalibwa. Okubeezaawo obulamu buno tulina okulya, okunywa, okukola, n’ebilala. Kyekimu kyennyini mu bulamu bwaffe obw’omwoyo. Tulina mwoyo omutukuvu okuyita mu kubatizibwa amazzi n’omwoyo (okuzaalibwa okw’okubiri) kisoboke okuba nti obulamu buno obw’omwoyo busigala naffe obulamu bwaffe bwonna. Okubeezaawo obulamu buno obw’omwoyo , kyetaagisa kukozesa enkola ez’omwoyo Katonda zeyateekawo: Mwoyo omutukuvu, ekigambo kye, essaala, obujulizi bwaffe n’ebirala.

Yesu yagamba mu Yokaana 15:4 “ beera mu nze nange mu ggwe.” E.G White agamba bw’ati ku kino “ okubeera mu Kristo kitegeeza buli kiseera okufuna mwoyo we, obulamu obw’okwewaayo mu bujjuvu okukozesebwa.”[28]

Eyo y’ensonga lwaki buli lunaku twetaaga okusaba Mwoyo omutukuvu mu kukkiriza ne twewaayo buli ku makya na buli kimu kyetulina era nabuli kimu kyetuli.

**NYIMIRIDDE WA?**

Kati ekintu ekikyasinga obukulu kwekumanya wa wengwa. Nyimiridde wa?

Maama wange omwagalwa bweyali nga alina emyaka 20, yayanukula ekibuuzo ky’omusajja nga agamba nti ye eby’okukkiriza tabiliiko. Awo naye namuddamu: era singa ofa mu kiro? Ekigambo kino kyamukuba wala. Naye ebyakivaamu byali birungi. Kyamuleetera okusalawo adde eri Yesu n’ekkanisa ye. Osanga ekibuuzo kino kinakuyamba naawe:

*Singi…oofa leero…! ( omutima okwesiba? Akabenje?)*

*Oli mwekakafu okufuna obulamu obutaggwawo ne Yesu Kristo?*

*Tosigala n’akakunkuna.*

---

27 E.G. White, Ebikolwa by’abatume [The Acts of the Apostles], (1911), p. 284.2

28 E.G. White, okwagala okw’edda [The Desire of Ages], (1898), p. 676.2

**Ekintu ekyennyamiza**

Ndi mwennyamivu nnyo bwentandise okutegeera obunene bw'ekizibu.Ndowoozezza n'okusaba nga neebuuza oba ennyiriri zino nzigatteko. Ntwala guno omukisa kubanga eno ensonga ekwata ku ssanyu mu bulamu kati n'obulamu obutaggwawo era naddala kiwata ku bufumbo ne famile wamu n'ekkanisa n'abagirimu. Simanyi kikwata ku ani. Naye nandiyagadde okuyamba abo bekikwattako, kuba nange nayambibwako. Kikulu buli wa mubiri okukizuula; awatali ekyo tasobola kukyuka nabuyambi bwa Katonda. Katonda mu kutwagala ayagala okutuwa emikisa egy'omuyiika nga ayita mu nkolagana yaffe eyannamaddala ne yesu kristo nga akozesa Mwoyo omutukuvu. Ekivaamu, okufiirwa okunene kusobola okwewalika n'emikisa egitapimika okufunika. Era ekintu ekyewunyisa kiri nti tusobola okukyusa embeera eno nga tuyambibwa Katonda.. (ebisingawo mu suula3 ne5)

Ekizibu ky'obukkiriza obwomubiri kinyonyolwa mu bayibuli mu ngeri ya njawulo. Ebibiina eby'abantu n'abantu mu bibiina basobola okussa essira ku bintu eby'awukanira ddala, naye ekizibu ki kanaaluzaala ky'ekimu. Enyinnyonyola ez'enjawulo ziri:

- " mu mubiri oba mu mukutu" – Abaruumi 8:1-17, 1Abakkolinso 3:1-4, Abaggalattiya 5:16-21 nebyawandiikibwa ebirala.
- "obusiru" - olugero lw'embeerera ekkumi Matayo 25:1-13
  " embeera y'ekkanisa ekyikirirwa embeerera ekkumi , era eyogerwako nga eya Lawodikiya." [29]
- "ekibuguumirize" – ebbaluwa eri Lawodikiya Okubikkulirwa 3:14-21.
  "waakiri obe ng'onyogoga oba obuguma"(okubikkulirwa 3:15) tekyewunyisa? Yesu ayagala okubera ng'onnyogoga okusinga ng'obuguma. Ensonga ku kino ye kki? Abakkiriza ab'ekitundu babi okusinga abatalina ddiini; kuba ebigambo byabwe eby'obulimba n'obuteemaliza bubuza bangi. Atakkiriza alaga kyali ekituufu. Ow'ekibuguumirize alimba enjuyi zombie. Ssi mulungi mu byensi ate era si mukkiriza mulungi. Sitaani amukozesa okukola abalala byebatayinza." [30]

- Te " yazaalibwa nate" (teyalokoka ) oba teyasigala mu bulokole – Yokaana 3:1-21
  " okuzalibwa obuggya mu biro bino mu nsi tekusangika. Eno y'ensonga lwaki waliwo kalumanywera mungi mu makkanisa. Bangi, bangi nnyo, abafunye erinnya lya kristo abatawongebwanga era abatali batukuvu. Baabatizibwa, naye baazikibwa balamu. Bennyini tebaafa, era n'olwekyo tebaazuukira okufuna obupya bw'obulamu mu Kristo."[31]

---

29 E.G. White, Review and Herald, Aug. 19, 1890

30 E.G. White, Letter 44, 1903, kyagyibwa mu byayogerwa mu bayibuli y'abadiventi , Vol.7, p. 963 ku kubikkulirwa . 3: 15.16

31 E.G. White, MS 148, 1897, kyagyibwa mu byayogerwa mu bayibuli y'abadiventi Vol.6, p. 1075 Bangi baziikibwa balamu

- **Ekifananyi eky'okutya Katonda** – " okubeera Ekifananyi eky'okutya Katonda naye n'ogaana amaanyi gaakyo." 2 Timoseewo 3:5 Arthur G. Dan agamba bw'ati:

"… naye endabika eno kye kintu ekirimba ennyo era ekisanyaawo. Lwe lwazi olwekusise olutasubirwa olutiisatiisiza ekkanisa emirundi mingi mu byasa okulubetentukirako. Pawulo yatulabula ku 'ndabika ey'obwakatonda (2 Timoseewo . 3:5) etalina maanyi ga Katonda [nga tejudde Mwoyo omutukuvu] esobola okubeera akamu ku bulabe obwennaku ezisembayo era n'atukuutira tuleme kutwalizibwa ebeetu lino, eneeyisa ey'okwerimba. "[32]

Era nno waliwo n'ebigambo ebityeemula mu biwaandiiko bya Ellen White:

- **Batono, batono nnyo**

  " mu kirooto kyange omukuumi yali ayimiridde ku lujji olw'ekizimbe eky'enkizo, era ng'abuuza buli ajja okuyingira, 'ofunye Mwoyo omutukuvu?' omusittale ogupima nga guli mu mukono gwe, era nga abatono,abatono ennyo bebakkirizibwa okuyingira mu kizimbe." [33]
- Tewali n'omu ku abiri ey'eteeseteese " Bino bigambo byabuyinza byenjogera ku kkanisa, nti tewali n'omu mu abiri nga amannya gaabwe gawandikiidwa mu bitabo by'ekkanisa abeteefuteefu okuggalawo ebyafaayo byabwe ku nsi, era nga mazima ddala tebalina Katonda era tebalina suubi mu nsi nga aboononyi ababulijjo."[34]
- Lwaki tuli bebafu nnyo? " lwaki abasirikale ba kristo babongoota era tebafaayo? Kubanga balina akakwate katono nnyo ne kristo; kubanga balakasidde tebalina mwoyo we." [35]
- Omutawaana omunene " nze wano sijja kubeera nnyo ku kya bumpi n'obuteesigwa bwa bulamu; naye waliwo omutawaana omukambwe – omutawaana ogutategeerekese kimala – mu kulwawo okwanukula eddoboozi eryegayirira erya Mwoyo wa Katonda,mu kulondawo okubeera mu kibi; kuba okukandaaliriza kuno bwekukyo bwekuba."[36] Kiki ekiri ku mutima gw'ekibi? " kubanga tebanzikiriza nze"(Yokaana 16:9) Akabonero akalaga nti ddala tukkiriza era twesiga Yesu kali nti twewaayo ffenna eri ye. Kikwatagana na kwewaayo mubulambalamba; okubeera abetegefu okumugoberera mu buli kintu.

---

32 A. G. Daniells, Kristo obutuukirivu bwaffe [Christ our Righteousness], p. 20
33 E.G. White, Obubaka obulondemu , Vol. 1 (1958), p. 109.2
34 E.G. White, emissa [Christian Service] (1925), p. 41.1
35 E.G. White, The Great Controversy (1911), p. 507.3
36 E.G. White, Obubaka obulondemu, Vol. 1 (1958), p. 109.2

Njagala okukiddamu: namira mwoyo okugattako omukko guno omukambwe ennyo, kubanga gulina akakwate ku saanya mu bulamu bwaffe nemu butaggwawo, era gulina obuyinza naddala mu bufumbo , famile n'amakanisa.

**Ebibuuzo n'ebibuuzo ebirala**

Ekibuuzo ekikulu kiri nti tujjude mwoyo mutukuvu oba nedda. Naye omuntu ajjula ddi mwoyo mutukuvu? Kiki ekyetaagisa okumufuna? Birungi ki ebiri mu bulamu ne mwoyo omutukuvu? Kiki ekibaawo, bwolowooza mu nsobi nti ojjude mwoyo mutukuvu?

**Siima obubonero**

Webaze Mukama nti twongedde okwemalira ku mulamwa gwokwezza obuggya. Ndowooza nti Katonda waffe asinga era ow'amaanyi alina ensonga enkulu okutuwa kati ebirowoozo nga ne mwoyo omutukuvu ebyokwezza obuggya. Zino zisobola okubeera nga ze nsonga?

- Ayagala kujjawo obubulwa bwaffe n'okutugya mu mbeera eringa eya Lawodikiya.
- Ayagala kututeekateekera okudda okw'amangu okwa Yesu n'akaseera ak'enjawulo nga tekinabaawo.
- Ayagala okuleetawo okuzibwa obuggya okuggalawo (okubikkulirwa 18:1-2) mu nsi eri abo ," abakuuma amateeka ga Katonda era abalina obujulizi bwa yesu Kristo" (okubikkulirwa 12:17 NKJV) era tufune " okukkiriza kwa Yesu". (okubikkulirwa 12:17 NKJV)

Era katwebaze Katonda nti buli omukkiriza ow'omubiri asobola mu bwangu okufuuza omukkiriza ow'omwoyo. Era nti buli omu abeera mu mwoyo mutukuvu asobola okukula okutuuka okujjula kristo. Guno kati gwe mulimu gwaffe oguddako. Kati kulwa ebyayitibwa ebimu ebiri ku nkomerero y'essuula eno.

**Ekitunyweza ekippya n'essanyu eryomunda**

" mwannyina ffe mu kanisa yampa akatabo 'emitendera mu kwezza obuggya' ebiri mu katabo ako bya mbutikira. Nali ndudde nga noonya ekintu ekifaanana ko bwe kiti era nali nkizudde. Awo nentandiika okutereeza obulamu bwange obw'omwoyo era oluvannyuma lwekyo nakizuula nti nina okubaako nkyenkola. Newaayo nzenna eri Yesu. Okuva olwo mukama yanzukusa mangu era n'ampa obudde okumwemaliza. Buli lunaku nasoma nga essuula mu katabo ak'ennaku anna. Nakyekkaanya nti enkolagana yange ne Yesu yali ekula. Omukwano gwannyikira era negweyongera okuba ogwa nnamaddala. Omwoyo omutukuvu yali ankolako. Bwenamala akatabo ak'ennaku anna, nasoma akatabo ak'okubiri era nga ka nnaku anna. Okuva olwo nsome buli kamu ku butabo buno emirundi ena. Sisobola kubaako kyenkola buli lunaku okujjako okutambulira wamu ne Katonda. Byenzijeemu

birungi , kubanga ekigenderwa n’essanyu lyange eppya  telisobola kwekweka.  Mu kiseera kino nina omukisa ogwokubeera mu nkolagana ne Katonda. Era nanoonya omwaganya okugabana byenayitamu n’abalala.  Enkolagana eyamaanyi ne yesu  egya omugaso mu bintu bingi era n’ebiteetagisa n’ebimulungula. Nsuubira era nsaba nti abantu bangi bafune kw’ebyo byenfunye omukisa okubeera nabyo.” H.S

ESSUULA 3

# EBIZIBU BYAFFE BISOBOKA OKUKOLWAKO- BITYA?

*Empenda za katonda ku bizibu byaffe ze ziriwa?*

*Tusobola tutya okukula okufuuka*

*abakkiriza abasanyufu era ab'amaanyi?*

**Awo Yesu nagamba:**

**"Mubeere mu nze mumukago, nange mumukago na mmwe." "Yokaana 15:4 NIRV)**

**Okubeera mu kristo kitegeeza buli kiseera okufuna myoyo we, obulamu obw'okwewaayo okukukozesa mu buweereza bwe." [37]**

Empenda enyo ey'ebitundu ebibiri ku kizibu kyaffe ki Kannaaluzaala ate mukaseera kekamu lye kubbo elikutuusa ku bulamu obw'obukkiriza obw'essanyu. Lwaki? Yesu yakoona ku bigambo bino: " ebyo mbibagambye , essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire." (Yokaana 15:11 NKJV) nga tuyise mu menda zinno ebbiri (okufuna mwoyo mutukuvu buli kadde n'okweweerayo ddala) Kristo abeera mu ffe era ly'ekkubo ery'essanyu erya nnammaddala. Abakkolosaayi. 1:27 ayogera ku bugagga obw'ekitiibwa: Kristo mu ggwe. Si kyamuzinzi

---

37 E.G. White, Okwagala okw'edda (1898), p. 676.2

nti yesu yagattako olugero luno olw'omuzabbibu mu kisuubizo ky'Omwoyo omutukuvu mu yokaana 14 n'emirimu gya Mwoyo omutukuvu mu yokaana 16?

**Ensonga enkulu eri nti ( ng'eteeka) tweweeyo buli lunaku eri Katonda na buli kimu kyetuli ne kyetulina era nti buli lunaku tusabe era tufune nga tuyita mu kukkiriza okukka kwa Mwoyo omutukuvu.**

**LWAKI KYETAAGISA BULI LUNAKU OKWEWAAYO ERI YESU?**

Yesu yagamba mu lukka 9:23: "omuntu bwayagala okungoberera, yeefiirize yekka, yeetikenga omusaalaba gwe **buli lunaku**, angoberere."

Yesu yagamba nti obugoberezi kintu kya buli lunaku. Okwefiiriza kitegeeza kiwa yesu obuyinza ku bulamu bwange. Okwettika omusaalaba tekitegeeza nti tujja kuba n'ebitukaluubiriza buli lunaku. Wano kitegeeza: okwefiiriza byetwemanyiiza ne twewaayo mu ssanyu era mu kwagala eri Yesu – nga Pawulo bweyeeyogerako: " nfa buli lunaku." Omuntu bwe yettikanga omusalaaba mu biseera bya Yesu, awo yabanga asaliddwa ogw'okufa era nga agenda mu kifo we banamuttira. N'olwekyo era kirina akakwate n'okukkiriza ebitukaluubiriza, ebijjawo olwokugoberera Yesu.

Tufuna obulamu bwaffe obw'okunsi bwe tuzaalibwa. okubeezaawo obulamu buno, amaanyi n'obutalwala bulijjo tulina okulya buli lunaku. Twafuna obulamu bwaffe obw'omwoyo bwetwalokoka netubatizibwa. Okukuuma obulamu bwaffe obw'omwoyo nga bunywevu nebutiinta nga bulamu era kyetaagisa okulabirira omuntu wo owomunda **buli lunaku**. Kino bwekitabaawo mu bulamu bwaffe obwokunsi ne mu bw'omwoyo, awo tujja kunafuwa, kulwala n'okufa. Tetusobola kulya mmere nga bukyali okweterekera mu mbuto tusobole okugikozesa mu biseera ebyomumaaso era mu ngeri y'emu tetusobola kutereka Mwoyo omutukuvu.

Mu kitabo kye Ebikolwa by'abatume mulimu amagezi ag'omuwendo ku kino: "nga mu bulamu obwobutonde, ne mu bw'omwoyo. Obulamu obw'obutonde bukuumibwa kadde ku kadde n'amaanyi g'obwakatonda; ate nga tebubeezebwawo kyamagero butereevu, naye mu kukozesa emikisa gyetusobola okufuna. Nabwekityo obulamu obw'omwoyo bubeezebwawo obugabirizi bweyatuwa." [38]

Ebigambo bino ebyayogerwa mu katabo obwagazi obw'edda kankolera "tuli ba kugoberera yesu bulijjo bulijjo. Katonda tateekawo buyambi bwa nkya."[39]

---

38 E.G. White, Ebikolwa by'abatume, (1911), p. 284.2

39 E.G. White, okwagala okw'edda , (1898), p. 313.4

Ellen White yagamba:

“ okugoberera yesu kyetaagisa okulokoka n’omutima gwonna mu ntandikwa, n’okudiŋŋana okulokoka kino **buli lunaku**.” [40] “ne bwetumalayo tutya emitendera gyonna mu kulokoka, tewali kye kituwa okujjako nga kizibwa buggya **buli lunaku**…” [41]

“ wewonge eri Katonda ku makya; kino kifuule omulimu gwo ogusookera ddala. Essaala k’ ebeere, “ Ntwala, ayi Mukama, nga bwendi nzenna mbe wuwo.Nteeka enteekateeka zange zonna ku bigere byo. Nkozesa olwaleero mu buweereza bwo. Beera mu nze, era leka emirimu gyange gyonna gisibuke mu gwe.”

Kino kintu kya buli lunaku. Buli kumakya wewonge eri Katonda ku lwolunaku olwo. Waayo emipango gyo gyonna eri ye, okukolebwa oba okulekebwa nga obugabirizi bwe bwebunaakulaga. Awo nno bulijjo bulijjo bw’onowaangayo obulamu bwo mu mikono gya Katonda, era n’obulamu bwo bujja kubumbibwa okugoberera obulamu Bwa Kristo.”[42]

Morris venden yagamba:

“bw’oba tonazuula bwetaavu bwa kulokoka buli lunaku, kisobola okubeera okubotola (obuwanguzi) okwamaaanyi mu bulamu bwo. Ebirowoozo okuva mu katabo entikko y’emikisa, peegi 101, bikola ekisuubizo kino: ‘bw’onoonya Mukama era n’olokoka buli lunaku…. Okutolotooma kwo kwonna kujja kuyimirizibwa, ebibukaalubiriza byonna bijja kugyibwawo, ebizibu byonna eby’etolooza obwongo ebikwaŋŋanze bijja kukolebwako.”[43]

Okubeera ne yesu mu kuzza obuggya okwewaayo kwaffe buli lunaku kikulu nga lwetwasooka okujja gy’ali.

Morris verden yeyongera n’agamba: “enkolagana ey’olubeerera nekatonda ereeta okwewaayo okw’olubeerera, kiseera ku kiseera twesigame ku ye.”[44]

Tusobola okwekakasa nti:bwe twewaayo mu bugenderevu eri Yesu buli ku makya, awo kuba kukola ky’ayagala okukola, kubanga yagamba: “mujje gyendi…” (Matayo 11:28 NKJV) ne: “… ajja gyendi sirimugobera bweru n’akatono.” (Yokaana 6:37 NKJV)

“Mukama mweteefuteefu okutukolera ebintu ebingi. Tetujja kufuna buwanguzi ku lwa bungi , naye okuyita mu kuwaayo omwoyo eri Yesu. Tujja kusenvula mu maanyi ge, nga twesize Katonda wa yisirayiri ow’amaanyi…”[45]

---

40 Editor Francis D. Nichol, ebyayogerwa mu bayibuli y’abadiventi Vol. 1 (Review and Herald, 1976), p. 1113
41 E.G. White, Review and Herald, Jan. 6, 1885
42 E.G. White, Emitendera egikutuusa ku Kristo[ Steps to Christ] (1892), p. 70.1
43 Morris Venden, 95 ebikwata ku butuukirivu mu kukkiriza [Theses on Righteousness by Faith] (Pacific Press, 1987), p. 96
44 Morris Venden, 95 ebikwata ku butuukirivu mu kukkiriza [Theses on Righteousness by Faith] (Pacific Press, 1987), p. 233
45 E.G. White,Abaana ba Katonda [ Sons and Daughters of God], p. 279

Obuyinza obuyirivu katonda bwasobola okututeekako bwetweweerayo ddala eri ye gannyonyolebwa John Wesley bw'ati: " Katonda asobola okukola eby'ensusso n'omuntu omu, amwemalidde kikumi ku kikumi (100%), okusinga byasobola okukola n'ejje eryabantu abamwemalidde ko ebitundu kyenda mu mwenda(99%)."[46]

Ellen white yawandiika:

" abo bokka abanafuuka abakozi ne Yesu, abo bokka abagamba, Mukama, kyonna kyendi na byonna byenina bibyo, bebajja okwanirizibwa nga abaana ba Katonda."[47] bonna abawonga omutima, omubiri , n'omwoyo eri Katonda bebajja lubeerera okuweebwa amaanyi agomubiri n'agomubwongo….. Mwoyo omutukuvu ateeka amaanyi ge agasinga okukola mu mutima ne mu mwoyo. Ekisa kya Katonda kigaziya n'ekikubisaamu obusobozi bwabwe, era buli butuukirivu obw'amaanyi ag'obwakatonda gayamba mu kutaasa emyoyo gyabwe…..era mu bunafu bwabwe nga abantu basobozesebwa okukola ebikolwa eby'amaanyi agakira."48

Okutuukira ddala ku mulamwa gwa buli lunaku "okuwonga" oba "ekwemalira" oba " okuwaayo obulamu bwo" oba "okulokoka".

Lwaki omuntu buli lunaku asaba okubatizibwa buppya ne Mwoyo omutukuvu?

Okusaba okujjuzibwa ne Mwoyo omutukuvu kwe kusaba yesu abeere mu nze. Kubanga abeera mu nze nga ayitira mu Mwoyo omutukuvu. Naye lwaki buli lunaku?

E.G White yagamba mu Bikolwa bya batume: " okubeera omukozi awongeddwa mulimu okusaasirwa okwewunyisa kubanga ne Kristo nga mulamu ku nsi yasabanga kitaawe **buli lunaku amuwe buppya ekisa kye yetaaganga**… eky'okulabirako kye kitukakasa nti okugumira byonna mu mazima nga owanjagira Katonda mu kukkiriza – okukkiririza

Okutuusa ku kwesigamira ddala ku Katonda, no'kwewonga wenna ku mirimu gye – kijja kuyinza okuleetera abantu obuyambi bwa mwoyo mutukuvu mu lutalo n'ekibi."[49]

Bwekiba nga kino kyetaago kya yesu ekya buli lunaku, omugaso gwakyo gyetuli tegusingirawo ddala.

46 Dr. S. Joseph Kidder, Anleitung zum geistlichen Leben (Andrews University), PPP slide 14
47 E.G. White, okwagala okw'edda (1898), p. 523.1
48 E.G. White, Okwagala okw'edda (1898), p. 827.3
49 E.G. White, Ebikolwa by'abatume , (1911), p. 56.1

Mu 2Bakkolinso 4:16 NKJV Waliwo ebigambo ebikulu

"*naye omuntu waffe ow'omunda azibwa* ***buggya bulijjo bulijjo***.*"*

Omuntu waffe ow'omunda yetaaga okulabirira buli lunaku, okwezza obuggya buli lunaku kubaawo mu ngeri ki? Okusinziira ku Abaefeso 3:16-17, 19 NKJV kubaawo kuyita mu Mwoyo omutukuvu: " abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwekiri, **okunywezebwa n'amaanyi mu mwoyo mu muntu ow'omunda**,Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala, … mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira okwa Katonda."

Nga ebivaamu:

- Nga etteeka kyetaagisa okusaba buli lunaku okuzza obuggya mwoyo omutukuvu.
- Nga ekiddirira, Kristo abeera mu ffe.
- Atuwa amaanyi okusinziira ku bugagga bw'ekitiibwa kye ku lw'omuntu waffe owomunda. Amaanyi ga Katonda Maanyi Gasinga ag'obutonde
- Awo nno omukwano gwa Katonda gutekebwa mu mitima gyaffe.
- Era ly'e kubbo erikutuusa ku bulamu " n'okujjula kwa katonda kwonna." (laba Yokaana 10:10; Abakkolosaayi2:10)

Ebiwandiiko ebikulu bisangibwa mu mu Abaefeso 5:18 NKJV: ".. okujjula omwoyo."

Wetegereze nti kino kisukka ku kuwa obuwi amagezi. Kiragiro kya bwakatonda. Katonda waffe atusuubira okwagala okubeera n'omwoyo omutukuvu. Abayonaani abakugu bagamba ebwawandiikibwa bino mu bumpi mpi bigamba - era nga nokolayo Johannes Mager: " leka lubeerera era awatali kulekera mujjule buggya ne mwoyo" 50

Ekirambika essomo lyaffe kigamba: "okubatizibwa ne Mwoyo omutukuvu kitegeeza okubeerera ddala wansi w'obuyinza bwa mwoyo omutukuvu - okujjuzibwa ye. Kino tekifunibwa mulundi gumu, naye ekintu ekirina okuddiŋŋanibwa, nga Pawulo bw'alaga mu Abaefeso 5:18 n'enkozesa y'ekigambo "okujjula."[51]

Omutume Pawulo yawandiika kino mu Abaefeso essuula 5, yaddenga yawandiika bino mu ssuula 1:13: "mu oyo, n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo omutukuvu eyasuubizibwa." Abaefeso okusinzira ku bujjulizi baali bamaze okufuna Mwoyo omutukuvu. Yaddenga guli gutyo, kyali kibeetagisa : "okunywezebwa n'amaanyi okuyita mu mwoyo we" era "okujjura omwoyo" era "butaweera awatali kulekera bajjuzibwenga mwoyo buggya". Mu ssuula 4:30 atulabula obutanyiiza oba okuvuma Mwoyo omutukuvu.

50 Editor Werner E. Lange, Unser größtes Bedürfnis (Lüneburg, 2011), p. 42
51 Endagiriro y'essomo ely'essomero lya ssabbiiti July 17, 2014

Ellen White yagamba:

“okufuna okubatizibwa okwa **buli lunaku** okwa mwoyo, buli mukozi alina okuwaayo okusaba kwe eri Katonda.”52

“okusobola okufuna obutuukirivu bwa Kristo,twetaaga buli lunaku okukyusibwa n’amaanyi ga Mwoyo omutukuvu, okwetwarira obutonde bw’obwakatonda. Mulimu gwa mwoyo mutukuvu okulinnyisa ebifunibwa, okuwonga omutima,okuwa ensa omuntu yenna.”[53]

Mukama yagamba mu kifo ekirala nga ayise mumwannyinaffe ono:”abo abatwaliddwa ebyawandiibwa nga edoboozi lya Katonda,era nga baagala okugoberera bye bisomesa, baakuyiga buli lunaku, **buli lunaku** bafune **obuswandi n’amaanyi g’omwoyo**, ebiwereddwa buli mukkiriza omutuufu mu Kirabo ky’omwoyo omutukuvu”[54]

Mu mugattako yagamba: “tuli ba kugoberera Kristo bulijjo bulijjo. Katonda tawa buyambi bwa nkya.”[55]

Era mu kifo ekirala: “obuyungiro n’omwoyo ogw’obwa Katonda buli kiseera kya nkizo mu kubaako wetutuuka. Tuyinza okuba nga twalinako ekipimo kyonna ekya Mwoyo wa Katonda, naye mu kusaba nokukkiriza tweyongera okusaba okweyongeza omwoyo.”[56]

Nasanze n’ebigambo bino ebyewunyisa : “**wetaaga okubatizibwa okwa buli lunaku okw’omukwano** ogwa gattanga Abatume ku mulamwa gumu mu biseera ebyo.”[57]

Abaruumi 5:5 tulagibwa nti omukwano gwa Katonda guyiibwa mu mitima gyaffe Mwoyo mutukuvu. Tusanga ekintu kyekimu mu Abaefeso 3:17. Okubatizibwa okwa buli lunaku okwa mwoyo mutukuvu ( okujjula mwoyo mutukuvu) mu kiseera kyekimu kuleeta okubatizibwa mu mukwano ( okujjura Omukwano ogutaliikokkomo ogwa Katonda). Mu kwongerako, kigamba mu Baggalatiya 5:16 nti ekiddirira, amaanyi g’ekibi gamenyebwa.

## OMUGASO GW’OKUSINZA NGA OMUNTU

Mugaso ki okusinza nga omuntu gwekirina, oba nga kya mugaso nnyo okwewaayo eri Yesu n’okusaba okujjura Mwoyo mutukuvu?

Okusinza buli lunaku n’okukuza ssabbiiti gyemisingi egy’obulamu obw’omwoyo.

---

52 E.G. White, Ebikolwa by’abatume [The Acts of the Apostles] (1911), p. 50.2
53 E.G. White, Obubaka obulondeddwamu 1, (1958), p. 374.1
54 E.G. White, Obubonero bw’ebiseera[ The Signs of the Times] March 8, 1910, par. 1
55 E.G. White, Okwagala okw’edda [The Desire of Ages] (1898), p. 313.4
56 E.G. White, The Review and Herald, March 2, 1897, par. 5
57 E.G. White, Obujulizi eri ekkanisa (1904), vol. 8, p. 191

“

*okufuna obutuukirivu bwa Kristo,*

*twetaaga okukyusibwa buli lunaku*

*n’amaanyi ga mwoyo mutukuvu,*

*okutwala obutonde obwobwa Katonda*.“ “

Tusomye ennyiriri za bayibuli n’e bigambo (ebigyibwa) ebitali bimu bitulaga nti omuntu ow’omunda azibwa buggya bulijjo bulijjo. Kino kitangaaza omugaso ogw’amaanyi ogw’okusinza ng’omuntu buli lunaku.

Omusinji gwonna ogw’obuwereza obw’okusinza mu yekaalu gwali okwokya ebiweebwayo ku makya n’olweggulo. Ku ssabbiiti bayongerangako ekiweebwayo eky’okwoya ekya ssabbiiti( Okubala 28:4-10). Ebiweebwayo (saddaaka) eby’okwokya byalina mugaso ki?

“ebiweebwayo eby’okwokya byalaganga okwewaayo mu bujjuvu okw’omwonoonyi eri Mukama. Wano omuntu teyerekerangawo kintu, wabula buli kimu kyali kya Katonda..”[58]

Essaawa ezalondebwa okukoleramu ssadaaka ez’okumakya n’ez’olweggulo zaali zissibwamu ekitiibwa, era zatandika okukuzibwa nga obudde bwokusinza munsi yabayisirayiri yonna … mu kalombolombo kano abakkiriza balina eky’okulabirako eky’okusaba ku makya n’olweggulo. Yaddenga katonda avumirira emikolo obukolo, nga tewali mwoyo gwakusinza , atunulira n’essanyu lingi eri abo abamwagala, bavvunnama ku makya n’olweggulo okusaba ekisonyiwo ky’ebibi ebikoleddwa n’okuleeta okusaba kwabwe okw’emikisa egyetaagibwa.[59]

Okiraba nti okusinza buli lunaku kirina akakwate ne ssabbiiti okwesigamizibwa obulamu bwaffe obw’omwoyo? Era nga , kiragibwa bulungi nti kyekuusa ku kwewaayo okwa buli lunaku eri yesu Kristo, ayitibwa nga tuyita mu Mwoyo omutukuvu okubeera mu ffe?

Etteeka ery’omwoyo erikyasinze obukulu olikoze ku lulwo: okuwa Katonda enkizo ku buli kimu buli lunaku? Yesu yagamba bweyali abuurira ku lusozi:

58 Fritz Rienecker, Lexikon zur Bibel (Wuppertal, 1964), p. 1017
59 E.G. White, abakulembeze ne bannabi [ Patriarchs and Prophets] (1890) p. 353.3

“naye musooke munoonye obwakabaka bwe n’obutuukirivu bwe ,era ebyo byonna mulibyongerwako.” Matayo6:33 NKJV.

Obwakabaka bwa katonda kwekubeera ne yesu mu mutima gwo kati. eyo y’ensonga lwaki twetaaga okwewaayo buli lunaku n’okusaba Mwoyo omutukuvu mu biseera byaffe eby’okusinza. Akaseera kano akasalawo kajja kuba mu maaso ga Katonda: Twalina enkolagana ey’obuntu etaasa ne yesu Kristo n’okubeera mu ye? ( laba Yokaana 151-17) tewegomba ebisingawo – okutuukiriza okusinga mu kukiiriza kwo?

Oyo amala akaseera akatono oba atafuna kadde kasirifu ne Katonda oba awaayo obudde obutamala mu kusinza ayinza okunywezebwa okusinza kwe nga omulundi gumu oba ebiri mu wiiki. Ky’ekimu n’omuntu alya omulundi ogumu mu wiiki. Ka tugerageeranye: Tekibeera kya kuvumirira gwe okwagala okulya omulundi gumu mu wiiki ? kino tekitegeeza nti obukkiriza awatali kusinza bwa mubiri?

Kino era kitegeeza nti bw’asigala mu mbeera eno aba tataasiddwa. Bwetubeera abakkiriza ab’omubiri, okusinza liba kkattala. Bwetuba ab’omwoyo okusinza kweyongera okufuuka ekintu kyetwetaaga.

Emyaka egiyise nasoma akatabo akaawandiikibwa Jim Vaus: Nali kibanda. Yali mumenyi w’amateeka, eyalokoka. N’omutima gwe gwonna yeenenya ebibi bye – nga okufera, okubba n’ebirala. Yafuna okuberwawo kwa Katonda okwamaanyi. Kino kyankwatako. Ne neegamba : kumpi mu buli kimu ndi bulungi, naye sifunangako mbeera bw’etyo. Bwennamala nensaba Mukama: kitaffe ali muggulu , nange njagala kwenenya ebibi byange byemanyi n’ebyo byogenda okundaga. Era, Nja kuzuukuka essaawa emu nga obudde bwenzuukukirako tebunaba nsabe n’okusoma bayibuli. Nange njagala ndabe oba osobola okumbeera mu bulamu bwange.”

Katonda awebwe ekitiibwa! Yambeera mu bulamu bwange. Okuva olwo, okusingira ddala okusinza kwange okw’okumakya nga bikwataganira wamu ssabbiiti, bifuuse entabiro y’obulamu bwange ne Katonda.

**Okuyita mu kwewaayo okwa buli lunaku n’okujjula Omwoyo mutukuvu buli lunaku obulamu bwaffe mukuganyulwa bujja kukyusibwa. Kino kibeerawo bu budde bw’okusinza ng’abantu.**

## SINZA MU MWOYO ERA MU MAZIMA

Ka tulowooze ku kintu ky'okusinza . mu bubaka bwa Katonda obwasembayo eri omuntu bwalimu okwawula wakati w'okusinza omutonzi n'ebisolosolo. (okubikkulirwa 14:6-12) akabonero ak'okungulu ak'okusinza ye ssabbiiti (okusinza omutonzi). Eneeyisa eyomunda ey'okusinza eragibwa mu Yokaana 4:23-24: "Naye ekiseera kijja,era kituuse,**abasinza amazima lwe banaasinzanga Kitaffe mu mwoyo n'amazima:** Kubanga Kitaffe anoonya abali ng'abo okubeera ab'okumusinzanga. Katonda gwe mwoyo: n'abo abamusinza **kibagwanira** kusinzanga mu mwoyo n'amazima."

**Okusinza mu mwoyo** mazima ddala kitegeeza okusinza mu bugenderevu, naye era n'okujjura Omwoyo mutukuvu. **Okusinza mu mazima** kitegeeza okubeera mu bulamu obw'okweweerayo ddala eri Yesu, ow'amazima mu buntu. Yesu yagamba nti " nze mazima." (Yokaana 14:6) Era kitegeeza nti okuyita mu yesu okutubeeramu okubeerawo okusinziira ku kigambo nebiragiro bya Katonda, kubanga yagamba. " bwetutaba na kutendereza kwa ddala kati, tetubeera mu kabi k'okulemererwa mu budde obw'akazigizigi? Kino kijja kuba kizibu kinene eri abakkiriza ab'omubiri.

Ndowooza ffena twagala okubaako wetutuuka nga tuyambibwa Katonda n'okukula mu kumanya. Kisoboka okuba nti okugoberera enzikiriza ey'obulimba kye kyaali kiremesa abamu okugenda mu maaso.

## OKUBATIZIBWA , NE MWOYO MUTUKUVU

Abantu abamu balowooza nti bajjudde mwoyo omutukuvu kubanga baabatizibwa era nabwekityo buli kimu kiri tereere era tebetaaga kukola kintu kyonnna kirala. D.L Moody kino yakyogerako: "Bangi balowooza nti bwebajjula olumu bajjula lubeerera. Ho Mukwano gwange, tuli byombo ebyalakassira; kitwetaagisa okusigala wansi w'ensulo okusigala nga tujjudde."[60]

"**Mu byonna, okubatizibwa bwekulabibwa nga obukakafu obwekirabo kya Mwoyo Mutukuvu, omwonoonyi eyenenyeza awudiisibwa n'obukuumi obw'omubiri.** Yesiga kubatizibwa kwe kwokka nga akabonero ak'ekisa kya Katonda. Kubatizibwa ssi mwoyo mu mutima gwe ke kagenda okubeera akabonero ke, oba 'obujulizi'.."[61]

60 D. L. Moody, Baazuula ekyama [They Found the Secret], p. 85, 86; kigyiddwa mu "ennaku 10 ez'okusaba n'okusinza .." ekya Dennis Smith, p. 23

61 Joseph H. Waggoner, Omwoyo wa Katonda [The Spirit of God] (Battle Creek, Michigan 1 877), p. 35f, kigyiddwa mu Garrie F. Williams, Erfüllt vom Heiligen Geist (Lüneburg, 2007), S. 58

Okubatizibwa kusalawo kwa makulu nnyo; kino kyekuusa ku kwagala kwa Katonda. Kirina era kijja kukuuma omugaso gwakyo omunene ennyo. Naye tetulina kutunuulira mukolo ogwayita nga obukakafu nti tujjudde mwoyo mutukuvu. Mu kifo ky'ekyo tulina kumanya **kati** era kukifuna **kati** nti tujjudde Mwoyo omutukuvu.

Abantu abamu baafuna Mwoyo omutukuvu **nga tebanabazibwa** – eky'okulabirako Cornellius n'enju ye oba Sawulo. Abalala baafuna Mwoyo omutukuvu **nga bamaze** kubatizibwa – eky'okulabirako abasamaliya oba abasajja 12 Abaefeso. Naye ky'ekimu omuntu bw'aba yali afunyeko mwoyo omutukuvu **emabega, awo oba ng'amaze** okubatizibwa: ekikulu kiri nti twafuna mwoyo mutukuvu mu kiseera ekimu era nti tumulina mumitima gyaffe kati. Si kikulu nnyo ekyaliwo emabega, wabula ebintu biri bitya kati – leero.

Njagala okubajjukiza nate: Tuweebwa obulamu bwaffe mu kuzaalibwa. Obulamu bwaffe bubeezebwawo buli lunaku, na mmere, kunywa, kukola , kwebaka, n'ebirala. Awatali ebyo tetuwangaala. Amateeka gegamu gegakola ku bulamu bwaffe obw'omwoyo nga bwegali ku bulamu obw'okunsi. Tufuna obulamu obuggya okuyita mu Mwoyo omutukuvu, gamba nga tweweereddeyo ddala eri Kristo. Obulamu bwaffe obw'omwoyo bulabirirwa okuyita mu Mwoyo omutukuvu, okusaba, ekigambo kya Katonda, n'ebirala. E.G White yagamba: "obulamu bwo kunsi bukuumibwa kaseera ku kaseera ku kaseera na maanyi ag'obwakatonda; ate nga tebuwanirirwa na kyamagero butereevu, naye okuyita mu mikisa egitereddwa wetutuuka. Kale obulamu bw'omwoyo bulabirirwa nga tukozesa obugabirizi obutuwereddwa.

Kino kitegeeza: Bwetuzaalibwa nate omwoyo omutukuvu atuweebwa kutusigalamu. Naye ye okusobola okutusigalamu engeri buli lunaku gyetukozesa ebiyitibwaamu, Mukama bye yatuteerawo . Kiki kyetusuubira senga tetukozesa "ebiyitibwamu"?

Mwoyo omutukuvu yasinga omugaso mu bino byonna "ebiyitibwaamu". Nga tugasseko era, essaala ya mugaso nnyo, okweyunga ku kigambo kya Katonda, okwetaba mu kusinza n'ebintu ebirala.

Ndowooza tusobola okukkiriziganya nti nga eteeka era kyetaagisa okulabirira omuntu owomunda. Bwe tutakikola, ebiddirira tuba tujja kubyejjusa. tetusobola kulya kati ku lwebiseera eby'omumaaso oba okweterekera mwoyo mutukuvu. " Katonda takuteekako buyambi bwa nkya"[63] ndowooza kitegeerekeka bulungi nti okwewaayo buli lunaku eri Yesu kyetaagisa era nti tulina buli lunaku okuyita Mwoyo omutukuvu ajje mu bulamu bwaffe.

---

62 E.G. White, Ebikolwa by'abatume (1911), p. 284.2
63 E.G. White, okwagala okw'edda , (1898), p.313.4

**Ebintu ebyo byombi bikola omulimu gumu –nzidda bbiri ez'ekinusu ky'ekimu**; kubeera na nkolagana eyomunda ne Kristo. Newaayo gyali mu kweewaayo n'okusaba mwoyo mutukuvu. Mwaniriza mu mutima gwange . mu nnyiriri endala 1Yokaana 3:24 ( laba ne Yokaana 14:17,23) zitulaga nti Yesu abeera mu ffe okuyita mu Mwoyo omutukuvu: "Era ku kino kwe tutegeerera ng'abeera mu ffe, olw'Omwoyo gwe yatuwa."

## EBIVA MU MWOYO OMUTUKUVU

Mwoyo omutukuvu bw'abeera mu nze, atuukiriza mu nze ekyo yesu kyeyatuukiriza. Abaruumi 8:2 wagamba: " kubanga eteeka ely'omwoyo gw'obulamu mu Kristo yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu teeka ly'ekibi n'okufa." Tusobola okunyonnyola "etteeka ery'omwoyo" nga engeri Mwoyo mutukuvu gy'akola mu mutima ogwewereddeyo ddala eri Katonda. Mwoyo omutukuvu yekka yasobola okuleeta mu bulamu bwange ekyo yesu kyakoze. E.G White akinnyonnyola bulungi: **"Omwoyo yali wa kuweebwa nga omutume azza obuggya, era awatali kino ssadaaka eno yandibadde mpawo kyeyamba….** Omwoyo yalamya ekyo ekyamezebwa omununuzi w'ensi. Omwoyo gwe gulongoosa omutima. Okuyita mu mwoyo, omukkiriza ayingizibwa mu butonde bwa Katonda….amaanyi ga Katonda galindiridde okusabibwa nokwanirizibwa."[64]

Thomas A. Davis annyonnyo enkola eno bwati: " kino kitegeeza nti n'obukozi bw'emirimu gya Kristo eri abantu bwesigama ku Mwoyo omutukuvu. Awatali ye buli kintu yesu kyeyakola ku nsi - mu Gethsemane, ku musaalaba, okuzuukira ne mu buwereeza bwe mu ggulu – tebyandiramye. Ebyava mu mirimu gya Kristo tebyandibadde bya mugaso okusinga ebyo ebikolebwa abamu ku bakulembeze ba madiini oba ab'obuwangwa abanene ab'ensi yonna. Naye yadde Kristo yali asukkuluma ku bino, teyandisobodde kutaasizza muntu mukuyita mu ky'okulabirako kye ne byeyasomesa byokka. Okukyusa abantu kyali kyetaagisa okukolera munda mu bbo. Omulimu guno gukolebwa Mwoyo omutukuvu, eyakisindikwa okukola mu mitima gya bantu, ekyo Katonda, Yesu kyeyasobozesa."[65]

Eno ensonga yokka tekumala ekufuba okulaba nga ojjula ne Mwoyo omutukuvu?

"Omwoyo wa Katonda bwatwala omutima, akyusa obulamu. Ebirowoozo ebyekibi bigyibwawo, ebikolwa eby'a sitaani byeneyezebwa; okwagala, obwetowaze, ne eddembe

---

64 E.G. White, Okwagala okw'edda, (1898) p. 671.2 and 672.1

65 Thomas A. Davis, Als Christ siegreich leben, (HW-Verlag), Seite 43 / osobola otya okubeera omukritaayo omuwanguzi, R&H.

bidda mu kifo ky’obusungu, obuggya, n’enge. Essanyu lidda mu kifo ky’ennaku, n’e ebikuvaamu byoleka ekitangaala kye ggulu.”[66]

Wali wo ebintu bingi ebyomuwendo ebirala ebiva mu bulamu ne Mwoyo omutukuvu, naye era waliwo obubulwa obunene n’okufiirwa mu butabeera naye. Enjawulo eri mu makkati g’okubeera n’obutabeera na Mwoyo omutukuvu tujja kujjikwatako mu bugazi mu ssuula 4.

**NZIJJUDDE MWOYO MUTUKUVU?**

Bambi webuuze ebibuuzo bino ebikwata ku kujjula Mwoyo mutukuvu:[67]

- Waliwo ebiva ku mwoyo omutukuvu ebirabwaako mu bulamu bwange? Eky’okulabirako, asobodde okufuula yesu owaddala era ow’amaanyi gyendi? (Yokaana 15:16)
- Ntandise okuwulira n’okutegeera eddoboozi ely’omunda erya Mwoyo omutukuvu? Asobola okunnuŋŋamya mu kukola okusalawo ku bintu ebinene ne ku bitono mu bulamu bwange?
- Ekika ky’omukwano ekippya eri bantu bannange kinsibuseemu? Mwoyo omutukuvu ampa okusaasira n’okulumirirwa abantu, bembadde sitwala nga mikwano gyange” ( Abaggalatiya 5:22; Yakobo 2:8,9 )
- Nfuna emirundi n’emirundi obuyambi okuva mu Mwoyo mutukuvu ku ngeri gyenkolaganamu ne bantu bannange? Ampa ebigambo ebisaanidde okutuuka ku mutima gw’omuntu, alinina obweraliikirivu n’obuzito?
- Mwoyo omutukuvu ampa amaanyi okugabana ku Yesu n’okutwala abalala gyali?
- Mpulira bw’annyamba mu bulamu bwange obw’okusaba era annyamba okwatula omutima gwange byeguwulira munda ebuziizi eri Katondo?

Bwetulowooza ku bibuuzo bino, tulaba obunene bwobwetaavu bwetulina okukula mu Mwoyo omutukuvu, okumumanya ekisingawo n’okumwagala okusingawo.

Ow’oluganda yawandiika: Taata wange n’ange twasonyiwagana ne tuddiŋŋana. Oluvannyuma lw’okusoma akatabo emitendera mu kwezza obuggya n’akatabo ak’ennaku anna akasooka n’akokubiri, nafuna obulamu obusuffu okujjula ne mwoyo mutukuvu. Naddala kyali kisanyusa nnyo okuwulira engeri Mwoyo omutukuvu gy’akola ne gya yagala okukola mu buli kifo mu bulamu bwange.

66 E.G. WhiteOkwagala okw’edda, (1898), p. 173.1
67 Catherine Marshall, Der Helfer (Erzhausen, 2002), p. 24

**OKUDDIŋŋANA MU MAKKATI GA TAATA NE MUTABANI**

Enkolagana yange ne kitange yalimu obuzibuzibu. Okwagala kwange n'okusaba mu buto bwange bulijjo kwali nti nsobole okufuna enkolagana ennungi ne kitange. Naye kwayogera kwononeka. Emyaka emirala mukaaga ku musanvu gyayitawo. Katonda yajjuza omuwaatwa omunene ogwali mu mutima gwange. Bwennali nsoma n'okusaba okufuna Mwoyo omutukuvu, mukazi wange nange twafuna obw'amaanyi ne Katonda. Twasabira famire yaffe na ddala kitange. Mu kiseera kino nafuna amaanyi amapya okwagala kitange. Namusonyiwa ku lwa buli kimu ekitaagenda bulungi mu nkolagana yaffe okuva mu buto bwange. Kitange nange kati tuli ba mukwano. Naye era yatandika okufuuka ow'omwoyo era n'atandika okugamba abantu abalala ku Katonda. Kati, oluvannyuma lw'emyaka ebiri, enkolagana eri kitange ekyali nnungi nnyo. Neebaza katonda olwembeera eno. Nawulira nga obunafu era oluusi nga ndi nzekka. Naye okuva bwenatandika okusaba Mwoyo omutukuvu buli lunaku, nfuna ekika ky'obulamu obuppya era obwewunyisa n'enkolagana ne Katonda. ( erinnya limannyiddwa eyagattagatta.)

**Essaala: Mukama Yesu, nkwebaza kubanga oyagala okubeera mu nze nga oyita mu mwoyo mutukuvu. Webale nti okuyita mu kwewaayo okwabuli lunaku obwesigwa n'enkolagana yaffe ekula. Mukama, nyamba neyongere okumanya mwoyo omutukuvu n'emirimu gye . njayaana okumanya kyayagala okunkolera, famire yange n'ekkanisa era tufuna tutya obukakafu nti tusobola okufuna mwoyo mutukuvu bwetumusaba buli lunaku. Webale kulwa kino. Amiina.**

**EBY'ENNYONGEZA EBYA ABAEFESO 5:18 –**

**" JJUZIBWA OMWOYO!"**

Tusobodde okulaba mu Luzungu mu Abaefeso 5:18 nti okusaba kuno kulina okukolebwa. Era, tusobola okukiraba nti ekiragiro kino kigenda eri buli omu. Tusobola okulaba era nti mulimu gwaffe okunoonya okujjula kwa mwoyo omutukuvu. Naye ebiwandiiko ebyasooka mu luyonaani bikirambika bulungi okusingawo.

Johannes Mager akyogerako: " mu bbaluwa z'endagaano empya mulimu ekiwandiiko kimu kyokka, ekyogera buteerevu ku kujjura mwoyo omutukuvu: 'mujjulenga omwoyo.' (Abaefeso 5:18) mu kitabo ky'Ebikolwa by'abatume tukizuula nti okuwambatirwa Mwoyo mutukuvu Kirabo, ekikozesebwa mu ngeri ey'amaanyi mu mbeera ezimu. Naye nno, Pawulo ayogera ku kujjura mwoyo mutukuvu nga ekiragiro, ekyetengeredde ku mbeera z'obulamu era nga kikwata ku bagoberezi ba yesu. Ekiragiro kino ekimpi naye eky'omugaso kirimu ebintu ebikulu bina.

1. Ekikolwa "jjuza"*(plerein)* kikozesebwa mu mbeera ey'obuwaze. Pawulo tatusendasenda wano oba okuwa amagezi ag'okwagaliza. Takola kiteeso. Alagira nga omusumba awereddwa obuyinza. Ekiragiro bulijjo kibanja okusalawo kw'omuntu.. omuntu bw'ajjula omwoyo mutukuvu, kiva okusingira ddala ku ye. **Abakkiriza bakwatibwako ekiragiro okufuba okujjuzibwa omwoyo mutukuvu.** Buno buvunanyizibwa bwaffe ng'abantu okujjula mwoyo omutukuvu.
2. Ekigambo ky'ekikolwa kikozesebwa mu bungi. Ekiragiro tekyolekezedwa muntu omu mu kanisa, oyo alina emirimu egy'enjawulo. Okujjula mwoyo mutukuvu si kwagaliza okukolebwa eri abantu abalondemu. **Okuyita kuno kugenda eri buli omu eyegatta ku kanisa – bulijjo n'abuli wamu.. tewaliiwo kusunsulamu**. Eri Pawulo kyali kyabulijjo nti abakkiriza bonna balina okujjula mwoyo omutukuvu.
3. Ekigambo ky'ekikolwa kino kikozesebwa mu biseera ebiyita. Tekigamba: 'mwejuzze mwoyo mutukuvu', wabula ' mujjule mwoyo !" teri muntu asobola okwejjuza mwoyo mutukuvu. Guno mulimu gwa Mwoyo mutukuvu nga ye. Mu kino mwemuli obwetwaaze bwe. **Naye omuntu sekinoomu alina okuteekawo embeera omwoyo mutukuvu asobole okumujjula. Awatali kukola kweyagalira kwe mwoyo omutukuvu tajja kukola mu ye.**
4. Mu luyonaani ekigambo eky'obuwaze kiri mu biseera ebiriwo. kikolwa eky'obuwaze mu biseera bino ebiriwo kyogera ku kintu ekiddiŋŋanibwa entakera mu kutambulira ku buwaze obwebiseera ebiriwo, obunnyonyola ekikolwa eky'omulundi ogumu. Okusinziira ku kino, okujjula ne mwoyo omutukuvu tokifuna mulundi gumu, wabula enkola eddiŋŋana era egenda mu maaso**. Omukkiriza ssi kyombo ekijjula omulundi gumu okumala obudde bwonna, wabula alina butaweera " okujjuzibwa'**. Olukungagga luno

lusobola okwogerwa bweruti: **‘mu ngeri y’emu era mu kuddiŋŋana mujjule buggya ne mwoyo!”**

**Okujjula ne mwoyo mutukuvu**, ogwatuweebwa mu kubatizibwa [bwekuba kwa mazzi na mwoyo mu kwewerayo ddala], tumufiirwa singa obujjuvu bwe obwatuweebwa tetubusigaza. Bwetubufiirwa, tusobola okubufuna nate. Okujjula ne mwoyo omutukuvu kuteekwa okuddiŋŋanibwa omwoyo mutukuvu asobole okubuutikira ebitundu byonna eby’obulamu bwafe n’obulamu bwaffe obutawotoka mu mbeera ey’obunafu, wabula mwoyo atweyongeze. **Eyo y’ensonga lwaki Pawulo yalagira abakkiriza bonna mu butaweera okujjula n’omwoyo.** Eno mbeera yabulijjo ey’omukkiriza. Okubatibwa kumu , naye emirundi mingi okujjuza.’”[68]

**Mukama yennyini awadde ekiragiro:**
**Mujjule obutaweera era nga mu ddiŋŋana**
**buggya ne Mwoyo!”**

68 Johannes Mager yali musumba, mubuuli wa njiri,era musomesa w’ebyeddiini ku yunivasite okumala emyaka emingi. . Gyebuvuddeko , ye yali akulira ekitongole ky’obuweereza mu Euro-African Division in Bern, Switzerland (kati eyitibwa Inter-European Division). Mu kiseera kino yawummula era abeera mu Friedensau. Kino kyagyiddwa mu katabo ke: Auf den Spuren des Geistes, (Lüneburg, 1999) page 100-101 (nga tukkiriziddwa abaakakuba mu kyapa)
* E.G. White, entikko y’emikisa [Mount of Blessing], MB 20.3 (egwwritings.org)
** Johannes Mager, Auf den Spuren des Heiligen Geistes (Lüneburg, 1999), Seite 101

ESSUULA 4

# NJAWULO KI GYETUBA TUSUUBIRA?

*Muganyulo ki gwetufuna*

*mu bulamu obujjudde Mwoyo mutukuvu?*

*Tufiirwa ki  bwetutasaba*

*kufuna mwoyo mutukuvu?*

**OKUGEERAGEERANYA WAKATI W'OBUKKIRIZA**

**OBW'OMUBIRI N'OBW'OMWOYO**

Ebimu ku  biva mu bukkiriza obw'omubiri  eri omuntu sekinoomu biwereddwa . ebimu ku byo byeraga bwe biti:

- Omuntu mu mbeera eno tanunuribwa. (Abaruumi 8.:6-8; Okubikkulirwa 3:16)
- Omukwano gwa Katonda – omukwano ogw'amaanyi ogutaliiko kkomo – teguli mu muntu[Abaruumi. 5:5; Abaggalatiya 5:22); bayimiriddewo ku  kwagala kwa buntu; okwegomba  kw'omubiri  tekumenyeddwa. (Abaggalatiya 5:16)
- Omuntu tanywezeddwa na maanyi agayita mu mwoyo omutukuvu. (Abaefeso 3:16-17)
- Kristo tabeera mu munto ono. (Yokaana 3:24)
- Omuntu taweebwa manyi okujurira ku lwa Kristo. (Ebikolwa by'abatume 1:8)
- Omuntu akola okusinziira ku nkola ey'obuntu (1 Abakkolinso 3:3)  ekyo kisobola okuvaako obugulano n'obunkenke.

- Nga eteeka kikalubo okukkirizisa omuntu ono okutwalizibwa.
- Obulamu bwabwe obw’okusaba buyinza okuba nga tebumala.
- Omuntu alina busobozi bwa buntu bwokka okusonyiwa n’obutaba n’akakuku.

Omukkiriza ow’omubiri ebiseera ebimu akola nga omuntu wabulijjo. Pawulo agamba: “ temuli ba mubiri, era temutambula ng’abantu obuntu” (1Abakkolinso 3:3NKJV). Ebiseera ebirala ebikolwa bye biringa eby’omuntu ow’omwoyo, yadde ng’abeerawo ku lwamaanyi n’obusobozi bwe ye.

**Omukkiriza ow’omwoyo** afuna okujjula kwa Katonda:

“Abawe mmwe, ng’obugagga bw’ekitiibwa kye bwe buli, **okunywezebwa n’amaanyi mu mwoyo mu muntu owomunda**,Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw’okukkiriza; mubeerenga n’emmizi munywezebwenga mu kwagala, mulyoke muweebwe amaanyi okukwatanga n’amagezi awamu n’abatukuvu bonna obugazi n’obugulumivu n’okugenda wansi bwebiri, n’okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa, **mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda.** Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna byetusaba oba bye tulowooza, ng’amaanyi bwe gali agakola mu ffe, aweebwe nga ekitiibwa mu kanisa ne mu Kristo Yesu okutuusa emirembe nemirembe egitaggwaawo. Amiina.” Abaefeso 3:16-21 NKJV

## EBIVA MU BUKKIRIZA OBW’OMUBIRI

Netonda olw’okufiirwa mu famire yange ne mu makkanisa gye nakolera ng’omusumba nga kuva mu butaba na mwoyo omutukuvu. Kituufu era mu kitundu kino nti tetusobola kwogerayo muntu yenna okutusinga ffe. Twetaaga era okukiraba mu ngeri emala nti, obubulwa bwa Mwoyo mutukuvu mu bantu sekinoomu mu famire ne mu kkanisa kigattako oba kikubisaamu.

### Abaana n’abavubuka

Obukkiriza obw’omubiri jjalulizo lya bulamu obw’obukkiriza obwenkyukira. Abantu bagezaako n’ebigendererwa ebirungi okukola kye basobola n’okunoonya ekibataasa. Eno y’ensonga lwaki tufiirwa bangi ku bavubuka baffe? Mubutamanya oba olwe’nsonga endala tutaddewo eky’okulabirabo eri abaana n’abavubuka eky’obukkiriza obw’omubiri? Nga ebiddirira, baafuuka bakkiriza ba mubiri era nga na bwekityo balina okulwananagana n’okumalibwaamu amaanyi? Eno y’ensonga lwaki bangi tebakitwala ng’ekikulu oba tebakyajja ku kkanisa oba bavudde mu kkanisa?

Ssi dda nnyo ow'oluganda omukadde yategeeza ekkanisa ye :waliwo ensonga evaako ebizibu byetulina leero mu bulamu bwaffe ne mu bulamu bw'abavubuka baffe: emijiji gy'abakuze mu myaka giremereddwa okutegeera enkola ya Mwoyo omutukuvu n'okumujjula."[69]

Mbajukize nate ku biva mukubeera ow'ekibuguumirize (obuteweerayo ddala eri Kristo): Abakkiriza ab'ekitundu babi okusinga abatalina ddiini; kuba ebigambo byabwe eby'obulimba n'obutemaliza bubuza bangi. Atakkiriza alaga kyali ekituufu. Ow'ekibuguumirize alimba enjuyi zombie. Ssi mulungi mu byensi ate era si mukkiriza mulungi. Sitaani amukozesa okukola abalala byebatayinza."[70]

Naye, bwetubeerawo mu mwoyo, tusobola okulaga abaana baffe ekkubo erireeta obuyambi bwa Katonda.

Ellen White ayogera ekintu ekisuffu

"somesa abaana bo nti mukisa gyebali okufuna buli lunaku okubatizibwa kwa Mwoyo omutukuvu. Leka Kristo akulabise omukono gwe omuyambi okukola ebigendererwa bye. Mu kusaba oyinza okufuna embeera ejja okufuula obuwereza bwo eri abaana bo obuwanguzi obutuukiridde."[71]

Twasomesa batabani baffe okusaba. Naye twabasomesa kusaba myoyo omutukkuvu buli lunaku? Mu biseera ebyo nze ne mukyala wange twaali tetukimanyi. Nebaza nti Katonda yabuusa amaaso ebiseera bino bwetwali nga tetukimanyi. Naye nga ebyavaamu, kufiirwa kwenkana ki okwaliwo?

Abazadde nga banaabeera n'abaana abasuffu bwe ban'ekwasa buli lunaku eri Yesu n'okusaba Mwoyo mutukuvu.

**Ebbanga –**

**Omukwano ogw'obwakatonda oba okubeera mulungi eri omulala?**

Njawulo ki eriwo mu mbeera mu bafumbo ne mu mafamire, ekkanisa n'obugoberezi n'abomubiri oba Bakkiriza ab'omwoyo, amaanyi ga Katonda bwegabula mu bulamu obulimu empisa, omukwano gwa Katonda teguliiwo n'amaanyi g'ekibi tegamenyeddwa oba nga ebintu bino biriwo okuyita mu kisa kya Katonda?

Omukkiriza ow'omubiri atayagala kukyusaamu atera okuvumirira. Kino ssi kirungi. Newankubadde nga tulina okwogera ku kiragiro bya Katonda ebirungi, mu kaseera ke kamu tulina okukiraba nti enkyukakyuka eno ey'omuwendo okubaawo esoboka nga evudde munda mwokka.

69 Garrie F. Williams, Erfülltsein vom Heiligen Geist – Wie erfahren wird das? (Lüneburg 2007), S. 8

70 EGW Letter 44, 1903, kigyiddwa mu byayogerwa mu bayibuli y'abadiventi , Vol.7, p.963 on Rev. 3:15-16

71 E.G. White, okuluŋŋamya omwana [Child Guidance] (1954), p. 69

Bannankyukakyuka  bakwatagana n'enkola ey'ensi era batera obutatwala bintu nga ebikulu . katonda ne kino tasobola kukiwa mikisa.

Joseph Kidder yazuula embeera eno ey'ekkanisa  leero:

"Obuteefiirayo, obutannyikkira, okuffa ennyo ku by'ensi, obutayagala kugabana, abaweereza baseebengeredde, abavubuka  bava mu kkanisa, okwekuumira mu  mpisa kunafuye,  emipango egitalina nsibuko yannamaddala oba ebivaamu, ebbula ery'abantu abanywevu era abewaddeyo."[72]

Ensibuko y'ebizibu byaffe eva ku  butabaawo nkwatagana  na Yesu (Yokaana 15:1-5) n'okwesiga ennyo okufuba kw'obuntu. (Zakaliya 4:6). Kidder era alaba enteekateeka mu bulamu obujjudde Mwoyo omutukuvu (Ebikolwa by'abatume1:8).

Yesu yatuwa etteeka eriggya:

"Etteeka rye mbawa nti mwagalanenga; nga bwe nabaagalanga mmwe,  era namwe mwagalanenga. Bonna kwe banategeereranga nti muli bayigirizwa bange,  bwemunaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka." (Yokaana 13:34-35 NKJV)

Okwagala nga yesu bw'akola kitegeeza:  okwagala n'omukwano ogw'obwakatonda (okutaaliko kkomo).  Kino engeri yokka gyetusobola okukikolamu nga tujjula omwoyo omutukuvu.

"Mu ngeri ensukkulumu okwagala Katonda n'okwagalana mukwagaliziganya - kino ky'ekirabo ekisinga kitaffe ow'omuggulu kyasobola okutuwa. Okwagala kuno tekujja kwokka, naye  etteeka ely'obwakatonda, amaanyi ag'olubeerera. Omutima

Okutawongeddwa [buli omu, atajjudde mwoyo mutukuvu, agulina] tasobola kugusibusa oba okugukola. Mumutima mwokka yesu mw'atuula mwekisangibwa." [73]

Ndowooza waliwo enjawulo bwe tweyisa obulungi eri abalala oba bwe tusukkawo ne twagala n'omukwano gwa Katonda. E.G White atuwa akasumuluso ak'omugaso

"Bwetwambala olugoye olwo omwoyo omukakkamu era omusirifu, emitawaana kyenda mu mwenda ku kikumi egitawaanya obulamu tusobobola okugyetaasa." [74]

Ekigambo kya KAtonda kiraga mu 1 Basessalonika 4:3-8 ekintu ekiwata ku bulamu obw'obufumbo. Mu bintu ebirala  ennyiriri zino zoogera ku kutukuza n'okuwaŋŋana

72 Dr. S. Joseph Kidder, Anleitung zum geistlichen Leben (Andrews University), PPP Folie 3+4
73 E.G. White, Ebikolwa by'abatume  (1911) p. 551.2
74 E.G. White, Obujulizi eri ekkanisa, volume 4, p. 348.3

ekitiibwa mu Bufumbo. Kyawukana nokusubbalala kw'abayudaaya. Olw'okuba kyogera ku kutukuza emirundi esatu era n'okubeera ne Mwoyoo omutukuvu, tukiraba nti obulamu ne Mwooyo omutukuvu busobola era bulina n'okukyuusa obufumbo bwaffe. Katonda yatwagaliza okufuna essanyu eringi n'okujjula mu bulamu bw'obufumbo bwaffe. Kino tekitulaga nti Katonda ayagala okutuyamba n'omukwano oguwembejja so si kwagala bwagazi?

Yesu yasabira obwegassi bwa bayigirizwa be : "bonna babeerenga bumu; nga gwe kitange, bw'oli mu nze, nange mu ggwe, era nabo babeerenga mu ffe; ensi ekkirize nga ggwe wantuma." (Yokaana 17:21 NKJV)

William G. Johnson agamba: "abadiventi bangi bakyalina okukiyingiza kyekitegeeza okubeera omu mu Kristo. Mu biseera ebiyise tulabika tetukitaddeko mugaso/ mulaka gumala oba embalaasi tugibuukidde ku ludda lukyamu."[75]

Kristo abeera mu ffe bwetujjula Mwoyo omutukuvu. Obukkiriza obw'omwoyo bukola kinene ku mukama okuddamu essaala zaffe. E.G White agamba: "abantu ba Katonda bwebabeera omu mu bwegassi bw'omwoyo, olukungu lwonna, okwegulumiza kwonna, ebyali ebibi by'ensi ya bayisirayiri, bijja kugobebwa mu mitima …. Katonda ajja kumanyisa ebyo ebyakwekebwa okumala ebyaasa. Ajja kumanyisa 'obugagga obwekitiibwa eky'ekyama kino bwekiri mu b'amawanga , ekyo ye Kristo mu mmwe, esuubi ery'ekitiibwa.'(Abakkolosaayi 1:27). [76]

**Okubuulirira okuwabula**

Okubuulirira okw'okutereeza kunaabaako kyekuleeta singa tekukolebwa oba nga emirundi egisinga tekukolebwa na kwagala kwa Katonda? Kusalawo ki ekkanisa kw'enaakola, nga efumbekeddemu abakkiriza ab'omubiri oba nga n'omubuulizi wa mubiri oba pulesidenti? Bwe ntunula emabega ku mulimu gwange nga omusumba, awo nfuna endowooza nti ba memba b'ekkanisa ab'omwoyo batera okuzza abagudde mu kulaba ekituufu. Era omuntu bwakyusa ne yenenya , awo okubuulirira kuba kutuukirizza ekigendererwa kyakwo. Emirundi egimu abakkiriza ab'omubiri batera okukozesa okubuulirira nga ekibonerezo era nebakukozesa na bubi okulaga amaanyi (Matayo. 18:15-17; 1 Abakkolinso 3:1-4; Abakkolinso 10:3; Yuda olunnyiriri 19).

---

75 William G. Johnsson, Adventgemeinde in der Zerreißprobe, (Lüneburg 1996), p. 118

76 E.G. White, obubaka obulondeddwamu, Akatabo 1 (1958), p. 386.1

**EKIGAMBO KYA KATONDA EKY'OBUNNABBI EKY'ENNAKU EZ'ENKOMERERO**

Katonda alina enkola ey'okulaga ebikulu ebigenda okuba nga ayita mu ba nnabbi (Amos 3:7). Na bwekityo yawa obubaka bwe obukulu obw'obulanzi obw'ennaku ez'enkomerero nga ayita mu Ellen White. Olw'okubba ebintu bijja kuba bya njawulo nnyo okusinga bu biseera ebyayita, kyali kya mugaso erakyetaagisa okufuna obubaka obw'ennyogereza obutuukana okuva ewa Katonda. Leero twandikiyise "update". Okusinziira ku Ellen White, obubaka buno bulina amakulu okutuusa Yesu nga akoomyewo nate. Olwokuba okuwabula kwe kulimu okukyusa mu neeyisa, okwetunuramu, okwelangirirako, n'ebirala. Omuntu ow'omwoyo kimwanguyira okubukkiriza okusinga omuntu ow'omubiri. ( naye olwokuba omuntu atwala okuwabulwa kuno nga kukulu, ekyo tekitegeeza nti wa mwoyo.) kyandibadde kya magezi okulowooza ku bigambo bino mu Ekyamateeka olwokubiri 18:19 NKJV: " Kale olulituuka buli ataliwulira bigambo byange by'alyogera mu linnya lyange, ndimulanga ekyo."

Kino kitulambika bulungi nti obubaka okuva mu nnabi omutuufu tebulina kakwate na muntu oyo, wabula ne katonda yennyini. Tumanya tutya ono nnabbi mutuufu? Ekigambo kya Katonda kituwa obutundu kkumi. Nnabbi omutuufu alina okutuukirana n'obutaano bwonna.

1. Obulamu bwabwe –" no'lwekyo tunaabalabiranga ku bikolwa byabwe."Matayo 7:15-20
2. Okutuukiriza ebirangiddwa: Ekyamateeka Olw'okubiri 18:21-22 ( nga ogyeko obulanzi obw'obukwakkulizo – nga Yonna)
3. Okuyita okwobwesigwa eri Katonda(Ekigambo kya Katonda)
4. Okulaba Yesu ng'omuntu omutuufu era nga Katonda omutuufu. 1Yokaana 4:1-3
5. Okukiriziganya n'ensomesa ya bayibuli. Yokaana 17:17

Amateeka ga Katonda gonna, nga kw'otwalidde n'okuwabula kwe kwayisa mu ba nnabbi, abikola ku lwa bulungi bwaffe. Eyo y'ensonga lwaki byamuwendo ogutennkanika. Nabwekityo abantu ab'omwoyo basobola okubeera abawulize mu maanyi ga Katonda ne ssanyu era nebamanya nti kigatta ku buwanguzi mu bulamu. "mukkirize ba nnabi be, bwe mutyo bwe munaalaba omukisa." (2 Ebyomumirembe 20:20b NKJV)

Ekitabo ekituluŋŋamya mu ssomo mu ssomero lyaffe lya ssabbiiti kigamba bino ku nkolagana mu makkati g'obulamu ne mwoyo mutukuvu nebigambo ebya nnabi omutuufu " oyo yenna agaana ebigambo eby'obunnabbi, yeggalira obutafuna biragiro bya mwoyo omutukuvu. Ebivaamu leero ssi bya njawulo ku biseera ebiyise – okufiirwa enkolagana ne Katonda n'okweggula eri okutwalizibwa ebibi."[77]

77 Studienanleitung Standardausgabe, Philip G. Samaan, 10.11.1989, eri ekibuuzo namba 8

## OKUTEEKATEEKA

Omulimu omukulu kwe kunoonya empenda ennungi n’enkola ey’emirimu mu kkanisa ne mu mirimu egy’obuminsani. Kiri ku mipango n’enteekateeka zaffe. Kikwattila ddala ku kunyweza ekkanisa mu mwoyo n’okuwangula emyoyo egisingawo.

Wayise emyaka 65 okuva lwe nabatizibwa era mbadde muwereza okumala emyaka 43. Tugunjizaawo pulogulaamu n’enkola ennyingi. Twali bakozi nnyo. Mu buwufu buno era nina okulowooza nate ku bigambo bya Dwight Nelson ku lukuŋŋaana olwawamu mu 2005.

“Ekkanisa yaffe ekoze nnyo okugunjaawo ebintu ebyegombesa, enteekateeka,ne pulogulaamu, naye mu kusembayo bwetutakkiriza bwavu bwaffe obw’omwoyo [obutaba na mwoyo mutukuvu], ekintu ekikute bangi ku ffe abawereza n’abakulembeze, tetuligenda kusukka bukkiriza bwaffe obw’ekiwowongole.[78]

Mu doboozi lye limu Dennis Smith agamba bino:

“ sirina kyekiise mu nteekateeka, pulogulaamu n’enkola . naye ntidde nti tutera okwesigama ku bintu bino okutambuza emirimu gya Katonda okugitwala mu maaso. Enteekateeka, pulogulaamu n’enkola tebijja kumaliriza mirimu gya Katonda. Aboogezi abasuffu, ebivvulu eby’abakkiriza ebyewunyisa, obuwerereza ku seeti layiti tebijja kumala mirimu gya Katonda. Mwoyo wa Katonda yajja okumala omulimu – Mwoyo wa Katonda ayogera era akolera mu basajja n’abakyala abajjudde omwoyo.”[79]

## OKUBATIZIBWA / OKUWANGULA EMYOYO

Bayibuli etulaga nti Mwoyo omutukuvu kakkwakulizo kakulu eyetagisa okuwangula abantu eri Kristo (Laba ekitabo k’yebikolwa by’abatume). Mu Germany tulina ku ludda olumu, amakkanisa agali mu kukula ne ku ludda olulala, amakkanisa agaakkona oba ageveera. Mu nsi yonna obungi bwa ba memba gukuze okukubisaamu emirundi abiri mu myaka enkaaga egiyise. Tusobola mu butuufu okumenya ensonga nnyingi ezireese embeera eno mu Germany. Naye ekintu kimu kiramubulukufu gyendi: ensonga esinga kwe kubulwa Mwoyo omutukuvu. Mu bulamu obwabulijjo embeera etuwambye. Tugunjizaawo oba tudadde mu nkola enteekateeka ne pulogulaamu nnyingi. Tukirabye nti obutaba na Mwoyo omutukuvu

---

78 Helmut Haubeil (Hrsg.), Missionsbrief Nr. 34, (Bad Aibling, 2011) page 3
79 Dennis Smith, ennaku 40 ez’okusaba n’okusinza okwetegekera okujja okw’okubiri (Wien, 2012), p. 88

“ *Abantu ba Katonda bwebabeera omu mu bumu bw’omwoyo,*

*Bukungu bwonna, okwegulumiza kwonna, ebyali ebibi*

*by’ensi ya bayisirayiri, bijja kugobebwa mu mitima gyonna.* ”

mu kaweefube ow’amaanyi ono kivuddeko okufiriziwa ssente n’obudde bingi kuba twakwata amakubo agatetaagisa oba agatali ga buwanguzi. Ebigambo ebiva bya mirundi ebiri okuva mu E.G. White biraga embeera eno:

“mukama kati takola kuleeta myoyo mingi mu mazima, ku lwa ba memba b’ekkanisa abatalokokanga n’abo abaalokokako naye abagudde. Kifaananyi ki ba memba abatali bawonge(abakkiriza ab’omubiri) kyebanaalaga abaakalokoka?“ [80]

“Singa tuneewombeeka mumaaso ga Katonda, ne tuba ab’ekisa era abegendereza era ab’omutima ogulimu okwagala era abasaasira, wajja kubaawo abalokoka ku mazima kikumi kati awali omu yekka.”[81]

Ku ludda olulala, tulina okubatizibwa kw’abantu, abateteeseteese kimala. E.G. White yagamba:

“ okuzalibwa obuggya mu biro bino mu nsi tekusangika. Eno y’ensonga lwaki waliwo kalumanywera mungi mu makanisa. Bangi, bangi nnyo, abafunye erinnya lya kristo abatawongebwanga era abatali batukuvu. Baabatizibwa, naye baazikibwa balamu. Bennyini tebaafa, era n’olwekyo tebaazuukira okufuna obupya bw’obulamu mu Kristo.”[82]

80 E.G. White, Obujulizi eri ekkanisa Vol. 6, (1901) p. 370.3
81 E.G. White, Obujulizi eri ekkanisa Vol. 9 (1909), p. 189.4
82 E.G. White, MS 148 (1897)

Kino kyawandiikibwa mu 1897. Kiri kitya leero? Ekizibu kiri: buli atazaalibwanga mulundi gwa kubiri tajjudde Mwoyo omutukuvu. Yesu yagamba: " okujjako omuntu nga azaaliddwa mu mazzi ne mu mwoyo, tasobola kuyingira bwakabaka bwa Katonda." (Yokaana 3:5 NKJV) ssi kituufu nti tusisinkana n'obutaba na Mwoyo omutukuvu mu buli kitundu?

## MWOYO OMUTUKUVU N'OKUBUULIRA

Katonda atubuulira bino ku makulu ga Mwoyo mutukuvu n'okubuulira:

"Okubuulira ekigambo tekirina w'ekituusa nga tewali kubeerawo na buyambi bwa Mwoyo mutukuvu. Ono ye musomessa yekka asobola kusomesa amazima g'obwakatonda. Amazima bwe gawerekerwa mwoyo ku mutima woka weganguyiza okutegeerwa oba okukyuusa obulamu. Omuntu asobola okukwasa kumpi buli nnukuta ey'ekigambo kya Katonda, ayinza n'okumanya amateeka gakyo gonna\ebisuubizo; naye okujjako nga mwoyo omutukuvu aggusiza amazima, mpaawo myoyo ginaagwa ku lwazi ne gimenyeka. Tewali muwendo gwa buyigirize, enkizo, ne bwebiba byakitalo bitya, bisobola kuteekerawo muntu mukutu gwa kitangaala awatali kukolagana na Mwoyo wa Katonda."[83]

Okubuulira tekubeerawo mu kusaba mu kkanisa mwokka, naye ne mu kusomesa, mu kusoma Bayibuli oba ebibiina ebirabirira.

Andy Maxwell agamba:

"Naye mazima gali nti, tufa ennyonta y'okuwuliziganya ne Katonda omulamu."[84]

Okubulwa Mwoyo omutukuvu era kyekivaako okutya? Emilio Knechtle asobola okubeera omutuufu bwagamba: " lwaki tulemererwa okuvvuunula ensi eno ennyononefu? Waliwo ekikyamu n'enzikiriza yaffe. Tutya obusambattuko, tutya obulumbaganyi, tutya okukaluubirizibwa, tutya okufiirwa emirimu gyaffe, tutya okufiirwa ebitiibwa byaffe, tutya okufiirwa obulamu bwaffe. N'olwekyo tusirika ne twekweeka. Tutya okubuulira enjiri mu ngeri ey'omukwano era nga y'amaanyi eri ensi."[85]

Ekigyawo ekizibu kino kisangibwa mu Bikolwa by'abatume 4:31 NKJV: "bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu."

## OMWOYO MUTUKUVU N'EBYETWAWANDIIKA

83 E.G. White, Okwagala okw'edda (1898), p. 671.4
84 Randy Maxwell, Singa abantu bange basaba … (Pacific Press, 1995), p.11
85 CD Die letzte Vorbereitung, Teil 6

Bino byebyogerwa ku byetwawandiika: “singa obununuzi bwa Katonda bubeera n’oyo awandiikira olupapula, omwoyo gwe gumu guwulirwa omusomi. Ekintu ekyawandiikibwa mu mwoyo gwa Katonda bamalayika ne bakikakasa, era kyekimu nekiteekebwa ku basomi. Naye ekiwandiiko bwekiwandiikibwa nga omuwandiisi taliiwo yenna ku lwa tendo lya Katonda, nga teyekwasiza bamalayika be yenna awulira bubulwa mu bunyikaavu. Bigoba era tebikwata ku basomi kubanga Katnda ne Mwoyo we tebakiriimu. Ebigambo birungi naye tebirina Buyinza bwa Mwoyo wa KAtonda akyamula.”[86]

**Njaga okukisaako essira nate: mu Butonde buli kimu kye twakola tekyaali kikyamu. Kikafuuwe. Tugunjizaawo ebintu ebirungi ebirungi ennyo; Katonda mu butuufu yawa omukisa kaweefube waffe owobuntu nga bwekisoboka. Naye ekibuuzo ekikulu kiri nti: emirimu gino tugikola nga abakkiriza ab’omwoyo oba abomubiri? Ekintu kimu ekitabuusabuusibwa: tulafuubana okuzuula emenda ng’abomubiri, tujja kuwaayo budde bungi nga buteerere; tujja kukola emirimu mingi, egitajja kuba na mugaso.**

## MWOYO OMUTUKUVU: SI NKUBA EYASOOKA, SI NKUBA EYASEMBAYO

“Enkuba eyasooka, okujjula Mwyoyo omutukuvu, kutuleetera okukula mu mwoyo, ekintu ekyomugaso ennyo ekitusobozesa okuganyulwa mu nkuba esembayo.”[87]

“ enkuba eyasooka, eyegeza amakungula g’ensi, ekyikirira ekisa eky’Omwoyo ekiteekateeka ekkanisa olw’okujja okw’omwana w’omuntu. Naye okujjako nga enkuba eyasooka ettonnye, tewagenda kubaawo bulamu; ebimera ebyakiragala tebigenda kumeruka. Okujjako nga ebire ebyasooka byakola omulimu gwabyo, enkuba esembayo tesobola kutuukiriza nsigo.”[88]

## OMWOYO OMUTUKUVU N’OKUWONGEBWA KWA BAYIBULI

“ omulimu guno (kuwongebwa okwa bayibuli) gusoboka okutuukirizibwa okuyita mu kukkiririza mu Kristo kwokka, mu maanyi ag’omwoyo wa Katonda amulimu.”[89]

## OMULIMU OGW’OBUMINSANI OGW’AMAANYI WATALI MWOYO OMUTUKUVU?

---

86 E.G. White, PH 016, p. 29.1

87 Dennis Smith, ennaku 40 ez’okusaba n’okusinza okuzza obugggya enkolagana yo ne Katonda, Akatabo 2, (Vienna, 2013), p. 175

88 E.G. White, okukkiriza kwe ndimu The Faith I live By, (1958), p. 333.3

89 E.G. White, The Great Controversy, (1911), p. 469.3

Ebitongle ebinene, pulogulaamu ze njiri eziyitimuse n'enkola z'obuwereza ez'amaanyi zigunjiziddwawo awatali mwoyo mutukuvu? Andrew Murray, omuminsani ow'amaanyi e South Afrika, yamanya nti ekintu kino kyali kisoboka era, mazima ddala, kyaliwo mu bungi ku bukuŋŋaaniro bwa bakristitaayo we yawandiikira:

Nsobola okubuulira oba okuwandiika oba okulowooza oba okwefumuntiriza, era nsanyukira mu kutwalizibwa ebintu ebiri mu kitabo kya Katonda ne mu bwakabaka bwa Katonda; so nga amaanyi g'Omwoyo omutukuvu gayinza oba nga tegaliiwo. Ntya nti bw'otwala okubuurira mu kkanisa yonna eya Kristo n'obuuza waliwo amaanyi agalokola matono nnyo mu kubuulira ekigambo, lwaki ekigambo kirina amaanyi matono nnyo mukuzimba obutukuvu n'obuwonge mu bakkiriza – okwanukulwa kujja kujja: bwebutaba n.amaanyi ga Mwoyo omutukuvu. Era lwaki kiri bwekiti? Tewasobola kubaawo nsonga ndala naye nti omubiri [laba Abaggalatiya 3:3] n'amaanyi ag'obuntu gawambye ekifo Mwoyo omutukuvu kyeyandibaddemu."[90]

**OMWOYO OMUTUKUVU N'EBY'OBULAMU**

"Kyenvudde mbegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, saddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa katonda, kwe kuwereza kwammwe okw'amagezi." Abaruumi 12:1 NKJV

"Temumanyi nti muli yekaalu ya Katonda era nga Omwoyo gwa Katonda abeera mu mmwe? Omuntu yenna bw'azikirizanga yekaalu ya Katonda, Katonda alimuzikiriza oy; kubanga yekaalu ya Katonda ntukuvu: ye mmwe." 1Abakkolinso 3:16-17 NKJV

"Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye yekaalu y'Omwoyo omutukuvu ali mu mmwe, gwe ulina eyava eri katond?nammwe temuli ku bwammwe. Kubanga mwagulibwa na muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu mubiri ne mu mwoyo, ebya Katonda." 1 Abakkolinso 6:19-20 (era laba : okuva 15:26)

Abantu abajjula Mwoyo mutukuvu yekaalu ya Katonda. Waki oyimidde n'olowooza ku biki kino byebiteeza ku bulamu bwo? Yekaalu ky'ekifo Katonda mwatuuka. Katonda yagamba musa: "era bankolere awatukuvu: "ndyoke ntuule wakati waabwe" Okuva 25:8

Bwetutwala sitaatiment eno ng'enkulu, awo okulabirira eby'obulamu ne neeyisa yaffe awatali kulonzalonza bijja kufuuka kitundu ku bugoberezi bwaffe. Omubiri gwaffe gwa Katonda. Oyagala okukwa ekintu kya Katonda n'obwegendereza? Yee, twagala okulabirira emibiri gyaffe n'obwegendereza era mu butuufu okusinziira ku biragiro bya Katonda! Kinokirina ekipimo ky'empisa

90 Randy Maxwell, singa abantu bange basaba (Pacific Press 1995), p. 145

kyekibanja. Omuntu , ajjula ne mwoyo mutukuvu, asobola era emirundi egisinga ajja kutuukiriza empisa zino n'essanyu. Byasasulwa gwe omubiri, omutima n'omwoyo omulamu. Omuntu , atajjula Mwoyo omutukuvu, ajja kutoba n'okuboonaboona n'ebibi ebivaamu. Katonda atusuubiramu mu ngeri esinga okukuuma obulamu bw'omubiri n'omwoyo gwaffe ku lw'ekitiibwa kye, obuwereza n'essanyu lye. Mu kifo kino tewali kidda mu kifo kya kujjula Mwoyo omutukuvu. Yesu bw'abeera mu ffe ng'ayita mu Mwoyo omutukuvu, awo naye abeera: "nze mukama awonya". (okuva 15:26) Okuwonyezebwa ky'ekikola ekisinga ku muntu gwekikwatako n'ekitiibwa kya Katonda. Kino kisobola okuvaako ekibuuzo:

omusawo ow'obwakatonda awonya omuntu yenna?

"omukyala omukadde omu Cambodia yajja ng'omunoonyi w'obubudamu mu ddwaliro ly'obuminsani. Yali ayambadde ebyambalo by'omunaani owa budda. Yasaba ajanjabbibwe Dr. Yesu. Era bamubuulira ku yesu. Yamuteekamu obwesige era n'awonyezebwa omubiri n'omwoyo. Bweyasobola okudda e Cambodia, yasobola okuwangula abantu 37 eri Yesu."[91]

Mu biseera by'obulwadde bwa Kabaka Kezeekiya mukama yamusindira obubaka: " mazima nja kukuwonya." (2 Bassekabaka 20:1-11) naye kwaki Katonda teyamuwonya na kigambo, wabula n'amuwa omulimu ogw'okumuteekako ekitole ky'ettiini? Kiyinzika okuba nti mukama atusuubira okwenyigiramu nga tukozesa eddagala ery'obutonde oba okukyuusa mu byetulya, okukola , okuwummula, n'ebirala? Lwaki Katonda teyawonya Pawulo namulekera "eriggwa mu mubiri"? Pawulo kennyini yagamba "nnemenga okugulumizibwa ennyo olw'obungi bw'ebyo ebyabikkulibwa." (2Abakkolinso12:7-10) Naye E.E. White atugamba:obuyinza bw'omwoyo wa Katonda ly'eddagala erisinga elisobola okuweebwa omusajja oba omukazi omulwadde. Eggulu bwe bulamu obulungi; obuyinza bw'omuggulu gyebukoma okusensera, obukakafu bw'okuwonyezebwa kw'agenyezza gyebweyongera."[92]

Ekintu omusuubuzi kye yawandiika si kya muzinzi era ekyamakulu ? yawandiika ku ngeri emisomo gy'eby'obulamu gye gitaamukolera kalungi konna. Naye okuva bweyatandika okusaba Mwoyo omutukuvu buli lunaku , yaddira ddala ku nneyisa ey'obulamu obutalina nkenyera n'atandika na kulya nva ndiirwa."[93] Kino tekiraga nti okujjula Mwoyo omutukuvu kitunyweza ku miramwa emirungi n'okutuwa amaanyi wamu n'essanyu okukkiriza enneyisa ey'obulamu obulungi?

Mwannyinna ffe yasoma ku bulamu buno. Yawandiika: okuyita mu kweweeraro ddala eri Yesu, Katonda akyusirizza ddala obulamu bwange mu kaseera. Oluvannyuma lw'essaala yange ey'okwewaayo, ku makkya g'olunaku olwaddako nagenda mu ffumbiro, ne nyimirira okuliraana eyuuma kya kaawa, nanyeenya omutwe ne neegamba : Nedda, sikyanywa kaawa. Mu biseera

---

91 Omuwandiisi tamannyiddwa, Emmere yaffe eya buli lunaku [Our Daily Bread ]– Akatabo k'okusinza (RBC Ministries), 26. Nov. 1993

92 E.G. White, Medical Ministries (1932) p.12.3

93 Email from 7.3.2013

ebyayita kino kyandibadde tekirowoozeka, kubanga bwe nagezaako okuva ku kaawa, omutwe gwanuma bubi nnyo okumala ennaku ttaano – buno bwali bubonero obw'amaanyi omubiri bwegufuna nga ovudde ku kintu kyegumannyidde. Ku mulundi guno ssalowooza na ku binanviiramu. Nali manyi kimu nti sikyayagala kunywa kaawa. Leero sirina kyoyerezi kya kaawa.[94] eno yali emu ku nkyukakyuka ennyingi mu bulamu bwe. (nkulagirira "andreasbrief" akokutaano ku buwangula Taaba n'omwenge eri omuntu yenna ayagala okwetakkuluza ku muze. Kinnyonnyola mu bulambulukufu ekkubo mu kusumululwa okuyita mu kusaba n'ebisuubizo ( weekiri mu Lugyamani lwokka).[95]

obulamu ne Mwoyo omutukuvu bujja kuleetawo okutereza mu By'obulamu. Kikwata ku bumanyi ku by'obulamu okubuyunga ku maanyi g'okukyusa. Don Mackintosh, Akulira Newstart Global, Weimar,CA, agamba:

"Obwetaavu obutuufu obw'ebiseera byaffe ssi kusoma busomi ku bya bulamu – tulina obumanyi obusuffu. Kye twetaaga bwe bumanyi obwo tubugatte n'amaanyi agasobola okubuteeka mu nkola, nga ago ge maanyi g'okukyuusa."[96]

Dr. Tim Howe agamba:

"Okusomesa ku by'obulamu kyokka si mulimu gwa kisawo ogw'aminsani. Okusomesa ku by'obulamu tekiwonya kusinga ku teeka elya Katonda okununula. Okufuna obulamu obulungi oba okununurwa amaanyi agakyuusa aga Katonda gateekwa okufunibwa."[97]

Mu kusembayo, nandiyagadde okubuuza ekibuuzo: Ate okuwona mu kukkiriza? Kusoboka okusuubirwa ko yadde akatono nga tetujjudde Mwoyo omutukuvu? (laba Makko 16:17-18; Yakobo 5:14-16)

## OKUTEEKATEEKERA OKUJJA KWA YESU OKWOKUBIRI

Tewali kiyinza kudda mu kifo kyabugoberezi obw'omukwano ne yesu okuyita mu Mwoyo omutukuvu nga okweteekateekera okujja kwe okwokubiri(oba okufiira mu mukama).Kristo bwabeera mu nze okuyita mu Mwoyo omutukuvu, awo mba mweteefuteefu okuyita mu kisaakye. Ebifo bisatu bisobola okulaga kino. ( ebisingawo ku kino kikwatibwa mu kubatizibwa omwoyo n'emikolo gy'ensi egisembayo akaawandiikibwa Dennis Smith.)

---

94 Email okuva mu November 18, 2014 okuva ewa mwannyina ffe M.

95 Andreas brief Nr.5, Sieg über Tabak und Alkohol, www.missionsbrief.de – Andreasbriefe. Man kann ihn auch beziehen bei Wertvoll leben, Adventist Book Center und TopLife – Wegweiser Verlag.

96 Dave Fiedler, D'Sozo, (Remnant Publications), Forward

97 Dave Fiedler, D'Sozo, (Remnant Publications), Forward

**Enkolagana ey'obuntu ne Kristo**

Yesu yagamba: "buno bwe bulamu obutaggwawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo." (Yokaana 17:3 NKJV) »okutegeera « kirina amakulu ag'omunda mu bayibuli okusinga gekirina leero mu lulimi olungereza. Kitegeeza okwekwasiza ddala, mu mukwano ogwannamaddala. Kiba mu bulamu ne Mwoyo mutukuvu mwokka.

Ekirowoozo kino kiviirayo mu bigambo bino:

"Tulina okubeera n'enkwatagana ennamu ne Katonda. Tulina okwambazibwa n'amaanyi agakkira mu kubatizibwa kwa Mwoyo mutukuvu, tusobole okutuuka ku mutendera ogusingako; kuba obuyambi bwaffe tebuliiyo mu ngeri ndala."[98] Mu lugero olw'embeerera 10 Yesu yagamba abasiru: "sibamanyi" Ensonga yali ki? Obutaba na mafuta, ekitegeeza obutaba na Mwoyo omutukuvu (Matayo 25:1-13).abasajja, abaakomerera Yesu, Balina okumanya kw'endagaano enkadde Kunene. Naye kubanga baagivuunulanga mu bulimba tebanoonya nkolagana ya buntu ne Yesu.

Tukimanyi nti omugigi gw'ennaku ez'enkomerero, olw'embeera y'olunaku olwo, kijja kwetagiisa akakwate ak'omukwano ku Katonda?

**Obutuukirivu mu Kukkiriza**

Mu bubaka bwa Katonda eri omuntu mu bubaka bwa bamalayika abasatu buli ku kibuuzo eky'okubuulira "engiri etagwaawo." (okubikkulirwa 14:6-7) . Ekinyusi kyobubaka buno kiri ki nti ensi yonna elina era ejja kubuwulira? Kiri obutuukirivu ku lwe kisa okuyita mu kukkiririza mu Yesu yekka (Abaefeso 2:8-9). Abo, ababuulira obubaka n'amaanyi ku lunaku luno olusembayo, bateekwa okufuna amaanyi g'obubaka bo bennyini. Balina okumanya n'okufuna obutuukirivu ku lw'okukkiriza okuyita mu Yesu yekka nga omusonyiyi n'omununuzi okuva mu kibi. Kino kisoboba mu bulamu obujjudde Mwoyo mutukuvu yesu mwayitira okusobozesa obuwurize bwaffe. Yesu okubeera mu ffe kiragibwa mu buwulize eri amateeka ga Katonda Gonna. Ensi ejja kwakayakana n'obubaka buno (okubikkulirwa 18:1).

**Okwagala kw' amazima**

Biki ebigenda okubeera mu bulaamu bwaffe leero nga tulina oba tetulina bulamu bujjudde Mwoyo omutukuvu nga twogera ku kwagala kw'amazima, okusoma ekigambo kya Katonda nokuteeka amazima mu nkola mu bubulamu bwaffe? 2Abasessaloniika 2:10 NKJV wagamba, nti "…abo abasaanawo, kubanga tebaafuna kwagala kw'amazima, nti bayinza okununulwa". Abo,

---

98 E.G. White, Review and Herald, April 5, 1892

abatasobola kubuzibwa, balina okwagala kw'amazima mu mitima gyabwe. Tufuna tutya okwagala kuno? Engeri yokka gyetusbola okukufuna nga yesu abeera mu ffe okuyita mu Mwoyo omutukuvu. Baruumi 5:5 agamba nti okwagala mu mitima gyaffe tukujja mu Mwoyo omutukuvu. Abaefeso 3:17 atugamba tujja kubeera "n'emmizi tunywezebwenga mu kwagala" nga tuyita mu Mwoyo omutukuvu. Mu Yokaana 16:13 Mwoyo omutukuvu ayitibwa " Mwoyo ow'amazima". Kino kitulaga bulungi nti kyetaagisa okubeera omukkiriza ow'omwoyo tusobole okubeera n'okwagala okw'amazima. Tulina ebizibu leero n'okwagala amazima, eri ekigambo kya Katonda, eri ebiwandiiko eby'obunnabbi? Tunuulira ebiseera ebituli mu maaso: " abo boka abayizi abekeneenya ebyawandiikibwa era abafuna okwagala okw'amazima be bajja okutangirwa olufu lw'ebirimbo ebiwambye ensi… Abantu ba Katonda kati banywevu ku kigambo kye nti tebamenyebwa ebyo ebikakasa nga bwebawulira?"[99]

Katonda tabuuza oba tuzudde amazima gonna, wabula oba twagala amazima.

## EKIBALA KY'OMWOYO OBA EBIKOLWA BY'OMUBIRI

"Obuyinza bw'Omwoyo omutukuvu bwe bulamu bwa Kristo mu mutima. Kristo tetumulaba era tetwogera naye, naye Omwoyo we atulinaanye nnyo mu kifo ekimu nga bwali mu kirala. Atukolera mu n'okuyita mu ye buli omu afuna Kristo. **Abo abamanyi obutuulo bw'omwoyo booleka ebibala by'omwoyo .."**[100]

Abaggalatiya 5:22 NKJV: okwagala, okusanyuka, emirembe, okuguminkiriza,ekisa,obulungi, okukkiriza, buwombeefu, okwegendereza. Abaefeso 55:9 NKJV obulungi bwonna, obutuukirivu n'amazima.

Abaggalatiya 5:16 -21 NKJV tulagibwa nti amaanyi g'ekibi gajja kumenyebwa mu ffe okuyita mu Mwoyo omutukuvu.

"….tambulira mu mwoyo, era totuukirize kwagala kwa mubiri. Okwagala kwomubiri kuwakanya omwoyo, era n'omwoyo bwegutyo eri omubiri; era bino bikoontana, era nti tokola bintu byoyagala. Naye bwokulemberwa omwoyo, etteeka terikukwatako. (laba ne mu Baruumi7:23+8:1) "naye ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba, okusinza ebifaananyi, okuloga, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, empaka, okweyawula,okwesalamu, n'ebiri ng'ebyo; nsooka okubabuulira ku ebyo, nga bye nasooka okubabuulira, nti bali abakola ebiri ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda." (Abaggalatiya 5:19-21)

99 E.G. White, The Great Controversy (1911), p. 625.3
100 Editor Francis D. Nichol, ebyogerwa okuva mu bayibuli y'abadiventi Vol. 6 (Hagerstown, 1980), p. 1112

## EBIRABO BY’OMWOYO

“wansi w’ebirabo by’omwoyo tutegeeza ebirabo ebiweebwa okukola kwa Mwoyo omutukuvu, nga bwebimennyeddwa mu 1 Bakkolinso. 12:28 n’Abaefeso 4:11: abatume, bannabbi, ababuulizi, abasomesa, abakozi b’ebyamagero, eby’okuwonyanga, abayambi, abafuga, aboogezi b’ennimi. Ebirabo bino bikola omulimu mu ‘okuvujjirira abatume ku lw’omulimu gw’obuweereza’… Bikakasa obujjulizi bw’ekkanisa n’okuwa obukulembeze n’okuluŋŋamya .”[101]

Mwoyo omutukuvu era agaba ebitone ebirala okukola emirimu egitali gimu: “mu magezi ne mu bika byonna eby’obukozi.” (okuva 31:2-6) oba obuzimbi ( 1Ebyomumirembe 28:12,19).

Bwetuba twagala okufuuka abagoberezi ba Yesu ,tumuwe byonna byetulina ne byetuli. Na bwekityo ebitone n’obusobozi bwaffe bwonna, byetwazaalibwa nabyo wamu ne byetuyize, biteekebwa mu mikono gye. Asobola okutuwa ebitone ebyeyongerako ne/oba asobola okulongoosa n’okutuukiriza ebitone byaffe byetwatondebwa nabyo.

Tusobola okufuna ebilabo eby’omwoyo nga tetulina Mwoyo mutukuvu?

## OKULONDA KWA KATONDA OBA OKULONDA KWA BANTU?

Tulina ekikula kya demokulasiya mu kkanisa eky’ensi yonna. Naye tekirowoozebwa nga ko nga demokulasiya abantu gwebaagala. Ekigendererwa ekituufu eky’obululu bwaffe kiri nti buli omu awulirize edoboozi lya Katonda era n’akuba akalulu ke bw’atyo. Bwetuwuliriza edoboozi lya Katonda, kimanyisa okwagala kwa Katonda okuyita mu kalulu. Mazima ddala tusaba nga tetuneetaba mu nkuŋŋaana ez’obukulembeze. Emirundi egisinga omukisa guweebwa nga akalulu tenakubwa eri buli muntu okusaba asobole okulaba Katonda gwayagala alondebwe. Nekkemiya yagamba: “ Katonda wange n’akiteeka ku mutima gwange…..” (Nekkemiya 7:5) ne E.G White yayogera ku Nekkemiya essula 1: “ era bweyali asaba, ekigenderwa ekitukuvu kyali kizimbibwa mu mwoyo gwe..”[102]

Omukkiriza ow’omubiri anaawulira eddoboozi lya Katonda? Singa aba mu bugenderevu era yenna nga teyeewaddeeyo eri Mukama, awo mu bukakafu tajja kufuna kwanukulwa (ps.66:18;ps. 25:12). Singa omuntu, omukkiriza ow’omubiri, alondesa amazima mu kumanya kwe okusinga, awo nga twogera ng’abantu tekirina buzibu. Naye mu kaseera ako kennyini abantu wetukolera endagaano, kifuuka okukolera mu kibi.

Abakulembeze balina obuyinza bwa maanyi ku mulimu gwa Katonda. Kikolera ddala enjawulo nnene era kisobola okuvaamu eby’amaanyi singa ab’oluganda ne bannyinnaffe babeera be bakulembera, abayitiddwa Katonda oba abalondeddwa akalulu ka bantu.

101 Hrsg. Gerhard Rempel, Schlüsselbegriffe adventistischer Glaubenslehre (Hamburg), p. 44
102 E.G. White, Southern Watchman (www.egwwritings.org), March 1, 1904

Bwennali nsoma akatabo ku kusaba, nakizuula nti tusobola okusaba Katonda okutulaga ekkubo gyetulina okugenda. (Ps. 32:80. Okuwuliriza eddoboozi lya Katonda mu kasirise kyakyuusa obulamu bwange bwonna. Bye nafuna mu kiseera ekyo mbyogerera mu kiwandiiko ekiyitibwa okuva mu kukiikirira buzinensi okufuuka omusumba" (weekiri mu lugyamani lwokka) [103]Waliwo era okubuulira okulungi okuwuliriza okuva mu Kurt Hasel " nsobola ntya okukola okusalawo okutuufu?" (nakyo weekuli mu lugyamani lwokka)[104] era waliwo okubuulira okw'amaanyi okuva emyaka egiwerako emabega okwakolebwa Henry Drummond: " Nsobola ntya okumanya okwagala kwa Katonda?" (weekuli mu lugyamani lwokka).[105]

Wano waliwo ekyabaawo mu October 23,2014: mu massekkati g'obuminsani "country life institute Austria" mu Carinthia, Austria (TGM- Trainingszentrum fur Gesundheitsmission und Gesundheitszentrum matterdorferhof) baalina okusalawo: tuzimbe twongerezeeko oba nedda? Waaliwo ebintu bingi ebiwagira n'ebikiwakanya. Ekibuuzo ekikulu kyali: okwagala kwa Katonda mu nsonga eno kuli kki? Tetwayongera kukubaganya birowoozo ku birungi na bibi , wabula twasaba okumala ennaku kkumi Katonda atuteeketeeke okuwulira eddoboozi lye era nti ajja kutuwa okwanukula kwe mu nsisinkano y'okusaba mu October 23 (nga bagenyi abakatandika bagenze) oba tuzimbe okwongerako oba nedda.

Ensisinkano y'okusaba yaliwo n'abantu abasoba mu 20 abagyetabamu. Oluvvannyuma lw'okwegattila mu kusaba buli muntu yabuuza Katonda mu kasirise amubuulire oba tuzimbe oba nedda. Okwanukulwa okwa buli omu twakugabana mu bibiina bwe tuti: ku kapapula baalina okuwandiika "+" bwe baba baakuzimba, baalina okuwandiika " –" bwe baba ssi bakuzimba, baalina okuwandiika "o" bwe baba tebalina kya kuddamu era baalina okuwandiika "?" wamu n'akamu ku bubonero obulala bwebaba tebeekakasa kwanukula kwabwe. Ekyavaamu ke kabonero k'obukulembeze bwa Katonda obwebyewuunyo: Waaliwo 14 "+" ( 4 ku zino "+?"), 6 "o" n'empapula 4 ezi taawandiikibwako kantu konna. (waaliwo era okwanukula kwa mirundi 2, okwali tekutegeerekeka era okutaabalibwa. Bwebutyo obukulembeze bwa katonda bwatulambika bulungi nti tulina okuzimba. Ndi mumativu nti tujja kweyongera okusaba okuluŋŋamya kwa Katonda ne mu nnaku ezisembayo.

Yoweeri 2:28-29 kino ekitulaga. E.G. White Ayogera: "tulina nga sekinoomu okumuwulira nga ayogera eri omutima. Eddoboozi lyonna eddala nga lisirisiddwa, era mu kasirise tulindirira mu maaso ge, akasirise k'omwoyo katumbula eddoboozi lya Katonda. Atukkubiriza, " musirike mumanye nga nze Mukama" zabbuli 46:10"[106]

---

103 www.gotterfahren.info – Gott verändert Leben – Vom Prokurist zum Prediger
104 www.gotterfahren.info – Wege zum Ziel: Gott erfahren – Gottes Botschaft für unsere Zeit – Thema Nr. 11
105 Missionsbrief.de – Predigten lesen – Henry Drummond: Wie erkenne ich den Willen Gottes? (Deutsch und Englisch)
106 E.G. White, Okwagala okw'edda (1898), p. 363.3

## ESSENTE

Njawulo ki eriwo mumakkati g'abakkiriza ab'omwoyo n'ab'omubiri ku bikwata ku kufuna nokukozesa essente? Tweraba nga bannanyini ba bya bugagga oba nga Ababikuumira Katonda? " okwagala kw'essente n'okwagala okweraga kufudde ensi ekidandali kya babbi n'abanyazi. Ebyawandiikibwa bikuba ekifaananyi ku mululu n'effuga bbi ebijja okusooka okubaawo nga Kristo ajja ogw'okubiri."[107]

## BA MALAYIKA BA KATONDA BAKUUMA ABANTU ABATYA KATONDA

Ba malayika ba Katonda bakuuma abantu abatya Katonda. "malayika wa Mukama asiisira okwetooloola abo abamutya, n'abalokola." (zabbuli 34:7 NKJV) "Malayika omukuumi alondebwa eri buli mugoberezi wa Kristo. Bano abalabirizi b'omuggulu batangira amaanyi g'omubi eri abatuukirivu."108 –bwekyogera ku Katonda – abantu abatya, abagoberezi ba Kristo n'abantu abatuukirivu okubeera wansi w'obukuumi bwa Katonda, kino kitegeeza nti kikwata ku buli yeeraba nga omukkiriza? N'abo abatanaweerayo ddala bulamu bwabwe eri Katonda kibakwatako? Kituufu ku baana, kubanga Yesu yagamba mu Matayo 18:10 NKJV: "mulabe nga temunyoomanga omu ku abo abato bano; kubanga mbagamba nti mu ggulu ba malayika baabwe batunuulira ennaku zonna amaaso ga kitange ali mu ggulu." Dawudi, eyakwasiza ddala obulamu bwe eri Katonda, yamanya nti tewaliiwo kiyinza kumutiisa. Yagamba: "Mukama gwe musana gwange n'obulokozi bwange; gwe nnaatyanga ye ani?" (zabbuli 27:1 NKJV)

(nkulagirira okusoma mu katabo *The great controversy* mu suula 31 ekitundu ekikwata ku buweereza bwa bamalayika abalungi. Lino ssanyu ly'amaanyi eri buli mwana wa Katonda.)

## OBUGAMBO OBUFUNDIKIRA

Tukutte ku bitundu bitono. Wakyaliwo ebitundu bingi eby'obulamu n'okukkiriza ebisobola okwongerwako. Ku byonna, bino bituufu:

***Kati bwetwekkenneenya enjawulo, tewaliiwo kitundu kya bulamu n'ekimu ekitafuna miganyulo minene okuyita mu bulamu ne Mwoyo omutukuvu. Era bwetukyuuka ku luuyi olulala, tewaliiwo kitundu n'ekimu wetutalina bibi binene***

---

107 E.G. White, bannabbi ne ba Kabaka [Prophet and Kings] (1917), p. 651.1
108 E.G. White, The Great Controversy, (1911), p. 512.2

***No'bulamu obutaliimu Mwoyo mutukuvu. Kino gyetuli tekirina kubeera kisikiriza eky'amaanyi buli lunaku okukwasa obulamu bwaffe Katonda ne tusaba okujjula mwoyo mutukuvu?***

"emyaka egiyise ennyonyi ya Boeing 707 yabuuka okuva ku kisaawe e Tokyo ng'eyorekedde London. Yasituka bulungi nnyo. Obudde obwaliwo bwali bulungi nga waggulu tewali bire. Amangu abasaabaze baali basobola okulaba olusozi olumannyiddwa ennyo mu Japan lwebayita Mount Fuji. Amangu ago omugoba w'ennyonyi nafuna ekirowoozo okubuuka okwetooloola olusozi luno abasaabaze balulabe bulungi banyumirwe.

Yava mu ntambula y'ennyonyi enteeketeeke n'akyusa nadda ku kubuuka okw'okulaba. Mu kukozesa amaaso okubuuka, omugoba yegyako obukuumi bwa bakalabalaba aba wansi abalondoola mu budde n'okuluŋŋaamya entambula z'ennyonyi era neyesigama ku kiki kyalaba. Omugoba yalaba olusozi kumpi wansi we. Akuuma ke akapima obuwanvu (ultimeter) kaalaga mita 4,000. Kyataalaba y'empewo eyali ejiirira n'omuyaga , eyali ekuunta okwetooloola Olusozi Fuji. Ennyonyi eno Boeing 707 yali teyinza kuwunya mu mpewo eri. Bwetyo yakutukira mu bbanga , ne'gwa era abasaabaze bonna baafa."[109]

Omukkiriza ow'omubiri abeera mu "kukozesa amaaso okubuuka". Okusalawo kwona y'akwekolera. Ne bwaba n'ebigenderwa ebirungi ajja kulemererwa. Omukkiriza ow'omwoyo nga ayita mu Mwoyo omutukuvu munkolagana ey'okwagala n'okwesiga ne Mukama, amutwala n'amutuusa awatali kabi.

**Essaala: kitaffe mu ggulu, tukwebaza nti okuberwa kwa Yesu nga ayita mu mwoyo mutukuvu kukola enkyukakyuka ennungi mu ffe ne mu mirimu gyaffe. Nkwegayirira oyongere okunzigula amaaso eri emirimu gya mwoyo mutukuvu. Nkwegayirira ompe okujjula okwobulamu kuno okuyita mu ye, okwo yesu kw'ayagala okutuwa. Nkwegayirira onnyambe okuzuula ekisumuluzo okumulungula ekizibu kino mu suula eddako era n'okukiteeka mu nkola . Webale . Amiina.**

---

109 Kalenderzettel February 17, 1979 by Reinhard Petrik

# EKISUMULUZO
# MU KUTEEKA MU NKOLA

*Nsobola ntya okuteeka mu nkola n'okufuna empenda za Katonda ku nze?*
*Nsabe ntya okukakasa nti nzijula omwoyo?*

### ESSALA N'OKUJJULA MWOYO OMUTUKUVU

Kikulu nti tugende ku lugendo luno mu kukkiriza era nti tusabe Mwoyo omutukuvu nga tulina okukkiriza . Ekyo kitegeeza nti bwetumala okusaba Mwoyo omutukuvu twetaaga okwesiga n'okubeera abakakafu nti Mukama yayanukudde dda essaala zaffe era nti yatuwadde dda Mwoyo omutukuvu gwetusaba..

Abaggalatiya 3:14 NKJV wagamba: " …tulyoke tuweebwe ekyatusuubizibwa eky'Omwoyo **olw'okukkiriza**." Enzivvuunula endala (NIRV) wagamba: "..tulyoke tuweebwe ekyatusuubizibwa eky'Omwoyo mutukuvu **olw'okukkiririza** mu Kristo."

Katonda atuwadde obuyambi obw'amaanyi tusobole okwesiga kitaffe ow'omuggulu.

Tukiyita "okusabira mu bisuubizo".

### OKUSABIRA MU BISUUBIZO .

Okusooka, wano waliwo eky'okulabirako ekiyamba: katugambe nti omwana wange ssi mulungi mu lufalansa ku ssomero. Njagala okumukubiriza okufuba ennyo okusoma olufalansa . Musuubiza nti singa akola bulungi mu lipoota ye nja kumuwa $20. Omwana atandika okusoma n'amaanyi. Era muyamba n'olufalansa era akola bulungi ddala. Kiki ekiddirira kati? Omwana bw'adda ewaka okuva ku ssomero era nayingira emilyango ayita mu ddoboozi ery'omwanguka nti Taata, $20" lwaki akakasa

nti ajja kufuna $20? Kubanga ekisuubizo kyakolebwa era atuukirizza ebimwetaagisa. Mazima ddala, kino kyabulijjo eri abantu abasinga mu biseera bino.

Naye kisoboka nti mu kadde ako sirina $20. Kisoboka nti Katonda ekintu kyeyasuubiza takilina? Tekisoboka!

Oba kisoboka nti neekuba ne ŋŋamba " nsoma mu kitabo ku byenjigiriza nti tetulina kukozesa ssente kukubiriza baana kusoma. N'olwekyo sisobola ku kuwa $20. Katonda akyuusa endowooza ye oluvvannyuma? Tekisoboka!

Tusobola okukiraba nti tulina ekisuubizo okuva ewa Katonda era tutuukiriza ebitwetaagisa, awo waliwo ekisoboka kimu – nti tuweebwa ekyatusuubizibwa.

Okuyita mu bisuubizo bya Katonda, ayagala okutukubiriza okugenda mu ludda olumu. Ekyokulabirako kwekuwebwa mwoyo mutukuvu, atuwa amaanyi ga Katonda mu bulamu bwaffe.

Ayagala okutwanguyiza okumwesiga. Okwesiga kuli ku mutima ogulimu okukkiriza.

Kati twagala okusoma ebyawandiikibwa ebyenkizo mu 1 Yokaana 5:14 – 15 NKJV eby'okusaba nga tulina ebisuubizo:

"era buno bwe bugumu bwetulina eri ye, nti **bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira**."

Katonda awa ekisuubizo eky'awamu nti bwetusaba okusinziira ku kwagala kwe. Okwagala kwa Katonda kuweebwa mu Mateeka ekkumi n'ebisuubizo. Tuyinza okubyesigamako mu kusaba kwaffe. Awo mu lunyiriri olwe 15 kyongera ne kigamba:

"era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, **tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye**."

Enzivvuunula endala (NIV) egamba:

" bwe tumanya nti Katonda awulira bye tusabye, **tumanyi nti tubifunye**."

Ekyo kiteega ki? Essaala zaffe okusinziira ku kwagala kwa Katonda ziddibwamu mu ngeri y'emu gyetusaba mu ewa Katonda. Naye munda tetulina kye tuwulira. Essala zaffe ziddibwamu na kukkiriza, si na bwetuwulira. Bwetuwulira bijja luvvannyuma.

Mu kusaba n'abantu abanywa enjaga n'omwenge njize. Mu kaseera webasabira okusumululwa tebalina kyebalaba. Bafuna okuddibwamu na kukkiriza. Naye nga wayise essaawa entono bakizuula nti tebakyalina kwooya kwonna okwa taaba oba omwenge. Mu kaseera kano baba bafunye okwanukulwa okw'essaala yabwe okulabwako.

Yesu yagamba mu Makko 11:24 NKJV: " kyenva mbagamba nti ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiwereddwa, era mulibifuna."

E.G. White yagamba: " tetwetaaga kulabira mikisa ku bujjulizi bwa ku ngulu . ekirabo kiri mu kisuubizo, era tusobola okukola emirimu gyaffe nga tuli bakakafu nti Katonda byasuubizza asobola okubikola, era nti **ekirabo, kyetwamala okufuna, tujja kukiraba wetusingira okukyetaaga**."[110]

N'olwekyo tetulina kunoonya bukakafu bwa ku ngulu. Wano ddala kitegeeza okunoonya okufuna okuwulira munda. Roger J. Morneau yagamba: " Emyoyo [emizimu] gisendasenda abantu okuwuliriza embeera zabwe nga bwebawulira munda okusinga okuwulira ekigambo kya Kristo ne bannabbi be. Mu ngeri esinga obukakafu emyoyo gifuna obuyinza ku bulamu bw'abantu nga tebategedde na kigenda mu maaso."[111]

Okusabira mu bisuubizo kutuggulirawo eggwanika lya Katonda . Kitaffe owomuggulu atwagala atuggulirawo akawuunti ezitakalira. " basobola ( abayigirizwa) okusuubira ebintu ebinene bwe baba n'okukkiriza mu bisuubizo bye."[112]

## EBIKA BIBIRI EBYE BISUUBIZO

Mu kadde ke kamu kikulu mu bwegendereza okwawula wakati w'ebisuubizo mu bayibuli: "ebisuubizo eby'omwoyo – eby'okusonyiyibwa ebibi, ebya Mwoyo mutukuvu, eby'amaanyi okukola emirimu gye – bibeerawo bulijjo (laba Ebikolwa by'abatume 2:38-39). Naye ebisuubizo eby'emikisa egy'ekiseera, n'obulabu bwennyini,biweebwa mu biseera era ne bigyibwaawo mu biseera, nga obugabirizi bwa Katonda bwebulaba nga kisaanidde."113

Eky'okulabirako : Isaaya 43:2 NKJV "bw'onotambulanga okuyita mu muliro, toosiriirenga; so n'omuliro tegulyakira ku ggwe." Katonda mu ngeri eyewuunyisa yakuuma ekisubizo kye eri ab'omukwano abasatu mu kikoomi ekyaka n'omuliro (Danyeri 3).Naye ku ludda olulala, bannankyukakyuka Hus ne Jerome baayokyebwa ku Kyoto mu Konsitansi. Tusobola okugamba nti essala zaabwe tezaddibwamu. Yadde guli gutyo, tezadibwamu mu ngeri ffe gyetutamanyidde? Lwaki? Omuwandiisi wa Paapa yannyonnyola okufa kw'abajuizi bano bw'ati: " bombi baaguma n'endowooza etakyuka esaawa yabwe esembayo bweyatuuka. Baategeka omuliro nga balinga abagenda ku mukolo gw'okuwasa. Tebaalajana mu bulumi. Ennimi z'omuliro bwezayambuka, baatandika okuyimba ennyimba z'okusinza; era okwokya n'okubengerera kw'omuliro tekwasobola kusirisa kiyimba."[114]

---

110 E.G. White, Obuyigirize [Education] (1903), p. 258.2

111 Roger J. Morneau, A Trip into the Supernatural, Review and Herald 1982, p. 43

112 E.G. White,Okwagala okw'edda [The Desire of Ages], (1898), p. 668.1

113 Morris L. Venden, 95 Ebikwata ku butuukirivu mu kukkiriza [Theses on Righteousness] by Faith, (Pacific Press 1987), p. 60

114 E.G. White, The Great Controversy, (1911), p. 109.3 Neander, "Kirchengeschichte", 6.Per., 2. Abschnitt, 2. Teil, §69; Hefele „Konziliengeschichte" Bd. VI, S.209 f

Omuntu bw’ayokyebwa , alajana . eneeyisa yabwe elaga nti Katonda yayingirawo, naye ssi mu mbeera gyetulabirawo. Kino kindaga nti ebisuubizo eby’ekiseera bikyalina omugaso gyetuli.

## OKWEBAZA OKUDDIBWAMU

Kati ku kintu ekikulu ekirala: byetusaba bwe bituweebwa mu kadde ketubisabiddemu, awo kiba kituufu okwebaza Katonda olw’okuddamu ku biddirira. Okwebaza kwaffe mu kaseera kano kulaga twesiga Katonda nti azeemu essala era nti ejja kutuukirizibwa mu kiseera wetusinga okugyetaagira. Abakkiriza abamu balaba ekintu amangu ddala nga bamaze okusaba. Naye abakkiriza abangi bakifuna nga Eriya : Mukama teyali mu mbuyaga,mu musisi oba mu muliro, wabula mu ddoboozi ettono eryeggonjebwa (1 Bassekabaka 19:11-12). Nage kino kye nafuna.

Nga wayise ebbanga epanvu nalowooza nti tewali kyali kibaddewo. Awo amangu nenkizuula nti ebintu bingi byali bigeda mu maaso mu nze nga sikimanyi.

## KYUSA ENDOWOOZA YANGE

Kino kitegeeza: kyetaagisa okukyusa endowooza yange mu kadde kano: “…naye mukyusibwe nga olw’okufuula amagezi gammwe amaggya…” (Abaruumi 12:2NKJV)

Kati kituufu okugamba: webale nti oyanukudde essaala yange. Webale kubanga okkiriza okusaba kwange. Webale kubanga nja kubifuna mu budde obutuufu.

Kino ssi kwegumya. Okwegumya oba ogeezaako kwematiza . Bwensabira mu kisuubizo, awo mba nina kwensinziira nga kwa bwakatonda  kwenva okukyuusa  endowooza yange, kubanga nayanukuddwa dda okuyita mu kukkiriza. Mu mbeera eno, bwe sikyuusa ndowooza yange , awo mba ndaga Katonda nti simwesiga, wabula mpulira nina we nyweredde. N’eneeyisa eno mbeera Katonda mufudde omulimba era na bwekityo sifuna kantu konna.

Kikulu era nti nkole mbw’entyo,  nebwesibaako kyendaba. Katonda bulijjo asiba obwetaavu mu kukkiriza. Ayagala tumwesige. Lowooza ku kusala omugga yorodaani. Ababuulizi baalina okusooka okulinnya mu mazzi era awo amazzi negeeyawula. Naamani yalina  okwennyika mu mazzi emirundi musanvu alyoke awonyezebwe.

Ndowooza ogamba: “sisobola kukikola. Sisobola na kulowooza ku kukikola.” Bambi jjukira waliwo ebintu bingi byetutasobola kunnyonnyola. Okutuula leero, tetumanyi amasanyalaze kye ki, newankubadde nga tugakozesa .  okutuuka leero, tetumanyi Abaana engeri gyebayigamu okwogera. Naye bonna bakiyiga. “ mu  nsi mwetuli  twetoloddwa ebyewuunyisa ebisukka okumanya kwaffe. Kati awo

twewuunye okusanga mu nsi Ey’omwoyo ebintu byetutayiinza na kufumintiriza?”[115]

tulowooze ku Engero 3:5-6 NKJV: “ wesigeenga Mukama n’omutima gwo gwonna. So teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe; Mwatulenga mu makubo go gonna, kale anaaluŋŋamyanga olugendo lwo.” Wano tusanga obukwakkulizo okuva ewa Katonda obw’ekisuubizo kino eky’okuluŋŋamya amakkubo gaffe. Buli kakwakkulizo era kabeera tteeka. Bwetuba tetwekakasa nti tutuukiriza akwakkulizo, awo tuyinza okusaba obusobozi n’obukakafu nti katonda ajja kutwanukulirawo. “…naye bwoba ‘mweteefuteefu okukusobozesa’, Katonda ajja kukukolera omulimu ogwo…”116

Ekintu ekitono ekiyinza okuyamba: tumanyi kye tukola, bwetuba tusabidde mu kisuubizo, tutuukiriza ebyetaago, ate awo ne tubuusabuusa okuddibwamu? Katonda tumufuula mulimba. Tewali mbeera eyinza kutwagaza kukola ekyo. Mu mbeera eno, saba: Mukama, nzikiriza, yamba okukkiriza kwange. Awo bwomala Mwesige!

***Waliwo amagezi ag’omuwendo ennyo ku kusabira mu bisuubizo mu suula “ okukkiriza ‘okusaba” mu katabo “ Okusoma” aka E.G. White.***

## OKUSABA MWOYO OMUTUKUVU

Ndowooza tulina ebisaanyizo ebisinga eby’okusaba okujjula Mwoyo omutukuvu. Naye tetwerabira tekirina kubeera na kufuula okwagala kwa KAtonda okukola okwagala kwaffe, wabula kukkiririza mu bisuubizo n’obwesigwa bwe .

### Ekisuubizo ekyokuweebwa mwoyo omutukuvu

Mukama atuwadde ebisuubizo ebisuffu eby’okuweebwa Mwoyo omutukuvu:

**Lukka 11:13 NKJV**: “kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, **tasinga nnyo kitammwe ali mu ggulu okuwa omwoyo Omutukuvu** abamusaba!”

Kitaffe ow’omuggulu takoze okwetema okukukakatako wano? Ekyetaago mu kisuubizo kino ekisuffu kiri nti: saba! Ate nga Yesu tategeeza kusaba mulundi gumu, naye okusaba obutaweera.

Naye, kya mugaso okulaba amakulu wano. Tulina era no'kusoma ebiwandikiddwa ebirala, ebyogera ku kintu kye kimu, nga eky'okulabirako:

**Ebikolwa by'abatume 5:32 NKJV** " naffe ffe abajjulirwa b'ebigambo ebyo, era n'Omwoyo omutukuvu, Katonda gwe yawa abamugondera."

Ekyetaagisa wano kiri: obuwulize! Tukiraba wano nti tetusobola kwemalira ku byawandiikibwa bya wamu wokka: tulina okwekkeneenya omulamwa gw'ekisuubizo. Tekirina kuba ku buwulize bwekiba ku kintu ekitusanyusa. Wabula, kiri ku kuwulira ye: omununuzi waffe omulungi era owomukwano. Obuwulize buzaala essanyu. Saba omutima omuwulize buli ku makya. Saba nti Katonda ajja kukufuula omwetegefu okukola buli kimu ky'ayagala era akuyambe okukituukiriza. Kino kikola akakwakkulizo akalungi.

**Yokaana 7:37 NKJV:**"omuntu bw'alumwa ennyonta , ajje gyendi anywe."

Wano kiri ku " bwetaavu" bwa Mwoyo omutukuvu. Bwoba tolina bwetaavu, oba olowooza nti olina butono nnyo, awo osobola okusaba okufuna obwetaavu. Kwo kusaba okusinziira ku kwagala kwa Katonda, okujja okuddibwamu mbagirawo. Bwetusaba Katonda waffe ow'ebyewuunyo ajja kututondamu " obwetaavu no kutuukiriza".

Tusobola era okusaba okufuna enkolagana ey'amaanyi ne Katonda, okumwagala n'emitima gyaffe gyonna, okumuweereza n'essanyu, okufuna obwetaavu obweyongera obwa Yesu n'okudda kwe okw'amangu n'ensisinkano mu bwakabaka bwa Katonda, obwetaavu okusoma ekigambo kya Katonda okukiyigirako, wamu n'obwetaavu okuyamba n'okusobozesebwa okuyamba okutaasa abaabula.

**Yokaana 7:38-39 NKJV**: " akkiriza nze, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu gufuluma mu lubuto lwe. Ekyo yakyogera ku Mwoyo, gwe baali bagenda okuweebwa abamukkiriza."

Wano akakwakkulizo kari: kukkiriza! Tulaba wano nti okukkiriza kwaffe mu Kristo, okwesiga kwaffe mu Katonda, kakwakkulizo kakulu ak'okufuna Mwoyo omutukuvu. Naye bwe tusabira mu bisuubizo, awo okukkiriza kuba kwangu.

**Abaggalatiya 5:16 NKJV**: " *naye njogera nti mutambulirenga mu mwoyo, kale temutuukirizenga kwegomba kwa mubiri."*

115 E.G. White,Obuyigirize [Education] (1903), p. 170.1

116 E.G. White,Ebirowoozo okuva ku ntikko y'emikisa [Thoughts from the Mount of Blessing] (1896), p. 142.1

Tulina **ekisuubizo** wano, ekireteddwa ng'etteeka. Katonda bwanjagaza okutambulira mu Mwoyo, awo kitegeeza bulungi nti ayagala ku nzijjuza Mwoyo omutukuvu. Era atulaga wano nti bwetujjula Mwoyo omutukuvu, awo tuba tetukyali ku kusaasira kwa kwegomba kwaffe. Omwoyo omutukuvu amenya amaanyi g'ekibi mu ffe (Abaruumi 8:1-17, naddala olunyiriri 2). Okuyita mu Mwoyo omutukuvu " *ebikolwa by'omubiri gwaffe*" bittibwa (Abaruumi 8:13). Lowooza ku Pawulo, eyeyogekako nti: "buli lunaku nfa." Kintu kya muwendo nnyo obuteesiga mirimu gya mubiri (Abaggalatiya 5:18-21), wabula okukuza ebibala by'omwoyo (Abaggalatiya 5:22).

Tusobola okugerageranya ekibi okuzinduukiriza obulamu bwaffe ku we bapanze ebitangaazo. Okusobola okutangira enfuufu obutayingira mu birawuli byabyo, ekisenge mweziri balina okukipika n'omukka. Kino kitegeeza nti empewo efuluma bufulumi bwe baggula oluggi. Tewali nfuufu eyingira. Mu ngeri y'emu, bwetujjula Mwoyo omutukuvu, " temutuukirize kwagala kwa mubiri." (ebisingawo ku nsonga eno biri mu mukko: *"omuntu asobola okusigala mu mwoyo*?" ku nkomekerero y'e suula eno.)

**Abaefesso 3:16NKJV** "abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu owomunda. Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala … n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okuteegerwa, mulyoke mutuukirire okutuuka okutuukirira kwonna okwa Katonda."

Osanga tetulaba ku maanyi gonna okumala ebbanga eddene kisobola okuba nga bwekiri mu butonde. Mu biseera ebyobutiti emiti giwaatula ne mu by'omusana nebittojjera nebifuuka kiragala. Waliwo amaanyi mangi mu kweyubula kuno. Naye tetusobola kugalaba nandi okugawulira. Naye ate tulaba ebigavaamu. Bwekyali ku lwange. Neebaza Katonda nti ampa amaanyi amayitirivu.

Eky'okulabirako ekirala : tukimanyidde ebyasa ebitonotono nti tulina amasannyalaze mu mibiri gyaffe. Mwegali . Naye tetugamanyi .

**Abaefeso 5:18 NKJV:** "…mujjule Omwoyo" oba " mujjulenga omwoyo ."117

**Ebikolwa by'abatume 1:8 NKJV**: "naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange …."

117 Johannes Mager, Auf den Spuren des Heiligen Geistes, (Lüneburg, 1999), Seite 101

Abayigirizwa baalina ekyabaweebwa okukola kwe kulinda paka amaanyi nga gazze. Tebalinda nga baleze bulezi mikono. “abayigirizwa baasaba mu buwombeefu okufuna obusobozi okusisinkana abantu buli lunaku bogere ebigambo ebitwala aboonoonyi eri Kristo. Nga batadde ku bbali enjawukana zabwe, okwagala okukira ku balala kwonna, beegatta mu kwenyweza mu bukkiriza..”[118] tusobola era okusabira mu kisuubizo kino.

## TEWALI BIRUNGI BIVAAMU …?

“ omuvubuka yali anoonya obuwabuzi, kuba yayi ayagala okujjula Mwoyo omutukuvu. Yakola kaweefube w’amaanyi. Omusumba yamubuuza: “ weeweereddero ddala eri Katonda? ‘sirowooza nti neweeredeyo ddala. Omusumba nagamba nti ‘ kale’, ‘ awo tekijja kuyamba okusaba [okujjula mwoyo omutukuvu], paka nga weweereddeyo ddala eri Katonda. Toyagala kweweerayo ddala eri Katonda kati?’ Naddamu ‘sisobola’. ‘Oyagala Katonda akikukolere? Naddamu ’ ye’. ‘Awo nno musabe akikukolere.’ Yasaba: ‘Ayi Katonda, nzigyamu okwagala kwange. Onteekere ddala mu kwagala kwo. Okwagala kwange kunzisize wansi. Nsabye mu linnya lya Yesu.’ Awo omusumba n’abuuza : ‘Kikoleddwa?’ n’agamba ‘ kiteekwa okuba’. Nsabye Katonda ekintu okusinzira ku kwagala kwe era manyi nti yanyanukudde era nti nina ekyo kyensabye (1Yokaana 5:14-15). Ye, kyakolebwa okwagala kwange kwasuulibwa wansi.’ Awo omusumba namugamba: ‘Kati sabira okubatizibwa n’omwoyo omutukuvu [okujjula Mwoyo omutukuvu].’ Yasaba: ayi Katonda , mbatiza kati ne Mwoyo wo omutukuvu. Nsaba mu linnya erya Yesu. Era kyatuukawo mbagirawo bwe yasuula okwagala kwe.”119

## ENJAWULO EY’AMAANYI OKUSOOKA N’OLUVVANNYUMA

Yadde nga nali mannyidde okusabira mu bisuubizo okumala ebbanga eddene n’okukikozesa mu mbeera ez’enjawulo era nenfuna okuddibwamu okusuffu, nalowooza okumala emyaka mingi nti kyali kimala singa nsaba busabi Mwoyo omutukuvu mu ssaala nga sisinzidde ku bisuubizo ebimu. Nkimanyi nti bangi bayinza okubeera n’endowooza y’emu. Ssaagala kugamba nti ekyo kintu kikyaamu. Naye bwentunuulira ku byenayitamu, awo nejjusa bwejjusa okubeera nti nasabanga mu ngeri eno nga sesigamye ku bisuubizo. Okumala emyaka emitono kati mbadde nsabira mu bisuubizo buli lunaku okufuna Mwoyo omutukuvu , kibeere nti oluvvannyuma lw’essala yange , nina obukakafu nti kati nzijjudde Mwoyo omutukuvu. Okuyita mu byayitibwamu

118 Ebikolwa by’abatume [Acts of the Apostles], 37.1. egwwritings.org
119 Reuben A. Torrey, Der Heilige Geist – Sein Wesen und Wirken (Frankfurt, 1966), p. 150

mu October 28, 2011 nalaba enjawulo ey'amaanyi mu bulamu bwange: Okusooka n'oluvvannyuma.

Okuva lwe natandika okusabira mu bisuubizo, enkolagana yange ne Katonda efuuse ya nnamaddala ne Yesu ansemberedde era afuuse w'amaanyi nnyo gyendi. Kino tekiri ku nze nga bwe mpulira; kirina akakwate ku bintu bino:

- Bwe mba nsoma bayibuli ntera okufuna okumanya okupya ate okuzaamu amaanyi
- Mu lutalo n'ebikemo nsobola okusigala nga ndi muwanguzi.
- Obudde bwange obw'okusaba bufuuse bwa muwendo gyendi era bundeetera essanyu lingi.
- Katonda addamu essala zange ezisinga obungi.
- Nina essanyu lingi "n'obuvumu" (Ebikolwa by'abatume 4:31c) okubuulira abalala ku Yesu.
- Neyongedde okusisinka ne mikwano gyange.
- Okuyita mu kisa kya Katonda obulamu bwange busanyufu era mpulira nga ndi munywevu mu mukono gwe.
- Mu mbeera enkalubo Mukana yampanirira mu ngeri eyeewunyisa era n'aŋŋumiza munda.
- Nazuula birabo ki eby'Omwoyo Mukama byeyampa.
- Okwemulugunya kwa koma. Bwempulira abalala nga beemulugunya siwulira bulungi.

Enkyukakyuka yaliwo mu kasirise. Nasooka okukiraba nga maze ekiseera nga nsaba Mwoyo omutukuvu okuyita mu bisuubizo bya bayibuli. Okuva ku olwo nafuna ekika ekirala eky'obukkiriza. Mu kusooka obulamu bwange ne Katonda bwali bwa kufuubaana era nga bukalubo; kati nfuna essanyu n'amaanyi.

Netonda olw'okufiirizibwa mu bulamu bwange olw'obutaba na Mwoyo omutukuvu, olwokufiirwa mu bufumbo bwange ne famire n'olwokufiirizibwa mu makkanisa gye nawerezanga ng'omusumba. Bwe nakizuula nasaba Mukama okunsonyiwa.

Kya mukisa mubi nti kituufu mu kifo kino tetusobola kutwala muntu okussukka ffe ffennyini. Twagala era okujjukira nti obunafu obw'abantu ssekinoomu mu famire ne mu kkanisa bugattako oba bukubisaamu.

Olw'okwagala abalala baleme ku kungubagira ebizibu byebimu mu bulamu bwabwe, njagala okugattako ebirowoozo ebitonotono.

Mu 2Petero 1:3-4 kigamba nti okuyita mu nkolagana eya nnamaddala ne Yesu tusobola " okuyita mu… ebisuubizo eby'omuwendo n'ebyamaanyi…..mugabanire awamu obuzaaliranywa bwa Katonda."

Kino era kitegeeza nti Mwoyo omutukuvu ampeebwa okuyita mu bisuubizo. Osobola okugerageeranya ebisuubizo ku kyeeke ya Banka. Bwetutwala kyeeke eriko omukono gwa nannyini akaawunti, tusobola okugya ssente okuva ku akaawunti ey'omuntu omulala. Nga abaana ba Katonda (Yokaana 1:12) tusobola okugyayo buli lunaku ne kyeeke (ebisuubizo)

eriko omukono gwa Yesu. Tekiyamba kuteekayo kyeeke zaffe , nebwetwandibadde ne kyeeke ezikoleddwa akakugu bu bifaananyi. Twetaaga kyeke eziriko omukono gwa nannyini akaawunti.

Waliwo ensonga endala, eyinza okutuwaririza okusabira mu bisuubizo. Mulimu amaanyi mu kigambo kya Katonda. Lwaki Yesu yasaba emirundi esatu ku musaalaba n'ebigambo okuva mu Zabbuli? Lwaki

yerwanako n'agoba Sitaani nga akozesa ennyiriri za bayibuli bweyali amukema mu ddungu? (Matayo 4:4,7,10) Yagamba: "omuntu aba mulamu na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

Yesu, omutonzi, yamanya nti mulimu amaanyi mu kigambo kya Katonda. " mu buli tteeka ne mu buli kisuubizo ekyekigambo kya Katonda mulimu amaanyi, obulamu bwa Katonda bwennyini, okuyita mu go buli tteka lituukirizibwa n'ebisuubizo biweebwa."[120] ebigambo nga byewunyisa! Amaanyi ga Katonda 'nobulamu bwe biri mu buli Kisuubizo. Bwetusabira mu bisuubizo tuba tukozesa kigambo kya Katonda mu ssaala yaffe. Kigamba ku kigambo kya Katonda: "bwe kityo bwe kinaabanga ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange, naye kirikola ekyo kyenjagala, era kiriraba omukisa mu ekyo kye nnakitumirira."(Isaaya 55:11 NKJV)

Nteekateeka okusaba Mwoyo omutukuvu nga nkozesa ebisuubizo. Bwensabira mu bisuubizo manyi nti bwemmala okusaba Omwoyo omutukuvu mbeera mufunye okusinziira ku kisuubizo kya Katonda mu 1Yokaana 5:15 NKJV: "era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye." Bwesisabira mu kisuubizo, awo mba nsuubira nti essaala yange ejja kuddibwamu. Kisingako okutwala obudde mu ssaala ng'eno n'ofuna olunaku olw'omukisa, okusinga okwemulugunya ku kulemererwa akawungeezi.

Nawerezebwa obubaka okuyita ku yintaneeti, obwawandiikibwa n'essayu eringi: "nali sirowooza nti kisoboka okukola enjawulo ennene singa nsaba Katonda okunkulembera mu lunaku n'e bigambo byange oba singa nsabira mu bisuubizo okuva mu bayibuli! Ebisuubizo bulijjo bibadde bikulu nnyo gyendi. Mbikkiririzaamu bulijjo, naye nalemererwa okusaba okubifuna buli lunaku. Obulamu bwange ne Yesu bufunye oludda olunyikivu, olujjudde essangu obukakafu n'obukkakamu. Kino nkyebaliza Katonda.."[121]

Ku lw'ensonga eno, nsazeewo ngabane eky'okulabirako ky'esaala eya Mwoyo omutukuvu mu bisuubizo. Mu bulamu obwabulijjo, esobola okufunzibwa.Kikulu nti tuyige okwesabira butereevu okuva mu kigambo kya Katonda. Naye ensonga enkulu eri nti okukkiriza kwaffe kunywezebwa ebisuubizo mu ngeri nti bwe tusaba tuba n'obukakafu nti tufunye Mwoyo omutukuvu. Tufuna Mwoyo omutukuvu bwetukkiriza kye tusabye.

120 E.G. White, Amasomo ga Kristo [ Christ's Object Lessons] (1900), p. 38.2
121 Email to H. Haubeil C.S.

**ESSALA ERIMU EBISUUBIZO EY'OKUZZA OBUGGYA MWOYO OMUTUKUTVU BULI LUNAKU**

Kitaffe ali mu ggulu, nzijja gyoli mu linnya lya Yesu omununuzi waffe. Wagamba: ***mpa omutima gwo.*** (Engero 23:26) njagala okukikola kati nga newaayo gyoli olwaleero nabuli kimu nkyendi ne kyenina.[122] Webale kuba wamaze dda okwanukula essaala eno okusinziira ku kwagala kwo, kubanga ekigambo kigamba nti bwetusaba okusinziira ku kwagala kwo, tumananya nti twatunye dda ebyo byetusaba (1Yokaana5:15). Era wagamba nti toligobera bweru abo abajja gyoli (Yokaana 6:37).

Yesu yagamba: "Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo omutukuvu abamusaba!" (Lukka 11:13)

Era wagamba ojja kuwa Mwoyo omutukuvu eri abo, abalina **okukkiriza** mu ggwe (Yokaana 7:38-39), abakuwurira (Ebikolwa by'abatume 5:32), abakiriza okuzibwa obuggya n'omwoyo omutukuvu (Abaefeso 5:18) n'abatambuulira mu mw'oyo (Abaggalatiya 5:16). Kino kye njagala. Nkwegayirira otuukirize kino mu nze. Ku lw'ensonga eno mu bwesimbu nkusaba kitange okumpa Omwoyo omutukuvu leero. Olw'okuka kuno nkusaba okusinziira ku kwagala kwo, nkwebaza nti ompadde Mwoyo omutukuvu kati (!Yokaana 5:15) webale nti nfunye okwagala okw'obwa Katonda mu kaseera ke kamu, kubanga ekigambo kyo kigamba: "**okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima ggyaffe, ku bw'Omwoyo omutukuvu gwe twaweebwa."** (Abaruumi 5:5; Abaefeso 3:17) njagala okwogera ne Zabbuli: "Nkwagala ggwe, ayi Mukama, amaanyi gange." (Zabbuli 18:1) nkwebaza nti nsobola okwagala bantu bannange n'omukwano gwo.

Nkwebaza nti okuyita mu Mwoyo omutukuvu amaanyi g'ekibi gamenyeddwa mu nze (Abaruumi 8:13, abaggalatiya 5:16). Nkwegayirira omponye n'okunkuuma leero okuva mu kibi n'ebikemo era bwekyetaagisa nyakuka era omponye okuva mu butonde bwange obukadde obwonoonefu. (1Yokaana 5:18)

Era nnyamba okubeera omujulizi wo mu bigambo n'ebikolwa (Ebikolwa by'abatume 1:8). Nkutendereza era nkwebaza okuwulira essaala yange . Amiina.

122 "Abo bokka abanaafuuka abakozi ne Kristo, Abo bokka abanaagamba,Mukama, byonna bye nina, kyonna ky'endi bibyo, beebajja okukkirizibwa nga abaana ba Katonda." E.G. White, The Desire of Ages (1898), p. 523.1

Yesu yennyini ayagala okubeera mu ffe okuyita mu mwoyo omutukuvu (1Yokaana 3:24; Yokaana 14:23). E.G. White yagamba: " obuyinza bw'Omwoyo omutukuvu mu bulamu bwa Kristo mu mwoyo."123 Amaanyi agakyuusa Petero, Pawulo n'abantu abalala bangi wegali ku lwaffe. Era atuwa " abawe mmwe ng'obugagga bwe kitiibwa kye bwekiri, okunywezebwa n'amaanyi mu mwoyo gwe mu muntu owomunda." (Abaefeso 3:16)

Okujjula Mwoyo omutukuvu kisumuluzo ek'yobulamu obw'okukkiriza mu ssanyu, amaanyi, omukwano n'obuwanguzi ku kibi. " …awaba omwoyo gwa mukama waffe we waba eddembe." 2Abakkolinso 3:17b.

Mu bubaka bwe nafuna kyagamba bwekiti: " ba memba b'ekkanisa bangi basaba essaala egambiddwa buli lunaku mu bibiina eby'abantu babiri babiri. Okumala emyezi etaano egiyise mbade ngisaba ne mukwano gwange omukyala. Si mu buli kimu ekinzimba mu binntu ekinkwatako nga ze byokka, naye ne mu maka, emikwano, obufumbo, eby'omwoyo ne mu kkanisa – si mu mbeera evaako obutabanguko obw'amaanyi, wabula kikolebwa mu ngeri ya kasirise, ey'obutonde. Twewuunyiza era tukiraba kino nga enkola ya Katonda okutulambika , ekintu ekigonza obulamu mu ngeri, kuba tweyongerayongera okuwulira okusembererwa kwa Katonda ."124

**OMUNTU ASOBOLA OKUSIGALA MU MWOYO?**

Yee! Bwetutaganya mbeera ya butakkiriza okukula era ne tussiza mu mwoyo: " netussa nga tufulumya wabweru" nga twenenya ebibi byaffe "n'okussa nga tuyingiza munda" nga tukozesa omukwano n'okusonyiwa kwa Katonda n'okuzza obuggya essala yaffe eyokukkiriza okujjula Mwoyo omutukuvu.[125]

Kiri nga enkolagana yaffe n'abaana baffe. Omwana bweyali nga tawulira, yasigala mwana waffe. Naye tuwulira okukyankalana mu nkolagana. Omwana ayinza okuba nga tasobola ku tutunula mu maaso. Okukyankalana kuno kuterezebwa na kwenenya.

Naye omuntu asobola mu butonde okuddayo okufuuka ow'omubiri nga wayise ekiseera ekiwanvu. Bayibuli teyogera ku " bw'onunulibwa olumu, obeera luberera". Obutonde bwaffe obwekibi bukyaliwo. "tewali n'omu ku batume ne bannabbi yali agambyeko nti talina kibi."[126]

Naye okuyita mu bulamu ne Mwoyo omutukuvu wamu ne yesu mu mitima gyaffe amaanyi g'ekibi gamenyebwa tusobole okubeera mu bulamu obwobukritaayo obw'essanyu era obunywevu. Obutuukirivu bwaffe buli na Yesu Kristo yekka. "…eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Katonda – era n'obutukuvu n'okutukuzibwa n'okununulibwa." (1 Abakkolinso 1:30 NKJV). Omutwe guno gugenda kukwatibwako mu bujjuvu .

---

123 Omuyoyoosi Francis D. Nichol, Adventist Bible Commentary Vol. 6 (Hagerstown, 1980), p. 1112
124 Email to Helmut Haubeil: E.S.
125 Helmut Haubeil & Gerhard Padderatz, Gott, Geld & Glaube (Eckental, 2009), p. 97
126 E.G. White, Ebikolwa by'abatume (1911), p. 561.1

Singa tufuuka ab'omubiri nate nga kiva ku kiseera ekiwanvu eky'obutafaayo ku bulamu obw'omwoyo oba okulemererwa okussa mu mwoyo, tukimanya nti omununuzi waffe ow'ekisa atulindiridde.

Kikulu okumanya engeri yokka gyetusobola okuzibwa obuggya ekisa kya Katonda n'okubeera mu bulamu obw'omwoyo emirembe gyonna. Tewali n'omu asaana kubeera wa mubiri.

Naye jjukira nga omuntu n'okutwaliza awamu Randy Maxwell yagamba: "tulowooza nti okuzza ekkanisa ya Katonda engulu okuva kumpi mukufa okw'omwoyo kisoboka awatali kawefube?"[127]

Obulamu obungi wano n'obutaggwawo, okununula kw'abangi n'okusiima kwaffe okwa ssadaaka ya Yesu ey'amaanyi bigwanidde kawefube . Ekintu ekikulu kwe kusisinkana mukama waffe ku makya mu kutendereza.wano watufujjirirwa n'amaanyi ge.

Tusoma bino ku mutume Yokaana:

"Bulijjo bulijjo omutima gwe gwasebezebwa eri Kristo, okutuuka nga akyeraba ye ku lw'okwagala mukamawe. Akasunguyira n'okwekyawa kwe nekufuuka amaanyi agabumba aga Kristo. Obuyinza bwa Mwoyo mutukuvu obumeruka mu ye ne buzza buggya omutima ggwe. Amaanyi g'omukwano gwa Kristo gaaluka enkyukakyuka ye ne neeyisa. Kino kyekiteekwa okuva mu mukago ne Yesu. Kristo bw'abeera mu mutima , obutonde bwonna bukyusibwa."[128]

"Onzibule amaaso gange, ndabe eby'ekitalo ebiva mu mateeka go. (Zabbuli 119:8 NKJV) nkwebaza nti onkulembera era nsobola okugamba: "Nsanyukira ekigambo kyo, Ng'azuula eby'omuwendo omungi." (Zabbuli 119:162 NKJV)

127 Randy Maxwell, Singa abantu bange basaba (Pacific Press,1995), p. 158
128 E.G. White, Emitendera egikutuusa ku Kristo [Steps to Christ] (1892), p. 73.1

# BINTU KI BYETUGENDA OKUYITAMU EBITULI MU MAASO?

*Byetufuna ng'abantu , wamu ne mu makkanisa,*

*mu lukuŋŋaana, mu mukago*

## OWOLUGANDA BYEYAYITAMU

"Okumala emyaka ebiri mbadde nsaba buli lunaku okukkirwa Mwoyo omutukuvu mu bulamu bwange. Okusaba kwange kuli nti Yesu ajja kumbeeramu mu bungi buli lunaku. Okutambula kwange ne Katonda [mukiseera kino] kubadde tekukkirizika. Ekibala ky'omwoyo mu Baggalatiya 5 kyeyongedde okulabika mu mulamu bwange okuva lwe nasaba Yesu okubeera mu nze, okukola okwagala kwe mu nze n'okunziza obuggya buli lunaku ne Mwoyo omutukuvu. Nina essanyu lingi mu kusoma bayibuli, okugabana Kristo n'abalala era nina okwagala okw'amaanyi okusabira abalala; okwongera kw'ekyo, eneeyisa yange ekyuukidde ddala mu ngeri ennungi. Bino byonna mbiraba nga ebikakasa okunoonya kwange okwa Katonda buli lunaku n'okusaba Mwoyo omutukuvu buli lunaku."
C.H. yagabana era:

***" nkusomooza okusaba buli lunaku okujjula Mwoyo omutukuvu okumala wiiki mukaaga olabe ekinaabo."***

## ENNAKU 40 EZ'OKUSABA E SERBIA

" mu september 2010, twavvuunula era ne tukubisa akatabo ennaku 40: okusaba n'okwemalira okwetegekera okujja okwokubiri. Tukatuusiza mu makkanisa gonna aga ba memba b'omukago omukulu. Awo netuteekateeka ensisinkano z'okusaba buli wiiki ne buli lunaku mu nnaku 40 ezaddako okufuna okukkirwa okulala okwa Mwoyo omutukuvu.

kino nga kigenda mu maaso, embeera empya yatandika okukula mu nkuŋŋaana ez'okubitundu. Ba memba b'ekkanisa abataali bajjumbize batantise okwenyigiramu era nga baagala nnyo okulokola abalala. Abo, abaalwanagananga okumala emyaka ku nsonga ezitali zimu (era nga baali baalekera awo okwogerezeganya), baddiŋŋana, era nebatandika okukolera awamu enteekateeka zokutambula mu bantu.

Ate mu October 2010, nga tuli mu lukiiko olw'omwaka, " enteekateeka ey'okuzza obuggya n'okutereeza" yayanjulibwa. Twagikkiriza n'essanyu, nga tugiraba nga okutwala mu maaso ekyo Katonda kyeyali atandise mu mukago gwaffe.

Tulabye okusinziza awamu okwongedde enkolagana, okwegatta okw'amaanyi n'okutegeeragana okw'amaanyi mu ba bakulu mu mikago nga ebibala eby'amangu ebivudde mu nsisinkano z'okusaba zino."[129]

**OKUSABA OKW'ENNAKU 40 MU ZURICH/ SWITZERLAND**

" Omusumba waffe nange buli omu yawebwa ku lurwe akatabo, ebyakalimu byatukyamula. Omutwe gw'ako guli: *40 Days*: okusaba n'okwemalira okwetegekera okujja okwokubiri aka Dennis Smith, Review and Herald publishing assotiation. Kano si ke katabo k'osoma n'oteeka ku bbali. Ebyakalimu byakyusa obulamu bwange.

Kubanga ekkanisa yaffe mu Zurich-Wolfswinkel (erimu ba memba 100) yawulira obwetaavu obw'amanyi obw'okwezza obuggya n'okusaba, twateekateeka ennaku 40 ez'okusaba mu myezi egisembayo mu 2011. Ekitabo kyawa olukuŋŋaana luno n'ennaku 40 ezeyongerako ez'okusinza buli lunaku obubaka obw'omuwendo era obulambulufu.

Emitwe kikwata ku kujjula Mwoyo omutukuvu, kubuulira,obulamu bwa Yesu n'obugoberezi obw'Omwoyo.

Kale twatandika ennaku zaffe 40 nga October 1 mu kwesunga n'okusuubira okw'amaanyi. Eky'omukisa omulungi , abasinga ku ba memba b'ekkanisa benyigiramu. Ababeezi mu saala baasisinkananga okusaba buli lunaku, obubaka obwokussimu bwawandikibwanga buli lunaku n'abantu baasabiranga ku ssimu buli lunaku. Ekibiina kimu kyasisinkanga buli ku makkya ku saawa kkumi na bbiri (6am) okusinza nokusaba.

Ennaku zaffe 40 tezerabirikika. Katonda yaddamu essala zaffe ezisinga obungi, naddala nga zikwatagana n'emiteeko gy'okusomesa ku bunnabbi obuli mu bayibuli, ebyabaawo mu kiseera kwe kimu. Okusomesa kuno gwali mukisa gw'amaanyi. Twalina abagenyi bangi era abantu 20 beewaandiisa ku musomo ogw'obunnabbi ogwaddako. ( okulondoola mu march 2013: mu makkati g'abagenyi 50-60 bajja, ekintu ekibadde kitanabaawo mu Zurich mu myaka 20).

Mwoyo wa Katonda akoze enkyukakyuka ezigenda mu maaso mu kkanisa era liba ssanyu okulaba obubiina bw'abantu obutono nga butandise okukula n'engeri ba memba b'ekkanisa, abayayaana

129 M. Trajkovska, Southern European Union, Belgrade, kigyiddwa mu www.revivalandreformation.org

okusomesa bayibuli, okuzuula abantu abaagala. Abo abenyigiramu kati balina obwetaavu obw'amaanyi okutwala mu maaso omulimu gw'omwoyo wa Katonda. Twagala okumwebaza ku lw'emitima gyaffe gyonna era tumuwe ettendo." Beatrice Egger, ava mu kkanisa y'abadiventi mu Zuich – Wolfswinkel.

**ENNAKU 40 EZ'OKUSABA N'OKUBUULIRA ENJIRI MU COLOGNE/GERMANY**

Omusumba Joao Lotze mugyamani eyava e Brazil. Yakolera emyaka 38 mu makkanisa ne mu malwalaro mu Brazil, wamu ne mu mukago ne ttunduttundu ery'omu maserengeta g'amerika. Yawummula mu march 2012. Ye ne mukyala we bakkiriza okujja e Cologne nga "abaminsani ab'emikono gye" n'okukola mu makkanisa agoogera olupootugo n'olusipanisi.

"Twatandika mu cologne n'obubiina obutono obulabirira n'okukubiriza ba memba b'ekkanisa n'okuyita abagenyi. Twategeka ennaku 40 ez'okusaba nga tusinziira ku byetwafuna mu Brazil. Ebikozesebwa byaliwo mu lupootugo.

Amakanisa agaalina ba memba aboogera olupootugo, olusipanisi nolugyamani gaatandikira mu ssanyu ennaku 40 ez'okusaba. Twasabiranga emikwano nebetwasisinkanga 100 buli lunaku . amannya g'abantu bano gaali gawandikiidwa ku lubaawo mu kkanisa. Twamala kutuuka ku lunaku okuva ku olwa 30 paka olwa 35 olw'okusaba okumanyisa abantu bano nti twali tubasabira era mu kadde ke kamu netubayita ku sabiiti ey'enjawulo ey'abagenyi. Abantu 120 be bajja mu missa eno ey'enjawulo. Christina Badorrek, atwala ersonal Ministries eya Nordrhein-Westfalen, yabuulira. Abamu ku bagenyi baakaaba n'essanyu bwebaalaba amannya gabwe ku lubaawo.

Ouvvannyuma, Antonio Gonclaves, omubuulizi okuva e Brazil, yakola emiteeko gyokubuulira enjiri okumala ennaku 15. Buli kawuungeezi yayogereranga essaawa 1.5 ( n'omutaputa). Omutwe gw'emiteeko gino gwali 'leka bayibuli ekwewuunyise'. Emitwe gyali gikwata ku kujja okwokubiri, wamu n'emitwe ku Danyeri n'okubikkulirwa. Essomo nennyimba byavvuunulwa okuva mu lupootugo okudda mu lugyamani. Waaliwo kwaaya entono n'ennyimba ennungi buli kawungeezi. Buli kawungeezi ka galwanga n'okuyita ku katuuti. Twebaza olwokuddibwamu okulungi. Ba memba b'ekkanisa baasabira nnyo, naddala okusabira abantu abaali mu nnaku 40 ez'okusaba.

Ekkanisa yaffe etuuza bantu 80. Naye abasoba mu 100 beebajja. Ku nkomerero ya wiiki ekkanisa yajjulanga ne mu wiiki waaliwo nga abantu 60. Abagenyi 32 bajjumbiranga obutayosa. Kino kyavaamu okubatiza kwa bantu 8 n'abantu 14 beeyunga ku kibiina ekyo'kubatiza.

Tufunye ebyewuunyisa bingi. Kyali kizibu okuzuula omutaputa. Omusomesa omukatuliki yatuwa obuyambi. Naye teyalina bumanyirivu bungi na

bayibuli. Awo twaasaba okufuna omutaputa omupulotesitanti. Amangu oluvvannyuma twamanya ku mukyala mu wooteeri, eyannyonnyola nti avvuuunura okuva mu lupootugo okudda mu lugyamani mu kkanisa eya ba pentekooti. Ye yali omutaputa waffe mu miteeko gy'enjiri era naye yabatizibwa.

Maria, omutaputa, yabuuza oba asobola okuyita mukwano gwe Elisabeth okujja. Ono mukulembeze w'ekkanisa entono eya bakolumbiya nga erina ba memba 13. Yajja n'aleeta ne ba memba okuva mu kkanisa ye. Okuva olwo babiri ku bbo nabo baabatizibwa. Elisabeth ne famire ye kati bafuna misomo gya bayibuli.

Ekirala kikwatagana ku Hope Channel. Omukyala omugyamani yazuula Hope Channel mu butanwa era yakwatibwako bye yawulira, omuli ebyayogerwa ku ssabiiti. Yasaba mwami we okuwuliriza naye. Mwami we naye yanyuumirwa obubaka. Olunaku olumu baagenda okukyalira maama we, bayagala okuvugira mu kkubo eddala. Ku kkubo webaalaba akapande k'ekkanisa y'abadiventi. Baakizuula nti baali batuuse ku badiveenti okuva ku Hope Channel. Ku ssabbiiti yagenda mu misa. Oluvvannyuma yayita omwami we, n'oluvvannyuma n'ayita nnyina okumweyungako. Okuva olwo bonsatule baabatizibwa.

Ekirala kikwata ku mwannyinaffe Omu Russia ensibuko ye German. Yennyigira mu ennaku 40 ez'okusinza era n'atandika okusabira baliraanywa be ab'ogera olulasha. Bwe yabuulira omu ku b'emiriraano gye nti amusabira, muliraanwa ono yeewuunya nnyo era n'agamba nti yali anoonya ekkanisa ekuuma ssabbiiti eya bayibuli. Ye ne baliraanwa abalala bajja mu miteeko gy'enjri. Babiri ku bbo baabatizibwa.

Ekirala kikwata ku mukyala ayitibwa Jeanne. Abadde memba w'ekkanisa eyitibwa Baptist church e Brazil era nga kati yali anoonya ekkanisa eyogera olupootugo mu Cologne. Yakwatagana n'ekkanisa y'abadiventi, n'asomesebwa bayibuli era n'abatizibwa. Bweyamala okukyuka yakubira ab'eŋŋanda ze mu Brazil 'agamba kojja we omw'adiventi , nti naye kati mw'adiventi. Kyewuunyisa nnyo nyina, baganda be n'ekkanisa eya Baptist Church mu Brazil, mweyali memba. Famile ye nayo oluvvanyuma lw'ebyo yakyalira ekkanisa yabadiventi eteegeere ku ssabbiiti.kino kivuddeko abantu bataano okubatizibwa mu Brazil: maama we, babiri ku baganda be n'ab'oluganda abalala.Kati asabira okukyuka kwa muganda we omulala, abeera mu Argentina. Ayagala abeere nabo bonna mu bwakabaka bwa Katonda.

Wansi w'obukulembeze bwa Katonda tufunye ebintu ebirala bingi. Ku lubatiza olwasooka abantu munaana beebabatizibwa – omu okuva e Italy, Germany, Peru, Brazil, Ukraine, Venezuela, Columbia ne Russia.

Mu biseera by'omwaka ebisembayo era twalina emiteeko egikwata ku nakku 40 ez'okusinza. Jimmy Cardoso ne mukazi we, abaava e Brazil, naye kati babeera mu USA, baakola emiteeko gy'okubuulira. Yaddenga nga emiteeko gy'okubuurira gino gyamala wiiki, twasobola okubatiza abantu abaagalwa bana kunkomerero. Baali basomesebwa bayibuli. Baali abagyamani basatu n'Omuyitale omu.

Okubatiza kwombi kwakolebwa mu kkanisa enkulu e Cologne, erina ba memba 400 n'ekifo ekirungi okubatiza mwe kukolebwa.

Twebaza Katonda nti atwewuuunyisiza mu ngeri ennene bw'etyo. Ndi mumativu nti akyalina ebintu bingi ebitulindiridde. Bambi mutukuumire mu ssaala zammwe." Joao Lotze, Cologne, Germany.

**Okubeerwa okw'enkizo**: "nasooka kusoma katabo [ennaku 40] nenkayita. Okuva ku lupapula olusooka kankwatako. Tetuteekwa kusabira muntu kyokka, naye n'okubalabirira mu kwagala. Kino kiramusa okubeerwa . eky'omukisa omubi, nali siwulirangako kubeeragana mu ngeri eno. Okubeera mu kukkiriza! Ndi mumativu nti era kikulu eri omuntu, asaba , nga bwekiri eri omuntu, gwebasabira. Na bwekityo, kyamatiza okuva mu ntandikwa nti obugoberezi mu Yesu mu kkanisa bujja kunywezebwa. Ho, nsuubira nti obugoberezi obwo mu Yesu bujja kubaawo nga bwe bunnyonnyolwa mu ssuula ez'akatabo ezisembayo. Mu mazima, nakaaba, kubanga nali nayagala dda obugoberezi nga obwo. Ndi mumativu nti akatabo 'Kristo mu nze' katukubiriza era katusumululula okuva mu bintu byaffe byetutuuseko. Nsomye obutabo obuwerako obukwata ku 'Kristo mu nze', naye akatabo kano kalabika ke kasinga okuyamba. Nzikiriza nti obulamu bwo obw'okusaba bujja kunywezebwa akatabo kano, nti obugoberezi bwa yesu mu kkanisa bujja kulongosebwa era nti kijja kuzukusa okwegayirira mu yesu . Ekitabo kino kimpa esuubi eryange, ely'ekkanisa n'elyensi. Nebaza Katonda olw'ekitabo kino. Ekiddako, nteekateeka okusoma akatabo ak'endagiriro ey'ennaku 40, nkasabire era awo nkatwale wonna Katonda wandaga."

**Oluvvannyuma lwa wiiki ntono** nafuna obubaka ku yintaneeti obulala okuva ewa myannyinnaffe ono. " nga bw'omanyi nasoma akatabo okukayitamu mu kusooka. Naye okuva lwe natandika okusoma okusinza ne munnange mu ssaala, nzuudde nti ebitabo bino bya muwendo n'okusinga bwenasooka okulowooza mu kusooka. Nfunye eby'okuddamu ku bintu bingi, byennali saasobola ku lwange. Nebaza katonda ku lwa munnange mu ssaala, eyenyigiddemu era ennyo ." H.K

**Sikyekakasa :** " Akatabo emitendera mu kwezza obuggya kankutteko mu ngeri etali ya bulijjo….olw'okuba nazaalibwa mu famire y'abadiventi nalowooza nti ndi mu kkubo tuufu. Essuula ku mbeerera ekkumi era naddala mu Baruumi 8:9b: "kati

singa omuntu abeera talina Mwoyo gwa Kristo, tabeera wuwe" kyantyemula. Amangu ago nali sikyekakasa oba nali nina Omwoyo omutukuvu era oba yali akola mu nze, kubanga nali sirina "bibala" ebimutambulirako mu bulamu bwange. Mu ttuntu lya ssabbbiiti eno namaliriza okusoma akatabo era enyiike ey'amaanyi etanyonnyolekeka n'enzijira. Awo n'ensoma essaala eri ku nkomekkerero y'akatabo era obwetaavu obw'amaanyi okufuna Mwoyo mutukuvu nebusituka mu nze. , okumuleka akyuuse omutima gwange era nti Katonda anzimbe okusinziira ku kwagala kwe…AP.

Mumanye: " ebiseera ebiyise nasoma omuko gwo ku kwezza obuggya. Mbadde ntwaliriziddwa omutwe guno okumala nga emyaka esatu. Kati, naakatandika okusoma emitendera mu kwezza obuggya. Kyokka kye nsobola okukoogerako kiri nti Amiina! Ndi musanyufu nti mu mpapula zino nazuulamu ebirowoozo byange. Nina endowooza nti mu kkanisa yaffe tusubwa goolo n'akatundu katono ennyo. Sisobola kwejjako kintu kyempulira nti tubuliddwa ebintu bye twetaaga! Ebiseera ebisinga kibeera ku 'amazima ge galiwa', ' engeri gyetulina okubeerawo' oba 'obukulu bw'obunnabbi nga bwe buli', era kigamba nti kino kibi. Naye tubuusa amaaso ensonga LWAKI KATONDA yatuwa ebintu bino! Amazima tegaluubirira obugoberezi obwaddala obutuufu ne Katonda? Mu kifo ky'ebintu ebirala, ebifo bino ddala tebirina kutuyamba kumanya Katonda? Ekigendererwa ky'obunnabbi si kukkiriza obunene n'amaanyi ga Katonda, nti tutegeere nti ensi yonna agikutte mu mukono gwe era agitambuza era nti mu ngeri yemu asobola okututambuza n'okuzimba obulamu bwaffe? Obulamu obutaggwaawo kye kki? Yokaana 17:3 NKJV: '*buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, noyo gwe watuma, Yesu Kristo.*' Mu lugero omugole omusajja, abawala embeerera abasiru abagamba bugambi nti 'sibamanyi'. Ekigendererwa ky'okukkiriza kwaffe kumanya Katonda, okubeera n'obugoberezi naye, asobole okutujjuza nga bweyajjuza yekaalu ebiseera biri (2 Ebyomumirembe 5:13-14). Era bwa tukulukutiramu, n'atujjula ffenna, awo tetuba balamu kyokka, wabula Kristo abeera mu ffe." ( amannyiddwa eya gattagatta)

**OKUDDIBWAMU OKWEWUUNYISA KU KUBEERWA**

" Akatabo ak'okubiri ak'ennaku 40 okuva ewa D. Smith mukisa ogutakkirizika gyendi. Abamu ku bantu bensabidde bafunye okukyuuka kwa $180^{o}$ mu bulamu bwabwe.

Nga tuli mu nnaku 40 nze ne mukwano gwange twanyumya emboozi ey'omwoyo. Yaŋŋamba nti obulamu bwe bwali bukutte ekkubo ery'enjawulo mu wiiki ntono eziyise. Yafuna obwetaavu bw'okusaba obusingawo, nga yefumintiriza nnyo ku kigambo kya Katonda era yasobola okuta ebintu eby'alina omuwendo era ebyali bimwegombesa mu kusooka. Nevaamu ne mubuulira ku katabo ak'ennaku 40 n'okumutegeeza nti yali omu ku bantu be nnali nsabira. Awo nayanukula mu kwewuunya: 'ekitegeeza gwe avunaanyizibwa ku kintu kino kyonna'.

Omuwala omu yasalawo obulamu bwe okubukwasa Katonda 100% . yadde nga yali mukkiriza okuva mu buto bwe, yali abeerawo nga talina Katonda. Nga eby'okukkiriza tabiliiko era nga awagamidde mu bulamu bw'ensi. Akyuukidde ddala kati, buli omu, eyali amumanyi bw'amulabako kati, yewuunya. Asoma nange bayibuli era yenyigidde mu pulogulaamu y'ennaku 40 mu kkanisa yaffe era nga ayagala okukubiriza abalala okweyongera okubeera n'obulamu obw'okukkiriza .

Omuwala omulala, gwenasabira, yalina okwetaba mu kutendekebwa okwatwala wiiki nnamba n'okusula mu kifo kimu wamu n'abalala abali bakwetabyemu. Yali yeraliiridde okumala obudde buno bwonna n'abantu batamanyi. Olunaku olumu nga tannagenda, namukubiriza okusaba era nemutegeeza nti mbadde musabira okumala akabanga. Kale netusaba nti Katonda amuwe eddembe mu mbeera eno era byayitamu abifuule okwanukulwa kw'essaala. Nga okutendeka kugenda mu maaso yankubira era wakati mu sanyu naŋŋamba nti Katonda yali amukoze ekintu ekitakkirizika. Katonda yali tamuwadde ddembe lyokka, naye era yali amuwadde obuvumu obuteetaba mu bikujjuko bya kawungeezi, ebyabangamu omwenge, disco, n'ebirala.

Oluvvannyuma lw'ennaku 40 ŋŋenze mu maaso n'okusabira abantu bano, kuba mpulidde era ndabye engeri ezitalojjeka Katonda mwayanukulira essaala." A.M ( kifunziddwa)

Katonda engeri gyakorera mu kwegayirira/ okubeerwa

"Mu myaka mitono egiyise nali sikyawuliziganyiza ddala n'omuntu owomugaso gyendi. Yalabika nga obubaka bwange atabufaako. Nali nawulira nti yali takyagenda mu kkanisa okumala emyaka esatu. (yali yakulira mu kkanisa.) Era nti baali mu mukwano n'omukyala atali mukkiriza. Omusajja ono namusa ku kulala lwange olw'abantu ab'okusabira, yadde nga nali sirowooza nti kyali kisoboka okuddamu okuwuliziganya naye, kuba yali abeera 600km okuva we nnali era nga tannyanukulangako. Yadde ebyo byaali bwe bityo nasabira 'akabonero k'obulamu.'

nawulira ku kubatizibwa kwa mugandawe nga kubulayo akaseera katono, ne 'kibeerawo nti' okubatiza okwo kugenda kubeera kumpi nange era ku nnaku zomwezi nga tuli mu nnaku 40 ez'okusaba (mu kusooka kwali kutegekeddwa kubeerawo ku nnaku za mwezi ndala). Nasalawo okukwetabako era namusisinkana! Twasobola kukubaganya ebirowoozo ku bintu bingi era n'aŋŋamba nti okumala ekiseera yalina obwetaavu obwokudda eri Katonda obweyongera amaanyi, naye nga talina busobozi kukyuusa neeyisa ye. Namutegeeza nti okumala ennaku 20 mbadde mu kumusabira okunyinyitivu era nti nga n'ekyo tekinabaawo yali ku lukalala lwange olw'essaala. Byamugwaako kuba nti mu biseera bino byennyini yawuliranga Katonda amukolako.

Mu mukolo ogwokubazida ogw'omwoyo gwamutengula, era omusumba bweyasaba

abaagala okwewaayo,nali nsobola okuwulira olutalo olwamuli munda era oluvvannyuma okutoba okwakaseera akanene, yamala n'agwa wansi ku maviivi ge n'atandika okukaaba. Yewaayo nate eri Katonda! Nga tufundikira akawungeezi yaŋŋamba nti asazeewo okujjumbira okusaba ku kkanisa nate n'okukyuusa eneeyisa ye. Teyasuubira wiiki kugifundikira bw'ati.

Nga wayise wiiki entonotono namusisinkana mu lukuŋŋaana olw'obuminsani bw'abavubuka, olwamwongera okumugumya ne lumuzimba. Neebaza Katonda olw'okwenenya kw'omuntu omwagalwa." M.H.

**EKKANISA MU LUDWIGSBURG /**

**BADEN-WUERTTEMBERG, GERMANY**

"Mu kusooka akatabo ak'ennaku 40 twakasomera wamu nga abagalana era twafuna emiganyulo n'emikkisa mingi nga abantu mu kiseera eky'okusaba. Oluvvannyuma, twateekateeka ensisinkano y'okusaba mu kkanisa emirundi ebiri buli wiiki n'okusoma akatabo ne ba memba b'ekkanisa. Mu ngeri ey'enjawulo twafuna emikisa n'obukulembeze bwa Katonda era twafuna eby'amagero bingi mu kiseera eky'ennaku 40. Katonda yatunaaza n'atuzza buggya ng'ekkanisa: Ba memba b'ekkanisa, abaali tebafunangako buvumu bwa kwogera na bantu bebatamanyi, amangu ago baatandika okwogera nabo ku lwabwe. Katonda ayongera okutugatta wamu ng'ekkanisa okuyita mu kusabira awamu. Twafuna omukisa ogw'okufuna obulamu obwenjawulo okuyita mu kwegayirira n'okuyamba abantu abataano betwasabira mu nnaku 40. Katonda akola mu ngeri ey'enjawulo mu bulamu bwa bantu bano. Emirundi n'emirundi, abantu okuva ku nguudo mu ngeri eyekimpatiira bajja ku ssabbiiti mu misa y'ekkanisa. Tuli mu kuwa essomo lya bayibuli eri emu ku famire zino. Bamanya ebikwata ku ssabbiiti okuyita mu butambi ku yintaneti n'akatabo "*the great controversy*" era babadde banoonya ekkanisa okumala ekiseera." Katja ne Chritisn Schindler, okuva mu kkanisa y'abadiventi mu Ludwigsburd (kifunziddwa)

**ENNAKU 40 EBYAYITIBWAMU**

"Buli kimu kyatandikira mu musomo ku mitendera mu kwezza obuggya. Mu kiseera ekyo, okwagala okufuna Katonda mu bulamu bwange obwa bulijjo kwakula mu nze. Awo ate nempulira ku nnaku 40 ez'okusaba n'okusinza. Nakirabirawo – nayagala okufuna okuzuula kuno . mu mazima, nali simanyi kyenali ŋŋenda okuyingirira. Okuzuula omuntu ow'okusaba naye (nga kino kimu ku bitundu bya pulogulaamu) tekyali kizibu. Okusoomozebwa kwenafuna kwali kwakufuna budde bwa buli lunaku mu nnaku 40. Ng'omusawo, essaawa zange ez'okukola zikyukakyuka. Ekyo nali sikirowoozezaako. Yadde kyaali bwe kityo, okuva mu ntandikwa Katonda yawa okusalawo kwange omukisa. N'okwagala, nalinda nga

eddakiika ezomuwendo mu lunaku mwe twasoboleranga okugabana ku mulamwa n'okusaba Omwoyo omutukuvu. Twazuula nti essala zirina kye zakyusa mu bulamu bwaffe . era twali tetusobola ku kyesigaliza. Buli mukisa gwonna ogwajjanga twawalirizibwa okubaako kyetugabana. Kyali kikulu nnyo gyendi okunyweza abantu abalala okusobola okufuna ebintu by'ebimu. Ebyavaamu tebyalemererwa kulabika. Abamu ku ba memba b'ekkanisa baakwatibwa obumalirivu bwaffe. Mu bwangu emigeto emippya egy'abantu babiri begatta. Twalindiriranga buli wiiki okugabana bye tuyiseemu. 'Akawuka' kano kakwata n'abamu ku bavubuka baffe. Ennaku 40 zagwaako mangu nnyo. Tetwayagala era n'okusobola twali tetusobola kuyimiriza. N'olwekyo twagenda mu maaso n'okusinza kwaffe n'akatabo akayitibwa Marantha - *mukama ajja* akawandiikibwa Ellen White. Era Katonda teyatulindiriza. Nga tukyali mu nnaku 40 yatuwa okwanukula okwewunyisa kungi ku ssaala zaffe. Omuntu, gwetwali tusabidde mu kiseera kino, yakwatagana n'ekkanisa oluvvannyuma lw'ebbanga eddene nga talabikako. Twali basanyufu nnyo. Abantu abanetoloodde bafuuka ba mugaso gyendi. Okwagala kwange okugabana okwagala kwa Katonda kweyongera amaanyi. Obulamu bwange bwakyuka. Bangi ku ffe twemanya n'okwetegeera obulungi okusingawo. Bangi benyigira mu bulamu bw'abalala era babeererawo abalala. Obugoberezi mu yesu bufunye amakulu amapya ddala. Ennaku 40 ez'okusaba n'okusinza aka Dennis Smith kannyamba nnyo. Kyangu okusinga bwekirabika okufuna omubeezi mu kusaba nokufuna Katonda. Abantu abaganzi gye tuli bajja kukitwebaliza." Hildegard Welker, ow'ekkanisa y'abadiventi gyebayita Crailsheim, musawo mu woodi gye balongosezaamu. (kifunziddwamu akatno)

**YESU EKY'OKULABIRAKO KYAFFE**

Yesu ky'ekyokulabirako kyaffe ekisinga mu bintu byonna. Mu lukka 3:21-22 tusoma: " awo olwatuuka, abantu bonna bwe baali nga babatizibwa, ne Yesu bwe yamala okubatizibwa, bwe yasaba, eggulu ne libikkuka, Omwoyo omutukuvu n'akka ku ye mu kifaananyi ky'omubiri ng'ejjiba…".

Ellen White yayogera bino ku mukolo guno: "mu kwanukulwa kw'essaala ye eri kitaawe, eggulu lyaggulwa, ne mwoyo mutukuvu nakka ng'ejjiba era namwambala.."[130]

Kyewunyisa ekyatuukawo mu buweereza bwe: " makya ku makya yayogeranga ne kitaawe mu ggulu, **n'aweebwa buli lunaku okubatizibwa okwa Mwoyo omutukuvu okuva ewa Katonda** ,"[131] bw'aba nga yesu yali yetaaga okubatizibwa ne Mwoyo omutukuvu buli lunaku, ate fee okubatizibwa tukwetaaga kyenkana ki okusingawo!

130 E.G. White,Mujja kuweebwa amaanyi [ Ye Shall Receive Power] (1995), p. 14.4
131 E.G. White, Obubonero bw'ebiseera [Signs of the Time], Nov. 21, 1895

# OKWAGALA N'OKUGABANA

*Essanyu lyetuwa lituddira mu mitima gyaffe*
*(olugero lw'abagyamani)*
*Nsobola ntya okuyamba abalala okufuna*
*" obulamu mu bungi" (Yokaana 10,10)*

## ENGERI GY'ETUSITULA OBWAGAZI MU BULAMU OBUJJUDDE OMWOYO?

Kiki abakulembeze n'amakkanisa kyebasobola okukola? Bino bye bimu ku byetusobola okukola ng'abakulembe ( eky'okulabirako. Nga pulesidenti, omusumba, omuwandiisi w'ekkaisa oba owa minsani, abakulembeze b'ebitongole oba ab'ebifo ebirala eby'enkizo) nga bakolagana n'obukiiko bw'ekkanisa, amakkanisa n'ebibiina.

## EBISOBOKA

1. **Ekibiina ekyokusinza eky'abantu babiri**: okusoma ennaku 40- okusinza nga abaagalana oba n'omubeezi omulala mu kusaba. Tandika n'akatabo akasooka ak'ennaku 40 "essaala n'okwemalira okuzza obuggya obulamu bwo mu Katonda." Abafumbo bwe basinziza awamu, kirina amagoba era kyongera okwagalana. Mu mbeera eya bulijjo, era osobola okusinziza wamu n'omuntu omulala. Kyandibadde kirungi okisinga okukuŋŋaana mu buntu, naye era kisobola okukola ne ku ssimu oba Skype oba omukutu omulala. Obubiina bw'okusinza obw'ababiri bukola nnyo. Ekigambo kya Katonda kiragirira nti tusabire mu babiri (Matayo 18:19) era tukolere mu babiri (lukka 10:1). Ekika kino eky'okusinza ke kakwakkulizo abasinga okukwata ku balala bakole ky'ekimu.

2. **Yanjula oba Gabana ebitabo** . Eky'okulabirako:

Akatabo "Emitendera mu kwezza obuggya" (weekali ku bwereere oba ku ssente entono mu nnimi zonna ezivvuunuddwa).

Obujjulizi obusoba mu 80 obw'abasomi ebikumi n'ebikumi by'emboozi biraze nti akatabo kano kasinze kusimibwa mu ngeri zino wammanga:

- Kaggula amaaso gabwe ku mbeera yabwe ey'omwoyo: enunuliddwa oba ebuze? (ebisingawo mu ssuula 2)
- Baategeera emitendera egyetagisa egituusa mu bulamu obw'omwoyo: okwewaayo buli lunaku eri Kristo, buli lunaku okufuna Mwoyo omutukuvu. [DA 676.2]. emitendera gyonna egy'obuntu giragibwa Mwoyo omutukuvu. (ebisingawo mu ssuula 3)
- Okuyita mu kusabira mu bisuubizo bya bayibuli, balina obukakafu nti bafunye Mwoyo omutukuvu. (ebisingawo mu ssuula 5)
- Essanyu lyabwe eringi lya bareetera okufuuka abajjulizi era abatambuzi b'obutabo.

Okuyita mu bantu abangi bye bafunye tuyize nti okukozesa akatabo "emitendera mu kwezza obuggya" wamu n'obutabo obw'ennaku 40 akasooka n'akookubiri buleeta ebibala ebisinga. "Emitendera mu kwezza obuggya" kaggula amaaso era mu ngeri ensukkulumu kayamba okutandikirawo. Obutabo obw'e nnaku 40 bugaziya era ne buyamba okunyweza omulamu obw'omwoyo. Era, buleeta okusiinza kw'okumankya okw'okusinza n'essaala nnyingi eziddibwamu.

3. **Okusoma mu bumpimpi nga tuli mu misa ey'okusinza:** okuyita ekiseera ebiwandiiko ebisengekeddwa ku kubeera ne Mwoyo omutukuvu bisobola okusomebwa mu mmisa ey'okusinza nga okubuulira tekunnatandika. ( eddakiika taano ku kkumi) ebitabo ebiragiridwa biteereddwa mu lukala wansi w'ennamba eddako. Nga wayise akaseera, abantu basobola okukubirizibwa okukola ebibiina eby'abantu babiri oba okuteeka mu nkola ebisomesebwa mu nnaku 40 (laba ensonga namba 12)

4. **Ebiwandiikiddwa okuva mu butabo bwaffe** ebisobola okukubibwa mu mawulire g'ekkanisa oba agasobola okulagirirwa mu biseera eby'ebirango:
    - Okwagala okwedda, ch. 73: "leka omutima gwo guleme okukaalubirizibwa."
    - Ebikolwa By'abatume, ch.5 "ekirabo ky'omwoyo"
    - Amasomo ku Kristo, ch.12 " okusaba kw'okugaba"
    - Eby'omuwendo mu bujjulizi ak'okusatu 3, ekisuubizo eky'omwoyo, p.209-215
    - Ebirowoozo okuva mu lunaku olumu okuva mu EGW akatabo k'okusinza "mujja kuweebwa amaanyi" (weekali mu materekero ag'obutabo ag'abadiventi)

5. **Gabana by'ofunye:** fuba emirundi egiwerako nga bw'ekisoboka okugabana byofunye oba byoyiseemu mu biseera by'emisa ey'okusinza. Ebintu byoyiseemu nga omuntu bisobola okugabanibwa oba ebyo okuva mu ba memba b'ekkanisa abalala oba amakkanisa amalala. Osobola okusanga obujjulizi ku www.steps-to-personal-revival.info londako : "obujjulizi".

6. **Ensinkano ey'okusoma ey'emirundi ena**, nga okuwaga kwa – ssabiiti: eno eyinza okuba nga y'enkola esinga okukola okuleetawo okufaayo mu kkanisa. Eno sssabbiiti ya njawulo erimu okwogera kwa mirundi 3-4, okutandika olw'okutaano olw'eggulo, awo okuyita mu mmisa ey'okusinza ku ssabbiiti era ne mu ttuntu. Omutwe gw'awamu guyinza okuba "Emitendera mu kwezza obuggya" pulogulaamu: tunula ku www.steps-to-personal-revival.info:

   - Ku lw'okutaano olw'eggulo bwe budde obusinga obulungi okugabana byetufunye/ byetuyiseemu, n'olwekyo gabana ebintu esinga okutengula. Bwekiba kisobola, birina kubeera nga bikwata muntu ayogera. Ekirala ekisoboka okukolebwa kwe kwogera ku "kwewaayo eri Yesu". Osobola okusanga ebikugambibwa ku kino mu katabo "beera mu Yesu", essuula2 "weweeyo eri Yesu".
   - Kiragirirwa okubuulira ku birowoozo ebikulu okuva mu "Mitendera mu kwezza obuggya" mu biseera by'emmisa ey'okusinza. Okutuukira ddala ku nsonga: bagana ebigambo ebinokoddwa 2-3 okuva mu nnyanjula ebikwata ku kubulwa Omwoyo omutukuvu. Weeyongereyo n'ebirowoozo ebikulu okuva mu ssuula 1 " Yesu yasomesa ki ku Mwoyo omutukuvu." Nokuva mu ssuula 3 "Kanaaluza w'ebizibu byaffe y'ani? (kisobola okugabanyizibwamu essaawa bbiri ezeeyawudde)
   - Mu biseera eby'ensisinkano ey'omuttuntu gabana ku birowoozo ebikulu okuva mu ssuula 3 " ebizibu byaffe---bisoboka okukolebwako? Bitya?"
   - Mu biseera eby'ensisinkano ey'okubiri mu ttuntu gabana ebirowoozo ebikulu okuva mu ssuula 5 " ekisumuluzo mu kuteeka mu nkola."

Mu makkanisa ensisinkano ey'okusoma eyasooka "Emitendera mu kwezza obuggya" yawedde okukolebwa, basobola okufuna okuwaga-Ssabbiiti okw'okubiri oba okusoma okulala nga bakozesa emitwe okuva mu katabo "beera mu Yesu". Nate, wasobola okubaawo ebitundu bina okuva mu ssuula ennya.

Kikola amagoba mu kuteekateeka okuwaga kwa –Sssabbiiti, okuyisaamu ebitabo ebituukana nga obudde tebunatuuka n'okulagirira okubisoma n'obwegendereza. Era kikakasiddwa okukola amagoba okutandika ebiseera by'okusaba kw'ennaku 40 ku nkomerero ya wiiki oluvvannyuma lw'okuwaga kwa-ssabbiiti (namba12) oba n'okusoma okuyungagana okw'essuula emu mu wiiki okuva mu 'mitendera mu kwezza obuggya" (laba namba 7).

7. **Okusoma okuyungagana: essuula emu mu wiiki** – engeri ennyangu era eyamba kwe kusoma essuula emu buli wiiki ( kisinga nawo singa essuula eno esomebwa okusukka mu mulundi ogumu) okuva mu “Mitendera mu kwezza obuggya” oba “beera mu Yesu” oba okuva mu kamu ku butabo obw’ennaku 40. Ekibiina oba ekkanisa yonna esobola okukkiriziganya ku lunaku olw’okutandikirako. Kino kisobola okukolebwa mu kuteekateeka ensisinkano yokusoma ey’ebitundu ebina (laba namba 6) oba oluvvannyuma lwokuwaga kwa-ssabbiiti kuno. Buli muntu asobola okusalawo oba ayagala kusoma yekka, n’omuntu omulala oba mu kibiina. Ku ssabbiiti kyandibadde kirungi okusoma ebirowoozo ebikulu okuva mu ssuula eyo mu ddakiika nga ttaano n’oluvvannyuma okuyita abantu okugabana obujjulizi bwabwe. Bwebutabaawo, awo obujjulizi okuva ew’omuntu omulala busobola okusomebwa (tegeka nga obudde tebunatuuka-laba obujjulizi). Awo oluvvannyuma langirira essula egenda okusomebwa mu wiiki ejja. Osobola okulagiriza obutabo obw’ennaku 40 wansi wa www.spiritbatism.org

8. Buulira ku kubeera n’Omwoyo omutukuvu oba kubiriza n’okusaba omuntu omulala akikole. Waliwo okubuurira okulungi ddala okwa Dwight Nelson wansi w’omutwe: “ground zero and the new reformation: engeri y’okubatizibwa ne Mwoyo mutukuvu”. Emmisa ezitandika ne September nga 2. Ne byeyawandiika ku kibanja kye ekya yintaneeti nga 30 . August ne nga 13. Setember biri ku: www.pmchurch.tv/sermons.

9. **Tegeka amasomo ga bayibuli** ku kubeera ne Mwoyo omutukuvu oba bisome mu mwanguka.

10. **Obubiina obutono oba ebibiina by’okusaba** bisobola okusoma n’okukubaganya ku butabo obukola ku mulamwa ne basabira wamu. Okwongerezaako, obubiina obw’ababiri bulina okuwagirwa , obwennyigira mu kusinza okw’ennaku 40 era oluvvannyuma omulundi gumu mu wiiki ekibiina kyonna kisisinkana okukubaganya ebirowoozo, okugabana byebafunye n’okusabira awamu. (laaba namba 12).

11. **Ssabbiiti y’obuminsani-** kuba obulamu ne Mwoyo omutukuvu butufuula abaminsani, kisoboka bulungi, okubeera ey’olubeerera oba okumala ebbanga eggere, okuddamu okukola Ssabbiiti z’obuminsani. Kino kyali kintu kya nkizo nnyo mu baatusookawo. Abaatusooka baakolanga ssabbiiti y’obuminsani ku ssabbiiti esooka eya buli mwezi. Omuntu eyasalibwawo oba ekibiina ky’abantu abatono balina okutwala obuvunaanyizibwa bw’okuteekateeka n’okuteeka mu nkola. Singa kino nga kigattiddwa n’ebimu ku bisoboka waggulu, kisobola okugatta ku ssaawa ezizimba era ez’essanyu ku ssabbiiti. Mu kwogera kw’ekyo, kisobola okuleeta okuzukusa omwoyo gw’obuminsani.

12. **Soma era okubaganye ebirowoozo kunkola ey'ennaku 40** – kino kyanjuliddwa mu katabo akasooka, ak'okubiri n'akokusatu ak'ennaku 40 wansi wekitundu "ennyanjula nebikulu." Awo olumala, kisobola okuteesebwako mu lukiiko olufuzi olw'ekkanisa, olukiiko olufuzi olw'obuminsani, enkiiko z'abakulu b'ekkanisa, enkiiko z'obuminsani, n'eza bavubuka, mu lusirika, enkiiko za diisitulikiti n'amasomero g'obuminsani. Enkola eno eyamba mu bitundu bino:
    - Eyamba okufuna enkolagana ey'amaanyi ne Yesu okuyita mu Mwoyo omutukuvu.
    - Eyamba okunyweza obulamu bw'okusaba ( nga namunigina, mu migeto oba mu bibiina).
    - Eyamba okunnyikiza enkolagana ey'obuntu.
    - Eyamba okunyweza obulamu obw'omwoyo okuyita mu kusinza okw'ennaku 40 ku Mwoyo omutukuvu.
    - Esobozesa okuberwa mu kwegayirira eri ababuze oba abantu abatatuukikako n'esobozesa okukwatagana nabo.
    - Eyamba okuwagira enjiri, ebibiina eby'obulabirizi oba amasomo ga bayibuli.

Kino kituukibwako mu mitendera egyomwoyo essatu

- Okwongera omuzinzi mu bulamu obw'omwoyo okuyita mu kusinza okw'ennaku 40 bu bibiina eby'ababiri.
  (nga mulimu n'okukubanya ku butabo " ebibuuzo eby'okukubanyako" n'okusaba buli lunaku okusinziira ku "obwanga bw'okusaba" obwa Mwoyo omutukuvu.)
- Okubeeragana/okwegayirira okujjudde omwoyo era buli muntu akwatagana n'abantu bataano abatatuukikako oba ba memba b'ekkanisa abanafu.
- Emirimu egy'okubuulira enjiri ( okwogera/emisomo, ebibiina ebirabirizi ebirowooleza mu buminsani, amasomo ga bayibuli, ebivvulu ebiranzi ebitono oba eby'ekigero nga mu by'obulamu, obutonzi oba eby'obwannabbi.)

Eri abo abakola okutegeka, enkola ey'ennaku 40, eyitibwa "akatabo k'endagiriro", weekali ku lulwo bw'onyiga wano: 40day-instructions.pdf. kalimu emitendera gyonna egyetaagisa egireeta okufuna ennaku 40 ez'ebibala. Ekkubo ery'omwoyo erikugambiddwa y'enteekateeka esinga ey'emiteeko egy'okubuulira enjiri egitegekeddwa. Okuyita mu kwegayirira na buli muntu okukwatagana n'abantu bataano abatatuukikako, ennimiro etegeebwa okukola emiteeko gy'okubuulira enjiri. Ebika eby'enjawulo eby'okubuulira enjiri bisobola okukozesebwa. Obuyingiro bwokulagiriza obutabo bw'ennaku 40 obwa Dennis Smith buli ku www.spiritbaptism.org

13. Yisaamu **ekipapula ekiriko obubaka** kupulogulaamu ey'okusaba okw'ennaku 40 mu ba memba b'ekkanisa. Okwongera kw'ekyo, kiragirirwa okuyita abantu bajje ku lunaku olutandika mu miteeko egy'ennaku 40 mu kkanisa yo.

14. Kubisa **ebiwandiko ebigwanidde** mu mawulire g'ekkanisa, amawulire genkuŋŋaana, amawulire g'emikago, amawulire ag'ebiseera, mittimbagano gy'ekkanisa, wamu n'amabaluwa agamawulire ag'ekkanisa n'amabaluwa ag'amawulire ag'ebitongole by'ekkanisa.

15. **Okunoonyereza:** oluvvanyuma lw'okwanjula omutwe ku Mwoyo omutukuvu, obupapula busobola okuyisibwaamu okukola okunoonyereza okutalaga abawadde okwanukula:
    - Singa omuntu oluusi oba buli lunaku asaba Mwoyo omutukuvu, basobola okugolola n'akasaze
    - Singa omuntu abeera asabira mu bisuubizo okufuna Mwoyo omutukuvu , basobola oku golola obusaze bubiri

    Eno ngeri nnungi okulaga embeera nga bweri mu kifo kino.

**Enteekateeka ezirimu essaala n'essaala mu** byonna waggulu- ebisoboka ebyogeddwako kyamugaso nnyo. Kya muwendo ng'abantu abasabi okusaba ba memba b'ekkanisa emu, abantu abeggasse mu kusaba ne bweba ekkanisa yonna okutaasibwa ku kintu ekimu –okukiteeka mu nkola ne byekiteekawo.

**EBIWANDIKIDDWA KU KWEZZA OBUGGYA BITAMBUZIBWA BITYA?**

**Ekiruubirirwa:**

Ow'oluganda lumu yagamba: "obubaka buno bulina okutuuka mu buli famire y'abadiventi okwetoloola ensi. Nja kukola ekitundu kyange," Era kikola –na bunyikivu. Mwannyinaffe yawandiika:

"Akatabo kano kalina okuvvuunulibwa mu nnimi zonna ezisinga okwogerwa, oba ekisingira ddala mu zonna." Yawangula olukuŋŋaana lwe era kati abuulira ku mutwe ogwo okuyita mu diisituliki zonna. Okwo gattako, nga akozesa okubeerwa kwa Katonda eleese enkumi n'enkumi zobutabo mu nsi erinaanyeewo eyali tekkiriza bukristayo gyebuvuddeko.

**Enkulakulana n'e ensimbi**

Okuyita mu kuluŋŋamya kwa Katonda, akatabo kano emidenrera mu kwezza obugggya kajja kutuusibwa mu famire z'abadiventi zonna mu nnimi zaabwe – ku bwereere oba ku sente entono ddala. N'obuyambi bwa basumba, enkuŋŋaana ennyingi n'emikago tumaze okutuusa kopi ez'obwereere eri famire mu madiisitulikiti gaabwe nga bw egasengekeddwa. Abaggula ekkubo baali ba lukuŋŋaana lwa Swiss- Germany mu Switzerland,Omukago gwa Australia

mu Australia, ne mu lukuŋŋaana lwa  Baden – Wuerttemberg mu Germany. Pulojekiti eno yagunjibwaawo okuyita mu buyiiya bwa Katonda obwa Diisitulikiti . Mu buyinza bwa Katonda nemu kisa kye, kopi ezisukka mu 600,000 zigabiddwa okutuuka mu 2017. Twandiyagadde okukuyita okusaba mukama  agende mu maaso n'okutuluŋŋamya n'okutuwa obusobozi obwetagisa okutwala pulojekiti eno mu maaso. Tutera okusaba ensimbi okuva mu nkuŋŋaana oba emikago egirina embalirira y'ensimbi ey'amaanyi okukola ku kitundu ky'emiwendo egy'okufumiza ku mpapula. Abalala,okusinga nga ab'obuminsani, n'obuyambi bwa Katonda, twandiyagadde buli kimu tukyeteeremu ensimbi. Naye omukozesa asembayo ebintu bino  ajja kubifuniranga ku bwereere oba ku ssente ntono nnyo, ne bwebiba mu bungi.

**Ekyetaago eky'obuntu ekiwulikika**

Twandiyagadde gwe okutuuka ku balala. Ekyetaago ekiwulikika eky'okugabana kwe kubeera nti gwe ng'omuntu obubaka buno bwakuwa omukisa  n'okufuna Kristo okubeera munda mu mutima gwo okuyita mu kufuna Mwoyo omutukuvu ku musingi ogwa buli lunaku. Bambi soma mu  bwagazi obw'edda, .676.2  [e.g writings.org] okulagirira okuwoomu ku kigambo kya Yesu mu Yokaana 15:4:

"Beera mu nze, nange mu gwe." Kino kitegeeza ebintu bibiri

- Obutaweera okufuna Mwoyo omutukuvu
- Obulamu obw'okweweerayo ddala eri obuweereza bwe.

Lwaki yesu yawa ekitumanyisa? "Ebyo mbibagambye, essanyu lyange[essanyu lya Yesu kwe kwagala ebibala bya Mwoyo omutukuvu Abaggalatiya 5;22] libeerenga  mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire." (Yokaana 15:11)

**Obusobozi okukatambuza**

**Essaala**

Kya mugaso  nti okugabana enjiri n'abantu abamu kuteekeddwa okuteekateekebwa okuyita mu ssaala ey'okwegayirira . E.G. White  agamba mukubuulira, .341.3, " okuyita mu kusaba okungi oteekwa okulafuubanira emyoyo, kuba eno y'engeri yokka gy'osobola okutuuka ku mitima."

**Okutambuza akatabo:**

Tambuza oweereze akatabo nga ogabana by'okafunyemu ne by'oyiseemu ne b'okagabira. Bano bayinza okuba emikwano, abakulembeze n'abantu abalina ebifo eby'enkizo mu makkanisa, enkuŋŋaana n'emikago, abakubi b'ekyapa, pulojekiti z'obuminsani, n'ebitongole ebirala. Omukisa ogw'omuwendo omulala guweebwa okuyita mu nkuŋŋaana ez'okwenyweza mu buyumba ku miryango oba okubaga mu bantu oluvannyuma lw'okufuna olukusa okuva mu bateesiteesi. Jukira nti buli famile y'abadiventi efuna kopi ey'obwereere oba ku bbeeyi entono.

Akatabo era kasobola okusindikibwa okuyita mu posita oba okuyita mu bantu okusisinkana mu buntu abaagala okukafuna butereevu.

**Okukatambuliza ku yintaneeti**

Engeri ekyasinze okubeera empya mu kutambuza obubaka ye y'okuyisa obubaka mu mayengo g'amasannyalaze. Obubaka bwasindikibwa Australia n'okuva awo ne bwongezebwayo e Mizoram, India. Bwatuuka ne Pakistan nga buyita Brazil. Osobola okusoma obubaka ku www.shritte-zur-personlichen-erweckung.info. Osobola okubukuba ku lupapula era/oba osobola okubwongezaayo ng'oyita mu buyungiro obwangu eri omu oba abangi mu nnimi zonna zivvuunuddwa. Oyinza era kumanyisa abantu nti waliwo ekibanja ky'olutimba lwa yintaneeti mu luzungu ku www.stes-to-personal-revival.info. Omwaka 2016 wegunagweerako, Nga Katonda ye mubeezi wa ffe n'obuyambi obunywevu obw'abatapuna baffe , obubaka bujja kuba mu nnimi 20, n'ennimi endala 8 zakugoberera amangu okuddirira. Okuyita mu buyambi bwa Katonda, ennimi nnyinji tukakasa zijja kugoberera.

**Okutambuza okuyita mu butabo obw'okumutimbagano obuyitibwa E-Books**

Akatabo ak'obwereere aka E-book weekali ku lutimba lwa yintaneeti luno mu bika bya 'epub' ne 'mob' . Era osobola okukalagiriza okuyita ku Amazon ku € 1.00.

**Okukatambuliza ku mitimbagano gi mugatta bantu**

Engeri ekola ennyo okugabana ebiri ku lutimba lwa yintaneeti oba obuyungiro ku butabo obwekika ekiwewufu (PDF) n'emikwano ne betusanga kwe kuyita mu mugattirano nga Face book, Google+, Twitter oba Whatsapp. Okuyita mu kugabana n'okuyita, osobola okutuuka ku bantu bo , wamu n'abantu abappya mu nsi ne ssemazinga ez'enjawulo .

**Okukatambuza okuyita mu nkuŋŋaana z'okubuulira n'ezokusomesa**

Abasumba bonna balina omukisa omusuffu okugabana obubaka n'amakkanisa okuyita mu kubbulira okumu oba okwemirundi egiwerako. Osobola okukola kino ng'oyita mu kusoma kwo oba okuyita mu biri mu Katabo. "ssandibuulidde ku mulamwa ekkanisa gweyawulirako oba gweyasomako emabega. Okuyita mu kunoonyereza okw'okuyiga manyi leero nti kyamugaso ddala okusoma ku n'okuwulira omulamwa omukulu nga guno emirundi 6 – 10." ( Ow'oluganda Hemut Haubel byeyayitamu ng'omuntu n'okuwabula kwe). Kati nga bwe manyi kino. Sirina buzibu kubuulira oluvannyuma nga abantu bamaze okusoma oba nga baali bawulidde omulamwa nga sinabuurira. Bw'oba oyagala, osobola okukiraga nti okozesa ebirowoozo ebiriko ebinene n'ebigambo ebiva butereevu mu katabo.

Bw'oba nga tobuulira osobola okusaba abalala okukozesa emiramwa gino mu kubuulira kwabwe.

Olukuŋŋaana lwokuyigiriza ku sabiiti n'omulamwa ogwa wamu ogwa " Emitendera mu kwezza obuggya" gulina okubeeramu emitwe esatu:

Okubuulira:

**Ekinyusi ky'ebizibu byaffe kye ki?**

Ebizibu byaffe birina ensibuko ey'omwoyo?

Tetulina Mwoyo omutukuvu?

Nekebera ntya obulamu bwange obw'omwoyo?

(Bino bye birowoozo ebisinga okutunuulibwa mu  okuva mu nyanjula, wamu ne ssuula 1 ne2)

1. Pulogulaamu y'omuttuntu:
   **Ebizibu byaffe bisoboka okukolwako – naye bitya?**
   - Tusobola tutya okukuza obulamu obw'essanyu era obw'obukkiriza obunywevu ?
   - Mwoyo omutukuvu ajjula atya obulamu bwaffe? Akagambo ak'ekyama kali "Buli lunaku".

   (Bino byebilowoozo ebisinga okutunuulibwa mu ssuula 3)

2. Pulogulaamu yoku makya oba ey'olweggulo
   **Obutundu obukulu obw'okuteeka mu nkola / eteekebwa etya mu nkola (ekisumuluzo ku kuteeka mu nkola)**
   - Nsobola ntya okuteeka mu nkola n'okufuna empenda za Katonda mu bulamu bwange?
   - Nina kusaba ntya okukakasa  okujjuzibwa kw'omwoyo momutukuvu?
     (Bino by'ebirowoozo ebisinga okutunuulibwa mu ssuula 5)

**Obujulizi bw'abantu**

Obujulizi bw'abantu ku miramwa gino bwa muwendo nnyo:

- Ku ngeri gye bakwatiddwako oba gy'ebategedemu okuyita mu kusoma ebiri muno.
- Ku bintu obubaka buno byebuleese mu bulamu bwabwe.

**Okutaputa okudda mu lulimi olwogerwa mu kitundu kyo**

Akatabo kano bwekaba nga tekanavuunuribwa  mu lulimi lwo, oba nga osobola – okuyita mu ssaala n'obugabirizi bwa Katonda – okuzuula omuntu, omweteefuteefu era asobola okukikola. Omutaputa, akwatiddwako obubaka aba wa muganyulo nnyo. Okutuuka wano, okuvvuunula kwakolebwa bannakyewa, olw'okuba omuvvuunuzi yalina okwagala okw'amaanyi  okusasaanya obubaka. Naye ebiseera ebimu okuvvuunula kukolebwa nga omulimu okubeezaawo obulamu, abavvuunuzi abo baasasulwa omusaala ogwa "sseruganda". Tusiima, bwokwatagana ne Helmut Haubeil mu buntu ku bikwata ku nsoga z'okuvvuunula. Alina amagezi amalungi ag'okugabana era akakasa nti akatabo kafulumizibwa mu kyapa ky'ekimu mu buli lulimi.

Okuyita mu Mwoyo mutukuvu, tulina omukulembeze omusuffu mu buli mbeera ya bulamu n'amaanyi okusinziira ku bugagga bw'ekitiibwa kye.

Nabwekityo emize gisoboka okukyusibwa era tusobola okufuuka ebikozesebwa eby'omuwendo mu mirimu gya Katonda. Okwewaayo kwaffe okwa buli lunaku n'okubatizibwa mu mwoyo mutukuvu bijja kuleetera okubotola mu bulamu bwaffe.

Mukama ayagala okuteekateekera ebiseera eby'amaanyi mu byafaayo byensi. Ayagala twetegekere okujja kwe era nti mu maanyi ga Mwoyo omutukuvu tokolaganire wamu mu kumaliriza omulimu gw'enjiri. Ayagala okutukulembera mu buwanguzi okuyita bu biseera ebikalubo.

Leka katonda Akuwe okwezza obuggya n'okwetereeza ng'oyita mu kwewaayo okwa buli lunaku n'okubatizibwa buli lunaku mu Mwoyo omutukuvu.

Njagala kufundirikira na kyawandiikibwa kya bayibuli n'e ssaala ey'okwezza obuggya:

: Singa abantu bange… baneetowaza, ne basaba ne banoonya amaaso gange, ne bakyuuka okuva mu nkola zabwe ez'ekibi, nange naababawulira okuva mu ggulu, era naasonyiwa ebibi byabwe n'e mponya ettaka lyabwe." ( 2Ebyomumirembe 7:14 NKJV)

***Essaala: kitaffe mu ggulu , tukwegayirira otuwe obwetowaze (mikka 6:8). Tuteeke mu mitima gy'okwagala okw'amaanyi okw'okusaba n'okunoonya amaaso go. Tusobozese era tuyambe okukyuka okuva mu nkola z'ekibi. Tuukiriza mu ffe obukwakkulizo era nga ebiva mu kisuubizo kyo leka tuwulire okwanukula kwo. Tusonyiwe ebibi byaffe era otuwonye okubeera ab'ekibuguumirize n'obujeemu. Tuyambe okwewaayo eri Yesu buli lunaku era n'okukkiriza tufune Mwoyo omutukuvu. Amiina.***

**"Okuzibwa obuggya kyetaaga okusuubirwa mu kwanukula essaala."[132] "okubatizibwa kwa Mwoyo omutukuvu ku lunaku olwa pentekooti kujja kuzza buggya eddiini entuufu n'okukola okwemirimu mingi egy'ebyewuunyo." [133]**

132 E.G. White, Obubaka obulondemu , Akatabo 1 (1958), p. 121.1

133 E.G. White, Obubaka obulondemu, Akatabo 2 (1958), p. 57.1

## EBIFUNDIKIRA

## AKATABO AK'ENDAGIRIRO AK'ENNAKU -40

Osobola okussanga ebisobola okukuyamba mu kuteekateeka ennaku 40 ez'okusaba n'oluvannyuma, emiteeko gy'enjiri nga okozesa akatabo ak'ennaku 40 akawandiikibwa DENNIS Smith ku mutimbagano gw'olutima ogwa: www.spiritBatism.org wansi w'akatabo k'endagiriro.

**Ebifuniddwa ebipya mu kubeera ne Mwoyo omutukuvu**

Yesu mukama waffe yagamba :" naye mujja kufuna amaanyi Mwoyo mutukuvu bwanajja gyemuli; era mujja kubeera bajjurizi gyendi…" Ebikolwa by'abatume 1:8 NKJV)

Okusaba okwenjawulo: bwofuna obulamu bw'okubeera ne Mwoyo omutukuvu mu bulamu bwo oba nga ojjurira, awo tujja kusiima nnyo singa otusindikira alipoota mu bumpimpi ewa Helmut Haubeil asobole okugigabanira mu bubaka bw'obuminsani (ebbaluwa eya mawulire entono mu Germany ku mirimu gya Miisoni). Bambi otugamba oba nga oyagala bateekeko nnukuta ezisooka ku mannya oba tusobola okugabana amannya go mu bujjuvu n'ekkanisa mwosabira. Bambi jjukira nti by'ofunye, by'oyiseemu bigumya abalala okukula mu ntambula yabwe ne Mwoyo omutukuvu oba okutandika olugendo ne Mwoyo omutukuvu.

Tuwuliziganye:


Helmut Haubel

Rosenheimerstr. 49

D-83043 Bad Aibling / Oberbayern, Germany

E-mail: helmut@haubeil.net

Olulimi: Olugyamaani oba olungereza.




AKATABO 2:

EMITENDERA MU KWEZZA OBUGGYA

Ekkubbo eddamba  erikutuusa ku sannyu

**BEERA MU YESU**

“ beera mu nze, nange mu ggwe.” Okubeera mu yesu kitegeeza obutaweera okufuna mwoyo we, obulamu obw’okwerayo ddala eri obuwereza bwe.

E.G White

Obwagazi bw’ebiro n’ebisiibo, DA 676.2

Okubeera mu ye ssi gwemulimu gwetulina okukola nga akakwakkulizo okusobola ekweyagalira mu bununuzi bwe. Wabula kwekumukkiriza atukolere buli kintu, mu ffe, era ng’ayita mu ffe. Gwemulimu gw’atukolera -  ekibala era amaanyi g’omukwano gwe ogulokola. Omulimu ogwaffe mwangu kwewayo, kumwesiga na kumulinda atuukirize kye yasuubiza.

Andrew Murray

**ESSUULA 1**

## YESU KY’EKIRABO EKYOMUWENDO

*Yesu asomesa ki ku mwoyo mutukuvu? Omanyi obubaka bwa Yesu obusinga okusensera? Mwoyo omutukuvu akola mirimu ki?*

**ESSULA 2**

## WEWEEYO ERI YESU

*Okwewaayo kitegeeza ki? Bweneewaayo mba sikyesalirawo? Oba neyongera amaanyi? Kiki ekisobola okutukugira okwewaayo eri Yesu?*

**ESSUULA 3**

## YESU OKUBEERA MU GGWE

*Biki ebirina okukola okusobozesa Yesu  okubeera mu nze?  ‘‘Yesu okubeera mu nze’’ kinayisa kitya obulamu bwange?. Obuwanguzi obukyasinze: Okufuna okujjura kwa KAtonda.*

**ESSUULA 4**

## OBUWULIZE MU YESU

*Mberawo ntya mu buwulize obw’essanyu?*

*Obuwulize obw’okukkiriza obulabira ku ki? Lwaki liba ssanyu?*

Osobola okusoma, okuwanula n’okusindikira mukwano gwo ku bwereere okuva

www.steps-to-personal-revival.info

Munnange omwagalwa,

Ndi musumba mu kkanisa bbiri mu Califonia. Nasooka okumanya ebintu byo nga mpuliriza omusumba Dwight Nelson[ laba wansi] mu butambi bwe obwa buli wiiki. Ku mulundi ogwasookera ddala byakwatira ddala mu mwoyo gwange. Nali nawulirako dda ku bintu eby'omwoyo ebirala , naye njurira nti byali tebimala kufaako. Nzikiriza nti ku lw'ensonga emu oba endala, Katonda alonze obudde bunno obwakaakati okweyongera okutuuka ku bantu ne Mwoyo mutukuvu. Era ndi musanyufu nti nkizuulidde mu kaweefube wo.

Ekintu kimu kyensobola okukuweera obujjulizi. Ku ssuula esooka yennyini tulagibwa mu ngeri ennyangu amazima ag'amaanyi agakaka ebirowoozo okuyimirira n'e twefumintiriza. Era enkola ey'okusoma emirundi egiwerako ekola nnyo. Eri buli omu gwenjogera naye, gwetuwanyisiganya ebirowoozo ne gwembuurira enjiri ku kitabo, omutwe gwa Mwoyo omutukuvu gweyongera okusikiriza ate. Kiri nga nti twakakiwuliza omulundi ogusooka. Nkyerabamu. Nali sisobola kuva mu ssuula esooka nga simaze kubuulira wakiri emirundi esatu ku mulamwa ogujiwandiikiddwamu. Simanyi na kumanya ngeri ki gyennyinza okukinnyonnyola obulungi, naye nali sisobola kulekera awo kusoma katabo era ebibala ebyava mu kino byawulirwa mu makkanisa gange. Natambuza edoboozi era omwaka guno oguyise, disitulukiti yange eraze okukula okwomuggundu. Ebyo byona mbiteeka ku Katonda ne Mwoyo omutukuvu ateeka mu ba memba baffe amaanyi. Era tunoonya ekisingawo okujja ku mwaka guno omuppya!

Kigyiddwa wa D.R. January 2018

Pr. Dwight Nelson, omusumba omukulu owa Pinion Memorial Church – Andrews University, yagamba akatabo kano akayitibwa "*Emitendera mu Kwezza Obuggya*" [*Steps to Personal Vival*] kakyusa omuntu wange ow'omunda, nandyagadde kakukyuse nawe. Yabuliranga ku masomo asatu ng'agaddinganga;

"Ground Zero and the New Reformation: How to be baptized with the Holy Spirit".

Ya londobangayo emisomo mu katabo "*Emitendera my kwezza Obuggya*" era nagitaanya. Yajyanga kumikutu egy'enjawulo nawanulayo copy 4000 ng'agikwataganya n'amasomo ago waggulu era osobola kubisanga ku kibanja kye: http://www.emchurch.tv/sermons (Sept. 2nd, Sept. 9th, Sept. and 23rd)

# Emitendera

## MU KWEZZA

# OBUGGYA

**Helmut Haubeil munnabyafuna era nga musumba. Oluvannyuma lw'okukola obulungi nga akiikirira kampuni etambuza ebya maguzi, ku myaka 37 yayanukula okuyitibwa kwa Katonda okuyingira obuweereza era nawereza nga omusumba okumala emyaka 16. Oluvvannyuma yali akulira amaka agalabirira abantu ag'abadiventi mu kitundu ekiyitibwa Bad Aibling mu Germany. Yeyatandikawo era omuyoyoosi wa "Missionsbrief" (ebbaluwa yo buwereza mu lurimi olugyamani) era okuva lwe yawummula akoze omulimu gwa maanyi mu kuyamba okuzimba emirimu gy'obuminsani mu masekkati ga Asia ne India.**

***"Lwaki tetuyontawala era netulumwa enjala y'Omwoyo omutukuvu, kuba eno y'engeri gyetulina okufunamu amaanyi? Lwaki tetukyogerako, tetukisabira, tetukibuurirako?"***

**ELLEN G. WHITE, OBUJULIZI KU LW'EKKANISA, VOL & P.22**